



**ENTENDEKA
ENNUNGAMU
EY'ABAWEEREZA
MU BUBONDO**

Ebyawandiikibwa ebiri mu Kitabo kino bigiddwa mu Bayibuli eyatongoozebwa eya Kabaka Yakobo. Obwananyini kunzivunula eno eya Bayibuli buli mu Bwakabaka Bwa Bungereza. Era ebyawandiikibwa bino bikozeeddwa oluvanyuma lwo kuwebwa olukuusa okuva eri Crown's patentee, Cambridge University Press.

Kyandiikibwa **Ben Jack**
KYAKYUSIBWA MU LUGANDA: Nissi Publishers
(U) Ltd

© 2020 The Message Trust

EBIRIMU

OYANIRIZIBWA MU NKOLA ENO 5

EBIGOBERERWA KU MASOMO AGALI MU KITABO 11

1. TUKWANIRIZA MU NKOLA EY'OKUTENDEKA ABABUULIZI B'ENJIRI MU BUBONDO 13
2. EBYAWULA OMUBUULIZI W'ENJIRI KU BALALA 17
3. OBUBAKA BW'OMUBUULIZI W'ENJIRI 22
4. EMIRIMU GY'OMUBUULIZI W'ENJIRI 27
5. AMAANYI G'OMUBUULIZI W'ENJIRI 32
6. OKWEWAAYO KW'OMUBUULIZI W'ENJIRI 35
7. OBUMALIRIVU BW'OMUBUULIZI W'ENJIRI 42
8. EMBALA Y'OMUBUULIZI W'ENJIRI 47
9. EMIKISA GY'OMUBUULIZI W'ENJIRI 53
10. OKWEWAAYO KW'OMUBUULIZI W'ENJIRI 58
11. OKWAGAZISIBWA KW'OMUBUULIZI W'ENJIRI 64
12. OLUSIRIKA 69

**AMASOMO AMALALA AGONGEDDWAKO ERA
N'EBYOKWEYAMBISA EBIRALA**

73

.....

ESSOMO ERISOOKA MU GAYONGEDDWAKO: ENJIRI EYIITIRA MU KUNYUMYA	74
ESSOMO ERYOKUBIRI MU GAYONGEDDWAKO: OKUTAASA OBUKKIRIZA	78
EKIKOMERERAYO: ENGIGIRIZZA Y'ENJIRI	82
EKIKOMERERAYO: AMAZIMA G'ENJIRI	83
EKIKOMERERAYO: EKYOKULABIRAKO EKY'EDDAKIKA KKUMI OKWOGERA ERI BAVUBUKA KU BIGAMBO BY'ENJIRI.	84
EKIKOMERERAYO: KANTU KAMU KAMU AKATALEKEKA	86
EBIBUZO EBIKULUNGAMYA MU KUWA EMBALIRIRA	91

**OYANIRIZIBWA MU
NKOLA ENO**

ENKOLA ENO EYAMBA OKUTUMBULA ABABUULIZI B'ENJIRI OKUNYIKKIRA MU KUYITIBWA KWABWE.

Enkola eno ey'okutendeka ababuulizi b'enjiri mu bubondo egendererwa kuyamba babulizi ba njiri okumunyeenyesa okuyimusibwa kwabwe ne basobola okubuulira obulungi ekigambo kya Katonda. Era nga entandikwa yaakyo yava ku mu mulimu omulungi ogwava mu kulengera ewala okw'ekibiina Andy Hawthone (The Message UK) nga kino ky'atandika na kukungaanya ababuulizi b'enjiri 12 abaalina obumanyirivu ne kibaagazisa omulimu guno. Mu kugubaagazisa ate mwe baali balina okusenziira okukwagazisa n'abalala.

Mu nsisinkana za buli mwezi abantu mu bubondo bwabwe baasomesebwa era n'okubangulwa, mu nkola ey'okukubaganya ebirowoozo. Era ne baaweewwa omukisa buli omu okuwa endowooza ye ku ngeri gy'aba alabamu ebintu ebyo ebimukwatako ye mu mbeera ey'obuntu oba ebyo ebikwata ku bigambo eby'omwoyo. Era mu buli kadde buli omu agezaako okubuulira munne ebyo by'aba ayongedde okuzuula nga bino ayinza okubibuulira bammemba nga yeeyambisa omukutu gw'ebiyempuliziganya mugattabantu ogukozesa ebyuma bikalimagezi (Whatsup). Kino ky'ongera okuzzaamu buli omu amaanyi

kubanga kigaziya obwongo bwe ku nsonga eyo eba ezuuliddwa

Enkola eno eringa kusiga nsigo ne zimeruka. Anti oluvannyuma lw'omwaka gumu mu kabondo ke ate omuweereza oyo alina okunoonyayo abalala 12 abakyayiga n'abagatta wamu mu kibiina ekigatta ababuulizi b'enjiri, era n'akozesa omukisa gwe gumu okubazimba mu busobozi. Ekigendererwa mu kino kufuna babuulizi ba njiri bangi ababunye mu nsi yonna nga bano bali ku mulamwa gwa kubuulira njiri ku kituuti oba mu nkola endala yonna eya sekinnoomu. Era babuulira abantu ab'oluganda n'emikwano be basanga mu bifo byonna ka bibe bya lukale.

Ekigendererwa ekikulu kufuna balwanyi bangi mu bigambo bya mwoyo ababuulira ekigambo kya Katonda nga Yesu gwe mutwe gw'ekkanisa. Bano bateekwa okubeera ng'enjiri tebakwasa nsonyi.

EBINTU BITAANO EBIFUGA OMUGENDO GUNO

Nga tonnatandika kabondo kano manya nti bino ebintu ebitaano bikulu nnyo okugoberera.

1. ENKUNGAANA Z'OTALINA BUTABEERAMU

Buli mwezi wateekwa okubeerawo olukungaana oluba lutegekeddwa era nga luno oba oteekwa buteekwa okulubeeramu. Abantu bammemba bateekwa okukubirizibwa ennyo okujjumbira okugenda mu nkungaana zino nga tebayosa. Balina okw'erekereza buli kimu basobole okubeerawo mu nkungaana zino, kubanga ze zibategeka okufuuka ababuulizi b'enjiri ba Katonda.

2. OKW'OGIWAZIBWA

Ekitundu ekinene eky'ebiseera mu nkungaana zino kiteekwa kw'esigama nnyo ku kusoma byawandiikiywa bitukuvu, omubuulizi w'enjiri yeeyongere okubitegeera era n'okubikugukamu. Abasisinkanye mu nkungaana zino bawaaayo obudde ne bakubaganya ebirowoozo ku bigambo bya bayibuli. Buli omu awa endowooza ye era n'akkirizibwa okuggusa ekirowoozo kye. Bw'amatiza banne kiba kitegeeza nti yeeyongedde obukugu.

3. OKUWA EMBALIRIRA

Omuntu ayogera mu bw'erufu awatali kutya ekyo ky'aba azudde era n'ekiba kimulemye. Mulina okubuuza ebibuuzo omuntu yenna ku kintu kyonna era ne biddibwamu mu ngeri ematiza obulungi. Eno y'engeri yokka eraga nti omubuulizi w'enjiri avunaanyizibwa ku buweereza bw'akola eri ababuulizi b'enjiri banne era n'eri Katonda we. Abantu ababa mu kabondo kano balina okuba abeerufu, ab'empisa ate nga beesigwa mu buli kimu. Abakulira ye ateeddwa okusukkawo mu kulaga eky'okulabirako ekirungi mu bintu ebyo ebimenyeddwa waggulu.

4. OKUTAMBUZA OBUBAKA

Wateekeddwa okubaawo emikutu gye mukozesa okutambuza mu bwangu obubaka. Giyinja okubeera egya kompyuta oba essimu, obubaka bw'essimu obuwandiike oba n'ebbaluwa.

5. OKUMERUSA ENSIGO

Si buli omu nti abeera n'ekitone ekisomesa abalala ne beeyongera okufuuka abangi oba okubunyisa ekigambo. Naye eriyo abo abalina okuyimusibwa okw'amaanyi ku kigambo kino. Kiba kirungi ne wabeerawo mmemba alina enkizo mu kugwazisa abantu ebigererwa bya bammemba. Ono ayinza okutandika ekibiina ekiyika eky'abantu 12 ne kiba kijumbize, kyokka ate mu ngeri y'emu nga n'ekiri ekikadde gy'aba avudde kisigala kikyakola bulungi. Bw'ofuna omuntu bwatyo oba weesiimye, kubanga asobolera ddala okusiga ensigo ne zeeyongera okumeruka oba okutambula obulungi.

NKWATIBWAKO?

Omubuulizi w'enjiri yenna k'abeere ng'alina ekibiina ky'abakkiriza oba nga abuuilira mu nkola ya sekinnoomu alina okukozesa ebibuuzo bino bisatu okw'epimamu oba nga omulimu gwe gw'akola guli ku mulamwa. Era bimuyamba n'okutegeera nti yali asaanira okwegatta ku kabondo kano akagatta babuulizi b'enjiri banne...

OKUKKIRIZA

Olina okukkiriza nti enjiri ge maanyi ag'enjawulo agasobozesa omuntu okufuna obulamula obutuufu era n'okulokoka? Naye wadde nga kiri bwe kityo enjiri eno eddiridde mu maanyi ganoi?

OKUTEGEREKEKA

Wettanira okubuulira enjiri etegeerekeka obulungi eri abantu sekinnoomu oba ku kituuti eky'olukale?

OKWANIRIZZA

Oyaayanira emikisa egiyinza okuteekebwawo okuleeta abantu bawulire enjiri era babeere n'okussa ekimu ne Kristo Yesu?

Kasita obeera ng'ebibuuzo ebyo byonna osobola okubiddamu kiba kitegeeza nti oli ku mulamwa mutuufu. Awo oba wa mugaso mu kubunyisa ekigambo kya Katonda. Genda mu maaso n'okuzuula ababuulizi b'enjiri abalala ensigo z'obubuulizi bw'enjiri zeeyongerere ddala.

OBUFUNZE KU BIRIMU MU NKOLA ENO

Ekitabo kirimu amasomo amategeke 12 era nga gano oba olina kugasomera omwaka gumu.. Omukugu mu bubuulizi bw'enjiri naye afunamu kubanga agenda okumala okugasoma ng'ayongedde kunnyikiza bunnyikiza buweereza bwe. Ate omupya ye ky'afunamu nti azibuka amaaso mu bubuulizi bw'enjiri kino ne kimwongera okukola omulimu ogw'esiimisa b'aba abuuilira enjiri.

Amasomo gano 12 gategekeddwa ng'ekigererwa kumanyisa mubuulizi wa njiri bigambo bya njiri, bisaanyizo bya muwereza era n'embeera z'ateekeddwa okuba nazo. Era amasomo galimu ebintundu bitaano ebijirayoo ddala obulungi ekintu ekyo. Essomo erisooka y'ennyanyula ekubuulira mu bufunze ku ekyo ky'oba oagenda okusomako.

EBISAANYIIZO BY'OMUBUULIZI W'ENJIRI

ABABUULIZI B'ENJIRI ABASOMESA EBYAWANDIIBWA. (AMASOMO ERY'OKUBIRI, ERY'OKUSATU N'ERYOKUNA)

Tuteekwa okumanya bye tusomesa abantu. Kino ky'etaagisa okusoma ennyo ekigambo kya Katonda. Bw'osoma obulungi ekigambo kya Katonda kikuleetera okuba nti ekyo ky'osomesa mu kifo ky'okusomesa ebyo ebibyo ebikuli mu mutwe.. Yesu bwe yali atutongoza ng'ababuulizi b'enjiri mu Matayo 28 yagamba nti tubafuule abayigirizwa mu mawanga gonna nga tubasomesa okugondera ebyo bye yayigiriza. N'olwekyo si kituufu kufuuka babuulizi ba njiri kyokka wabula ababuulizi abasomesa ebyawandiikibwa nga bitambulira ku mazima gaabyo ge birambikibwamu si so ku biwoozo byaffe.. Era bwe kityo omulamwa gw'enjiri gubeera ku ebyo bayibuli by'esomesa ku Katonda kitaffe, Katonda omwana ne Katonda Mwoyo Mutukuvu.

ABABUULIZI B'ENJIRI ABAJJUMBIRA OKUSABA. (AMASOMO ERY'OKUTAANO, ERY'OMUKAAGA N'ERYOMUSANVU)

Tulina okuggweera mu maanyi ga Mwoyo Mutukuvu.. Amaanyi gano ge mafuta agaleeta obulokozi so si maanyi gaffe ng'abantu.. Tulina okusaba ennyo Katonda atuwe amaanyi ag'enjawulo tusobole okusomesa ennyo ekigambo kya Katonda era n'okukyusa obulamu bw'abantu be tukolamu emirimu. . Amasomo ago gajirayo ddala obulamu mu bigambo by'omwoyo obw'omubuulizi w'enjiri ate ne g'ongerera ddala okumufuula omuntu eyeetegeese okwongerera mu maaso omulimu guno ogw'okubuulira enjiri.

ABABUULIZI B'ENJIRI ABATUKUVU, BATAMBULIRA MU BULAMU BUTUKUVU. (AMASOMO ERY'OMUSANVU N'ERYOMUNAANA)

Obutukuvu kye kinyusi ky'enjiri. Okutwala mu maaso ekigenderwa ky'enjiri kiba kitegeeza nti weetegeese okutambulira mu bulamu obulinga eky'okulabirako eri abalala. Wano oba olina kubeera mutukuvu. Obutukuvu buno bulina okukugoberera buli w'olaga, ku kituuti ky'enjiri era ne bw'okivaako n'otambula mu nsi ne bantu banno. Okusanyukira awamu ne banno ng'omulimu gutambula bulungi awamu n'okubudaabuda abalala nga bali mu biseera ebizibu bintu bikulu mu kaweeefube w'okuyaayaanira okutwala mu maaso omulimu gwa Katonda.. Amasomo gano gassa nnyo essira ku butukuvu bw'omuweereza. Essira liteekebwa ku nneeyisa ye gy'aba alina okulaga nga ya njawulo era n'obuwombeefu okw'esigamizibwa okukola omulimu gwa Katonda.

ABABUULIZI B'ENJIRI ABAMALIRIVU, BAMALIRIRA MU BYE BAKOLA. (AMASOMO ERY'OMWENDA, NERY'EKKUMI)

Obumalirivu kye kimu ku bisumuluzo by'obuweereza.. Tulina okuba abamalirivu era kino ne kituyamba okuba n'obujjumbize okubunyisa ekigambo kya Katonda, ekisa kya awamu n'okwagala kwe era n'okukibisiga mu balala ekintu ekisobola okubawa omusingi ogw'okutambula bokka na bokka ng'abaweereza ba Yesu. Wano ebintu ebikulu ennyo mu buweereza bivaayo bulungi, obuvumu mu kutambuzwa ekigambo kya Katonda era n'okuba omuntu ayagazisa abalala okukyettanira.

Nga bwe tubuulira enjiri okugyagazisa mu bantu b'ensi bwe tutyo tulina okugibuulira mu kkanisa tugibaagazise. Okubuulira enjiri buvunaanyizibwa bwa buli mukkiriza. N'olwekyo n'okugyagazisa abantu b'ensi era n'ekkanisa bulina kubeera buvunaanyizibwa bwe.

ABABUULIZI B'ENJIRI ABAKWATA KU BALALA MU KUKOLA N'OKWOGERA BAAGAZISA EKKANISA OKUFUNA ABAJULIRWA (ESSOMO ERY'EKKUMI N'ERIMU)

Nga tubuulira enjiri okugyagazisa abalala bye tukola ne bye twogera birina okuba nga biringa ggaamu akwata abakkiriza. Buli mukkiriza akwatibwako ensonga eno era essomo lino likulaga omubuulizi w'enjiri n'ebirowoozo, okukola, okwogera oba obutakola bwe bwe busobola obulungi okufuula abalala abajulirwa b'ekkanisa.

Essuula 12 y'ekomekkereza amasomo gano era nga liri ku lusirika nga luno lugendererwamu okugera abasomi kye baba basomye. Balina okumanya nti basobodde okubisoma lwa kisa kya Katonda n'olwekyo nga kiba kirungi okukuba tooci mu maaso gye baba bagenda.

OKUKOLERA AWAMU NG'AKABONDO

Tondawo obubondo nga bulimu abantu 12 (okufunamu obulungi kozesa abantu ab'oluse olumu abakazi oba abasajja bokka okusinga okubagatta awamu abakazi n'abasajja). Balina okutuula essaawa wakiri bbiri buli mwezi nga bakubirizibwa omukulembeze waabwe. Ebikolebwa mu ssaawa ezo bye bino; okusabira awamu, okukubaganya ebirowoozo, era n'okuwa embalirira . Ekitabo kino kikuwa ebyo bye weetaaga ng'akabondo okutambuza emirimu mu mwaka gumu.

ENGERI Y'OKUKUTULAMU AMASOMO

Buli ssomo litandika n'ennyanjula mu bufunze.

Ebikwata ku buli ssomo., wano bakubuulira ebyafaayo okuzimbirwa essomo eryo era n'omusingi kwe liba liyimiridde.. Bisome n'obwegendereza bungi era obitegeere bulungi kubanga guno gwe musingi gw'okutegeera ebiba mu ssomo eryo. Wano bigiise bulungi mu birowoozo byo n'ebyo by'oba omanyi, era kino kiba kya kukuyamba nnyo okutegeera bye basomesa.

Awo osobola bulungi okugoberera buli ssomo ebirimu ate n'ebiseera ebiba bipimidwa buli

kikolebwa mu ssomo. Oweebwa amagezi obutava ku bigobererwa ebiba birambikiddwa mu masomo, ggwe ne weebangira ebibyo. Era okuwa embaliririra kikulu nnyo awamu n'okuwaayo ebiseera okusaba Katonda akkirize essaala zammwe mu bye muba mukola.

Waliwo obudde bw'okumanyaganya nga mmwe bammemba obusobozi bwammwe we buli era n'obunafu. Era ne bwe muba musoma muweeyo obudde buli omu ayogere by'azudde mu kusoma era mubikubaganyeko ebirowoozo

Awo obudde bw'okusaba ne buliyokka bubeerawo, ebiba bijuliziddwa, ebibuuzo awamu n'ebiyokubaganyaako ebirowoozo. Wano olina okukuuma ennyo obudde. Kimanye nti eby'okukola biba bingi ate nga olina n'okulekayo obudde obw'okupima ebiba bitukiddwako era n'okusoomoozebwa okusangiddwa. Tomalira nnyo budde ku kintu kimu kubanga ojja kw'esanga ng'otuuse ku kirala nga ate obudde tobulina. Genderra kino nti buli ssomo lirina obudde obulipimirwa era ebikolebwamu mu lyo byonna tebyenkana budde kuba ebimu bisingako obuwanvu. Kino kisseeko nnyo essira kisobole okukulungama mu by'oba okola.

Buli ssomo libaako ekyokukola. Kino kibanga kigezo ky'olina okutuukiriza ng'omazeeko essomo ate nga tonnaba kutandika ddala. Osobola naawe okuleetayo eby'okukola ebibyo kasita biba ku mulamwa gw'essomo ate nga birina n'engeri gye bireetamu omuganyulo eri bammemba.s

Waliwo obudde obw'essaala. Mu buli kimu kulembeza Katonda. Buno tebupimibwa tukikulekedde osalawo.

Awo ekiddirira kw'epimamu. Mufune empapula buli omu awandiike by'atuuseeko era n'okusoomoozebwa kw'aba asanze. Mu kitabo kino mulimu engeri gy'oyinza okukolamu olupapula olupima mu bitundu byakyo eby'ebikookeddwako emabega. Musooke n'essaala musabe Katonda abawe amagezi n'amaanyi agazijjuza mu bulambulukufu.

Temwabuka nga temulonze lunaku lwakuddamu kusionkana. Wano bwe mw'abuka muba musigazza buli omu kujjukiza munne ddi lwe muddamu okusionkana.!

EBIRALA KU BULI SSOMO

OMULAMWA GW'ESSAALA

Mutwale obudde okusabira mmemba sekinnoomu mu kibiina ekyo. Sabira abantu be, awaka we, ab'oluganda lwe, emikwano gye, era n'emirimu gye gy'akola ate era n'obuweereza bwe. Kiba kirungi ne mubeera n'entegeka eraga buli lutuula bammemba ki ababa balina okusabirwa. Bw'obamalayo (ka tugeze mulina basatu basatu buli lutuula) muddeemu buto okusabira bali be mw'asooka.

EBY'OKUKOLA

Muyinza okusalawo nti muli ba kugenda kubuulira njiri ku luguudo. Kino mukikole nga mumaze kukkiriziganya ngeri ya kukikolamu. Ani akola kino , anaakikolera wa era atya? Mw'egezeemu mulabe oba nga kituukiridde awo mulyokke mukikole.

ABAGENYI

Bw'obeera ng'olina omuntu gw'oba omanyi nga mukugu mu kutambuza omulimu gwa Katonda muyite omuleete ayambeko okuzimba obusobozi mu bammemba.

ebibiina nga kino. Tokwatira banno fitina ng'otya nti nabo bagenda kufuna obukulu. Era bw'osangayo abaagala nga tebawera batwale mangu eri ekibiina ekirala ekiba kitandikiddwawo naye nga tekinnajjuza muwendo gwa bantu 12.

Ekifo aw'okusisinkana: Kino kikulu kubanga bwe kiba ekibi ebigendererwa tebivaayo bulungi. Mufune ekifo ekisirifu ate nga kisobozesa buli mmemba okwogera nga teyeeraliikirira eranga tatya nti waliyo abamuwulira by'ayogera. Kisaana kibeere nga tewali kuleekaana kubanga obwongo okukola obulungi bwagala kasirise.

Okusoma ebitabo: Munoonye ebitabo ebinnyonyola Bayibuli oba ebirina obubaka ku byawandiikibwa. Bino byongera kinene nnyo ku busobozi bwo kubanga lye limu ku tterekero ly'amagezi erisinga okw'ettanirwa mu nsi yonna.

OBUKODYO OBUKUYAMBA OKUTAMBUZA OBUBONDO

Kirungi nnyo enkungaana ziweebwe obudde obumala. Emyezi 6 mu maaso giba mirungi okutegekeramu olukungaana oluba lugenda okusooka.

Obubaka ku mukutu Whatsapp: Guno muntu ogwanguwa okutambuza obubaka.. Naye gulinayo n'emirala egigufaanana. Wano musobola okugukozesa okusaba Katonda, okuteekako ebyawandiikibwa mu bbaluwa engero n'enjiri.

Ebijjulo n'obubaga: Ebijjulo n'obubaga biyamba nnyo okusisinkanya abantu okwogera ku bintu ebikulu bingi ebitutwalira awamu ng'abakkiriza. Mufube okubitegeka.

Okwagazisa abalala okugenda mu maaso: Bammemba baagazise okutandikawo

**EBIGOBERERWA
KU MASOMO
AGALI MU KITABO**

ESSOMO ERISOOKA: TUKWANIRIZA MU NKOLA EY'OKUTENDEKA ABABUULIZI B'ENJIRI MU BUBONDO

Olusisinkana olusooka lulina kukozeebwa nga lwa bammemba kumanyagana. Era lusaana lukozesebwe okukola entegeka ey'okukkiziganya ku ngeri y'okutambuzaamu emirimu. Era mwogere ne ku kiki enjiri kyeeri era ne bigambo ebitaano ebikwata ku mbala y'omubuulizi w'enjiri.

ESSOMO LINO MUBUUFUNZE

Enkola eno egenda kusobozesa ababuulizi b'enjiri okwezimba mu busobozi bw'okukola omulimu ogwo mu bisaanyizo ebitaano eby'omuweereza by'asaana okubeera nabyo, naye nga mu byonna ekisa n'obusaasizi bwa Katonda okutuukiriza bino tebibuzeemu.

EBIKWATA KU NKOLA ENO

Kikulu nnyo abaweereza okukitegeera nti okulondebwayo okubuulira enjirri Katonda aba akebedde mutima gwo. Enjiri nga bwe yawandiikibwa Makko (Makko 1;16-18) ojja kulaba nga Yesu ayita Andereya ne Peetero nga bano baali bavubi. Abagamba balekewo omulimu gwabwe ogw'okuvuba bamugoberere kubanga yali agenda kubafuula abavubi b'abantu.

Ekibuuzo kiri nti Katonda naawe akuyise mu ngeri ng'eno? . Okuggyako ng'akuyise mu ngeri bw'eti oyinza obutaweereza bulungi mulimu gwe. Yesu yakebera omutima gwa Andereya ne Peetero era n'abalonda bafuuke abayigirizwa.

Katonda akebera bulungi emitima gyaffe era bwatyo n'atuyita okubuulira enjiri. Atulabye nga tusaanidde. Oyinza okubeera omuyimbi, omusambi w'omupiira, munnakatemba, makanika oba omulimu omulala gwonna. Katonda talema kukuyita kumuweereza. Akukozesa okusaasaanya ekigambo kye mu nsi yonna era n'osobola okuvaamu ebibala ebirungi.

Omulamwa ogusinga obukulu wano gwe gw'okufuuka olutindo olutambuza amawulire amalungi aga Katonda gatuuke eri abantu be. Era wano waliwo okukkizira amaanyi aga mwoyo wa Katonda, era ne Kristo Yesu omwana wa Katonda omulamu, okumwesiga era n'okumugondera era n'okwewala okujeemera Katonda. Bwe tukimanya nti Katonda ye yatutonda era n'atufuula ab'ensonga. Bwe kityo tulina okukimanya nti tulina okwatibwako amaanyi ag'enjawulo aga Mwoyo Mutukuvu mu bulamu bwaffe. Okuggweera obulungi mu bwakatonda obulamu bwaffe bulina okukyuka ne tubeera abawulize, abamanyi okwewaayo nga saddaaka nga tusinza era n'okusaba ennyo Katonda (Abaggalatiya 5:13-26).

Mu Okuva 8:1 Katonda alagira Musa okugenda obutereevu ewa Falaawo amugambe akkirize abantu be okugenda. Ogwo gwe mutima Katonda mw'ayagalira okuggya abantu be mu bibi. Nga Katonda bwe yalagira Musa, naffe atulagira tugende mu nsi tulangirire amawulire gano ag'okusumululwa. Abantu tubagamba nti tewakyalii ky'etaagisa kusigala nga tuli basibe kubanga enjegere z'obusibe Katonda azikutudde ng'ayita mu kufa kwa Kristo era n'amaanyi ga Mwoyo Mutukuvu (Abaruumi 8:2).

“Leka abantu bange bagende balyokke basobole okunsinza” Tuteekwa kubeera eby'okulabirako ebirungi mu kusinza Katonda kino kitufuule abajulirwa era bwe kityo abalala batulabireko mu kusinza.

EBIGOBERERWA MU SSOMO LINO

OKUMANYAGANYA (DDAKIIKA 20-30)

Ffaayo okwanjula buli mmemba ali mu kabondo kano. Buli omu yeeyanjule mu bufunze ebimukwatako. Ekyo bwe kiggwa ssentebe oba nnantebe atandike okwanjula omulamwa gw'enkola eno era ng'alaga bammemba engeri omulimu guno gye gugenda okukolebwamu

ESSAALA

Muweeyo obudde okusaba n'okuwanjagira Katonda liisoddene abasobozese okukola obulungi omulimu gwe. Abajjirewo enkonge era agobe enkwe z'omulabe setaani.

OKUSOMESA (EDDAKIIKA 20-30)

Ebisomesebwa tandika okubisoma obitegeere bulungi kubanga oyinza n'okukozesa ebigambo ebibyo mu kunnyonyola.

- Naye obulamu bwange sibulowooza nga
- kintu, nga bwa muwendo gye nsi, ndyokke
- ntuukirize olugendo lwange n'okuweereza
- kwe nnaweebwa Mukama waffe Yesu,
- okutegeezanga enjiri ey'ekisa kya Katonda

EBIKOLWA 20:24

Kino kitegeezza nti okubuulira enjiri kuba kutuusa mawulire malungi eri abantu. Obategeezza nti omuntu okusobya kwe okw'obuzaalirwana kuggiddwawo olw'okufa kwa Kristo ku musalaba Kristo ono alina amaanyi agalokola kasita omukkiriza. Tusobolera ddala okussa ekimu ne Katonda era n'okweyagalira mu bulamu obw'enjawulo kubanga Yesu yatufiirira ku musalaba.

Okubuulira enjiri kye ki? Weetegereze ennyinyola zino ez'emirundi ebiri:

- Okutwalira abakozi b'ebibi amawulire
- amalungi aga Kristo, kino kibasobozese
- okwesiga Katonda mu maanyi ga Mwoyo Mutukuvu. .

ENO NNYINNYOLA YA J.I PACKER

- Okwanjuluza ebyafaayo era n'ebyo
- ebyogerwa mu byawandiikibwa ku Kristo nti
- Mukama era omulokozi ng'ekigendererwa
- kubaagazisa okuyita mu ye abatabaganye
- ne Katonda. (Eno nnyinyola ya Billy
- Graham).

BILLY GRAHAM

Ekibuuzo. Biki bye tuyiga okuva mu bigambo byabwe ebyo?

Okubuulira enjiri kiva mu kwanjula bubaka obukwata ku Yesu nti yazuukira, era n'okufuba ennyo okubuulira omuwuliriza era omukkiriza nti asaana akkirize amawulire ago amalungi. Naye ate tuteekwa okusukkawo ku kigambo okwogera obwozezi.

David Watson yagamba bwati, "okuggyako nga tulaze amaanyi ag'enjawulo aga Mwoyo Mutukuvu, okwanjulira abantu obukulu bw'enjiri kisigala nga tekirina makulu. Okubuulira enjiri kufuuka okw'omugaso ng'amaanyi ga Katonda gavuddeyo ne galagibwa okuyitira mu Mwoyo wa Katonda. Ssinga okubuulira enjiri kyali kitegeezza kukyusa ndowooza z'abantu tw'andyesigamye ku kigambo kimu kyokka kya kubasendasenda. Naye okubuulira enjiri kuzingiramu okulokoka n'okulokola abantu, Mwoyo wa Katonda n'abakwatako era n'akyusa emitima gyabwe. Bw'obuulira enjiri omutali kintu kino obeera ng'agenze okukola omulimu ogufaanana ogwa kitunzi gw'akola okugeza ng'abuulira abantu nti balina okujjumbira ennyo okugula ekyo ky'aba atunda. Naye nga Leornard Ravenhill bw'agamba tufuna obuvumu nti buli kkubo lyonna lye tukozesa okubuulira enjiri lisobola bulungi okuvaamu ebibala kasita Katonda abeera ng'atukwatiddeko."

Omugaso gw'okubuulira enjiri kwe kufuna abayigirizwa abangi nga bano ba kusinza mu mwoyo era ne mu mazima (Yokaana 4:23). Okusinza era n'okubuulira enjiri byomb bigendera wamu. Era obujulirwa bwaffe eri ensi buba kusinza, okugondera Katonda awamu n'okwewaayo gy'ali.

Enkola eno ey'okutendeka abaweereza mu bubondo obutonotono eja kukufuula omubuulizi w'enjiri ow'amaanyi era atawunyikamu era ojja kufuna ebisaanyizo ebitaano eby'okubuulira enjiri.

ABABUULIZI B'ENJIRI ABASOMESA EBYAWANDIIBWA

Tuteekwa okumanya bye tusomesa abantu. Kino ky'etaagisa okusoma ennyo ekigambo kya Katonda. Bw'osoma obulungi ekigambo kya Katonda kikuleetera okuba nti ekyo ky'osomesa mu kifo ky'okusomesa ebyo ebibyo ebikuli mu mutwe.

ABABUULIZI B'ENJIRI ABAJUMBIRA OKUSABA

Tulina okuggweera mu maanyi ga Mwoyo Mutukuvu.. Amaanyi gano ge mafuta agaleeta obulokozi so si maanyi gaffe ng'abantu.. Tulina okusaba ennyo Katonda atuwe amaanyi ag'enjawulo tusobole okusomesa ennyo ekigambo kya Katonda era n'okukyusa obulamu bw'abantu be tukolamu emirimu.

ABABUULIZI B'ENJIRI ABATUKUVU, BATAMBULIRA MU BULAMU BUTUKUVU

Obutukuvu kye kinyusi ky'enjiri. Okutwala mu maaso ekigenderwa ky'enjiri kiba kitegeeza nti weetegese okutambulira mu bulamu obulinga eky'okulabirako eri abalala. Wano oba olina kubeera mutukuvu. Obutukuvu buno bulina okukugoberera buli w'olaga ku kituuti ky'enjiri era ne bw'okivaako n'otambula mu nsi ne bantu banno.

ABABUULIZI B'ENJIRI ABAMALIRIVU, BAMALIRIRA MU BYE BAKOLA

Obumalirivu kye kimu ku bisumuluzo by'obuweereza.. Tulina okuba abamalirivu era kino ne kituyamba okuba n'obujumbize okubunyisa ekigambo kya Katonda, ekisa kya awamu n'okwagala kwe era n'okukibisiga mu balala ekintu ekisobola okubawa omusingi ogw'okutambula bokka na bokka ng'abaweereza ba Yesu.

ABABUULIZI B'ENJIRI ABAKWATA KU BALALA MU KUKOLA N'OKWOGERA BAAGAZISA EKKANISA OKUFUNA ABJULIRWA

Nga tubuulira enjiri okugyagazisa abalala, bye tukola ne bye twogera birina okuba nga biringa ggaamu akwata abakkiriza. Buli mukkiriza akwatibwako ensonga eno era essomo lino likulaga ebikolwa byo era n'ebigambo byo by'oyogera bwe bisobola obulungi okufuula abalala abajulirwa b'ekkanisa.

Ekibuuzo: bwe weetegereza ennyo ebisaanyizo ebyo eby'emirundi etaano eby'omuweereza obunafu bwo n'amaanyi go gali ludda wa?

OKUKUBAGANYA EBIROWOZO (EDDAKIKA 15)

Weekenenenye ebibuzo bino wammanga oba ebigambo ebyo ebikubaganyiziddwako ebirowoozo

1. *Omulumu gwo mu kubuulira enjiri oba ogwa Katonda mu buvunaanyizibwa buno gwe guluwa?*
2. *Tusobola tutya okufuuka ababuulizi b'enjiri oba abasinza Katonda abatali ba kikwangala?*
3. *Osuubira ogenda kw'eyongerako otya mu kukula mu bigambo by'omwoyo mu myezi egigenda kujja?*

••••• *Aboononyi bwe baba bandibonerezeddwa wakiri kibeewo nga tetubatuuseeko. Era bwe baba ab'okuzikirira bazikirire lwakuba tebaabuulirwa mawulire malungi. Ggeyeena bw'ebeera nga yakujuzibwa wakiri ejuzibwe olw'okuba nti abantu tebaalabulwa era tebaafuna abasabira*

CHARLES SPURGEON

OKUSSA MU NKOLA BYE TUSOMYE (EDDAKIKA 5)

Ffaayo nnyo okw'esigama ku byawandiikibwa okunyonnyola ekigambo okubuulira enjiri. Kino ky'anjulire akabondo kano mu lusisinkana oluddirira bakikubaganyeeke ebirowoozo.

ESSAALA

Weebaze Katonda olw'omulumu gwe guno omulungi. Mwebaze okukulondayo obalibwe ku abo abagenda okukola omulumu omulungi ogw'okusiga ensigo z'okubuulira enjiri. Yongera okumusaba akufuule omubaka wo mu bigambo era ne mu bikolwa, era oyongere okumusiima mu mazima ne mu mwoyo. Era musabe

akuyambe weeyongereko mu bisaanyizo ebyo ebitaano eby'omuweereza bye tulabye.

OKUWA EMBALIRIRA (EDDAKIKA 15)

Mujjuze empapula ezikozesebwa okupima oba nga musobodde okutuuka ku bigenderwa b'essomo eryo era n'ebyo ebinyinza okuba nti bibasoomoozezza. Buli omu awe munne olapapula lwe abeeko ky'alwogerako. Mw'egattire wamu mu kusaba.

ENGERI Y'OKWEYONGERA OKUWULIZIGANYA (EDDAKIKA 10)

Mubangewo enkola mwe munaayita okw'eyongera okuwuliziganya oluvannyuma lw'essomo lino. Muyinza okuteekawo enkola y'emikutu gi mugatta bantu ku nkola ey'ebyuma bi kalimagezi eya whatsapp oba facebook. Wano mujjukiziganya, musabira awamu, musaba Katonda okubabeera era ne muwa n'obujulirwa.

Awo mutegeke ekiseera eky'okuddamu okusisinkana. Muwe obudde obumala buli muntu aleme kw'ekwasa. .

ESSOMO ERY'OKUBIRI: EBYAWULA OMUBUULIZI W'ENJIRI KU BALALA

Mu ssomo lino mugenda kulaba ebintu eby'enjawulo eby'awula omubuulizi w'enjiri ku balala era n'engeri gye bikwataganamu ne Katonda era n'ebyo ebiri mu njiri.

ESSOMO MU BUFUNZE

Eby'awula omubuulizi w'enjiri ku balala biviira ddala mu nkola ennungi ey'obwakatonda era nga ffe Katonda atubala nti tuli babaka be.

EBIKWATA KU SSOMO LINO

Ku ntikko y'omulimu omulungi ogw'akolebwa Billy Graham mu kubuulira enjiri abavubuka bangi baayagala nnyo okukola nga ye bwe yali akola bafuuke ababuulizi abalungi ab'ekigambo kya Katonda. Emyaka abiri gye tukubye emabega we w'atandikira enkyukakyuka ey'amaanyi ennyo mu ndwoowa abavubuka gye baalina ku nkola y'omulimu guno, abavubuka omubuulizi w'enjiri baumulabanga omuntu akola emirimu gy'abakkiriza. Naye kati baluubirira kufuuka baweereza abasinza ennyo Katonda, abakola ennyo emirimu gye ate era abasumba b'ekkanisa.

Ekkana eganyuddwa nnyo mu bayimbi ab'ettutum, abalazi ba firimu nga bano balina kinene nnyo kye bongeddeko ku kutambuza ebigambo bya mwoyo. Katonda agulumiziddwa nnyo awamu n'okusinzibwa olw'italanta ez'enjawulo abantu abo ze b'ongeddemu. Naye omuntu tasobola kufuuka asinza Katonda mu mazima nga tannaba kuweebwa mawulire malungi ag'enjiri. Gano galina kusooka kumuweebwa n'agaagala era n'agasanyukira awo ekidirira n'afuuka asinza Katonda mu mazima. (Yokaana 4:23; Abaruumi 10:14-17).

Okuleeta abantu mu mbeera ey'okusinza Katonda mu mazima kitwetaagisa ffenna okunnyonyola abantu ebigambo by'enjiri, era kino kitegeeza nti tetusaanidde kudduka buvunaanyizibwa bwaffe ng'ababuulizi b'enjiri. Tulina okubuulira ensi amawulire amalungi era n'okubeera abajulirwa ba Kristo eri ensi zonna. (Ebikolwa 18). Bayibuli etugamba nti abakkiriza bonna bavunaanyizibwa okukola omulimu gw'okubuulira enjiri (Matayo 28:19, 2 Timoseewo 4:5). Naye ate eriyo abo ababa n'ebisaanyizo eby'enjawulo bwe batyo ne balondebwamu okukola eky'enjawulo mu mulimu guno ogw'okubuulira enjiri (Abeefeso 4:11). Abo okubuulira enjiri kifuuka kitundu ku bo era bwe kityo ne baba nga buli kiseera bateekwa okutwala ensonga eno nti nkulu.

EBIGOBERERWA KU SSOMO LINO

OKUMANYAGANYA (DDAKIIKA 20-30)

Mw'eyongere okumanyagana, nyumiza munno by'omanyi, era buuza bamemba banno ekibuuzo ky'owulira nti kiyinza okutwala mu maaso omulimu guno. . Babuuzze bakubuulire mu byawandiikibwa ebitukuvu kigambo ki ekirala ekinnyonyola okubuulira enjiri. Mukubaganye ebirowoozo ku by'okukola bye mw'aleka temukoze mu ssomo eryasooka. Muyinza mwenna okukolera awamu ng'akabondo konna ak'abantu 12 oba muyinza okw'ekutulamu obubinja obutono obw'abantu bana bana. . Era muddemu mw'ogere ne ku ngeri gye mulina okukolamu omulimu guno ogw'okutendeka abaweereza mu bubondo kubanga tomanyanya eyinza okuba nga waaliyo abaataliwo.

ESSAALA

Muweeyo obudde okusaba n'okuwanjagira Katonda abasobozese okokola obulungi omulimu gwe. Mumusabe kubanga omulimu gulina ebizibu ebitasoboka bantu ate ebimu bammemba babyogeddeko wali mu kiseera kye tumaze okulaba eky'okumanyagana.

OKUSOMESA (EDDAKIKA 20-30)

Ebisomesebwa tandika okubisoma obitegeere bulungi kubanga oyinza n'okukozesa ebigambo ebibyo mu kunnyonyola.

Nkukuutirira mu maaso ga Katonda ne Kristo Yesu, alisalira omusango abalamu n'abafu, era n'olw'okulabika kwe n'obwakabaka bwe; buuliranga ekigambo; kubiriziranga mu bbanga erisaaniramu n'eritasaaniramu; weranga, nenyanga, buuliriranga n'okugumiikiriza kwonna n'okuyigiriza. Kubanga ebiro birijja lwe batalikkiriza kuwulira kuyigiriza kwa bulamu; naye, amatu nga gabasiwa, balikunjaanya abayigiriza ng'okwegomba kwabwe bo bwe kuli; baliziba amatu okulekanga amazima, balikyama okugobereranga enfumo obufumo. Naye ggwe tamiirukukanga mu byonna, bonaabonanga, kolanga omulimu ogw'omubuulizi w'enjiri, tuukirizanga okuweereza kwo.

2 TIMOSEEWO 4:1-5

Kitegeeza ki okulondebwa ng'omubuulizi w'enjiri? Abakkiriza bo tebayitibwa kubuulira bantu mawulire malungi aga Kristo eri ensi zonna? Yesu okutongoza abakkiriza okwogerebwako mu Matayo 28 kulabika nti kwali kutongoza nga kuzingiramu bul muntu eyali omugoberenzi we nti agende mu nsi zonna afuuke omuyigiriza. Naye mu Abeefeeso 4:11-12 bakoona ku bisaanyizo by'omubuulizi w'enjiri nga babikwanaganya n'ebyomusumba, omusomesa, omutume. Buli kimu ku bino birina ettoffaali ery'enjawulo lye byongerako okuzimba omulimu gwa Kristo. Mu Ebikolwa 21:8 tusangamu omuntu wa Katonda eyali ayitibwa Firipo ono nga yayogerwako ng'omubuulizi w'enjiri. Awo we tw'ebuuliza nti kigambo mubuulizi w'enjiri kitegeeza ki? Kiba kya balondemu oba kya buli mugoberenzi wa Kristo?

Oyinza okubeera nga wali osomye ku bigambo bya Pawulo ebiri mu Abakkolinsu 2; 5;17 w'ayogerera ku kufuuka ekitonde ekiggya nga tuyita mu Kristo Yesu.. Oyinza n'okubeera nga wali okozesezzako ku lunyiriri luno okubuulira enjiri. Naye ekizibu ekiriwo tukoma ku kujuliza lunyiriri luno lwokka eby'eyongerako okulusukka tetubisoma.

• Omuntu yenna bw'aba mu Kristo kyava
• abeera ekitonde ekiggya: eby'edda nga
• biweddewo; laba, nga bifuuse biggya.....Naye
• byonna biva eri Katonda, eyatutabaganya
• naye yekka ku bwa Kristo, n'atuwa ffe
• okuweereza okw'okutabaganya;...
• Katonda yali mu Kristo ng'atabaganya
• ensi naye yennyini, nga tababalira
• byonoono byabwe, era nga yatuteresha ffe
• ekigambo eky'okutabaganya.....Kyetuva
• tubeera ababaka mu kifo kya Kristo,
• Katonda ng'afaanana ng'abeegayirira
• mu ffe: tubeegayirira mu kifo kya Kristo
• mutabagane ne Katonda.

2 ABAKKOLINSO 5: 17-20

Mu biro bino Katonda akola nnyo okulaba nti atabaganya be yatonda naye yennyini. Era bwatyo ayagala nnyo abo baba atabaganyizza babeere eky'okulabirako ekirungi mu bigambo by'omwoyo. Kino si ky'abo abavuddeyo okubuulira enjiri naye kya bonna abagoberenzi ba Yesu ate abo ababa bavuddeyo babaka ba Katonda ba njawulo waddenga buli omu ayolesa ekimufuula omubaka mu ngeri ya njawulo.

Okukikunnyonyola obulungi ka nneyambise omuzannyo gw'omupiira. Mu muzannyo guno mubeeramu abantu 11 era nga buli omu agwa mu kitongole kya njawulo. Eriyo omukuumi wa ggoolo, abazibizi, abawuwuttanyi era n'abo abali ku ludda oluteebi. Abantu abo bonna balina ekigendererwa kimu kuwungula muzannyo. Naye abali ku ludda oluteebi bo omulimu gwabwe omukulu gwa kuteeba ggoolo. Naye kino tekitegeeza nti abazibizi oba abawuwuttanyi tebalina kuteeba ggoolo.

Ne mu kubuulira enjiri bwe kityo bwe kiri. Ffenna ekigendererwa kyaffe ekikulu kufuula omulimu gwa Katonda ogutuukiridde mu kumusiza n'okumugulumiza. Naye wadde nga ffenna tugukola waliyo abo abalina okusukkawo bwe kiba ky'etaagisa ne baleka n'ebirala byonna bakole omulimu ogwo. Abo be babuulizi b'enjiri abafaanana Firipo mu Ebikolwa 21:8

Soma mu bino ebiwandikiddwa wammanga. Kasita owulira nga bw'obipima obigyamu bulungi ku nsonga y'okulondebwayo okufuuka omubuulizi w'enjiri kitegeeza nti oli mu buweereza obw'akutonderwa:

- Ofaayo okulaba nti abaabula balokoka
- Owulira nga buli kiseera oteekwa kubuulira njiri.
- Olemera ku nsonga eno ebintu ne bwe bizibuwala bitya
- Toliwo kubuulira bantu bibasanyusa. Ggwe obabuulira mazima ne bwe kibeera ng'okubabuulira amazima kigenda kubanyiiza
- Wettanira kutuuka ku abo abaabula era obatwalire amawulire ag'essuubi era aganaabasumulula
- Olina ebigambo by'obunnabbi Katonda bye yayogera naawe mu kwolesebwa nti oliba mubuulizi wa njiri
- Oli mw'etegefu okugenda mu kifo kyonna omulimu guno ogw'okubuulira enjiri gye guyinza okukutwala.

Ekibuuzo: Biki bye tuyiga okuva mu bisaanyizo ebyo? Weeyongere nnyo okubyetegereza oba bigwa mu ebyo by'olina. Funayo abantu babiri oba basatu mu kabondo kammwe obabuulire ggwe kye wasinziirako okusalawo okufuuka omubuulizi w'enjiri.

Ebyawandiikibwa bitugamba nti Katonda yettanira nnyo okulaba nti buli muntu tazikirira (2 Peetero 3:9). Omubuulizi w'enjiri alina okuba ng'alina omutima ogufaananira ddala n'ogwa Katonda eyatutonda. Tebatwawulira ku kweyita babuulizi ba njiri wabula tulina okubeera n'omutima ogufaanana ogwa Katonda kitaffe oba abaana ba Katonda. Jjukira nti ekiba

ky'atufula abaana be y'enjiri eno gy'etubuulira (Yokaana 1:12).

Wadde nga olina ekirabo eky'enjawulo Katonda kye yakuwa. Era waddenga Katonda asobodde okukuyimusa okukola obuweereza buno tolina maanyi galokola bantu.. Katonda yalina amaanyi gano. Ffe omulimu gwaffe kutuusa bubaka eri abaabula tubaagazise okwesiga ennyo Katonda ajjudde okwagala n'okusonyiwa era nga ono y'agenda okubabuulira amaanyi ag'obulokozi.

OKUKUBAGANYA EBIROWOOZO (EDDAKIKA 20)

Weekenenenye ebibuuzo bino wammanga oba ebigambo ebyo ebikubaganyiziddwako ebirowoozo:

- Waliwo enjawulo wakati w'obujulirwa obw'omuntu omu n'okubuulira enjiri?
- Oba nga abagoberezi ba Kristo bonna bateekeddwa okubuulira enjiri ate kiki ekirondesaamu abo ab'enjawulo abalina okukulemberamu omulimu guno?
- Tuyinza tutya okw'eyongerako mu kuzimba omutima ogwagala okutuuka ku baabula tubaleete eri Katonda?
- Oyo yenna ayitibwa okufuuka omubuulizi w'enjiri aba alina okuleka ebirala byonna obudde bwe n'amagezi abimalire ku kya kubuulira njiri. Alina okwewala ebyo byonna ebyinza okumuziyyiza okutuukiriza obuvunaanyizibwa buno. Ne bwe wabeerayo abamumalamu amaanyi nti tateekeddwa kukola mulimu guno abo tateekwa kubawuliriza. Ye amanyi ky'aba ayagala era nga kiba kya kutuukiriza buweereza buno

BILLY GRAHAM

OKUSSA MU NKOLA BYE TUSOMYE (EDDAKIKA 5)

Tetusaasaanya bigambo bya njiri lwakuba nti tuli babuulizi ba njiri. Tusaasaanya ebigambo bino kubanga okwagala kwa Katonda kutujjudde era ne kukyusa n'obulamu bwaffe. Era mu ye tw'ettanira ensi yonna okumumanya nti ajjudde okwagala awamu n'ekisa. Mu kiseera ekiddako weesibe nnyo ku njiri nga bwe yawandiikibwa Makko. Era weekenneenye nnyo omulamwa omukulu ogw'enjiri eno ogugamba nti, "Yesu mwana wa Katonda, omuweereza eyajja okussa mu nkola ebyo Katonda by'asiima" Ddingana nnyo enjiri eno era buli lw'osoma fuba nnyo okulaba nti ebirimu bigya mu bisaanyizo byo nga weesigama ku mulamwa gw'enjiri eno.

ESSAALA

Weebaze Katonda olw'omulimu gwe guno omulungi. Mwebaze okukulondayo obalibwe ku abo abagenda okukola omulimu omulungi ogw'okusiga ensigo z'okubuulira enjiri.. Era mwebaze nti ggwe omu ku abo abafuddeyo okulaba nti abantu tebazikirira wabula nti balokoka mu Kristo Yesu. Buli omu asabire munne Katonda ayongere okuggula obwongo bwammwe ku buvunaanyizibwa bw'okubuulira enjiri era abateerewo amakubo agasaasaanya enjiri ye era abawe n'obuvumu okukola omulimu guno

OKUWA EMBALIRIRA (EDDAKIKA 15)

Mujiuze empapula ezikozesebwa okupima oba nga musobodde okutuuka ku bigenderwa b'essomo eryo era n'ebyo ebinyinza okuba nti bibasoomoozezza. Buli omu awe munne olapapula lwe abeeko ky'alwoogerako. Mw'egattire wamu mu kusaba..

ESSOMO ERY'OKUSATU: OBUBAKA BW'OMUBUULIZI W'ENJIRI

Mu ssomo lino mugenda kulaba ebyo ebirina okubeera mu bubaka bw'omubuulizi w'enjiri. Enjiri kye ki? Obubaka bw'enjiri bwe tubuulira abantu tuba tumaze okubwetegekera?

ESSOMO MU BUFUNZE

Obubaka buba mu njiri bulina kubeera Kristo: Kristo yajja, Kristo yakomererwa, Kristo yazuukira era Kristo akomawo nate.

EBIKWATA KU SSOMO LINO

Omutukuvu Agusito yagamba nti "watufuula kye tuli bwe wewaayo. Ai Mukama. Era emitima gyaffe tegifuna kuwummula okuggyako nga giwummulidde mu ggwe."

Enjiri eja abantu mu mbeera y'okuggwaamu essuubi, ebajja mu nzikiza ne bafuna essanyu, essuubi awamu n'okwagala. Enjiri ewummuza emitima egiba tegirina kuwummula ne giwummulira mu mutonzi waagyo. Naye kibi nnyo nti abagoberezi ba Yesu abamu babuusabuusa amaanyi g'enjiri mu kusobola okutuukiriza ebintu ebyo. Ensonga ziweraako lwaki abakkiriza tebagabana njiri na balala. Ezimu ku zo ze zino; okutya, okulowooza nti enjiri tejjudde maanyi gamala, era n'okulowooza nti osanga wayinza okubeerawo omulala anaakola omulimu guno okusinga ku bo gwe baba bakola. Naye zonna bw'ozigatta weesanga

nti ziri ku kintu kimu butamanya njiri kye ki era n'amaanyi agagirimu.

Mu Abaruumi 1:16 Pawulo m buvumu obungi agamba bwati, "Kubanga enjiri tenkwa nsonyi: kubanga ge maanyi ga Katonda olw'okulokola eri buli akkiriza okusookera Muyudaaya era n'eri Omuyonaani.

Kitegeeza nti enjiri eno ereetera omuntu obulokozi era n'okutegeera Katonda y'ani, biki by'akoledde omuntu, era kino kitegeeza ki eri ensi. Kino kikutuusa ku Yesu y'ani. Naye si kintu ekiri awo mu bbanga ekitaliiko bikinnyonyola. Okutegeera enjiri kituyamba nnyo n'okumanya lwaki tuli ku nsi kuno era n'engeri gye twaggyako awamu ne Katonda oyo eyatutonda. Ebimu ku bibuuzo:

NZE ANI?

Buli omu ekibuuzo kino akibuuzo mu ngeri yiye. Obulamu kye ki? Obulamu bulimu ekigendererwa? Biki eby'enjawulo bye nnina abalala bye batalina? Eky'okuddamu kiri nti oli mwana wa Katonda era Katonda akwagala nnyo.

KATONDA Y'ANI?

Enzikiriza nnyingi nnyo mu nsi eno mwe tuwangaalira. Tusobola tutya okumanya nti ye Katonda era nti gwe tusinza? Katonda atusobozesezza okumumanya nga tuyitira mu Bayibuli, engeri gye yatondamu omuntu, era ne mu ebyo eby'enjawulo ebitutuukako buli lunaku ng'abakkiriza mu nsi yonna ate era ne mu mbeera ya Kristo okutukolamu omulimu. Ye yatutonda era y'atukuuma tubeerewo nga tuli balamu. Yafuga eggulu, atuukiridde, atwagala nnyo. Ate yettanira nnyo okukomyawo omuntu oyo omujeemu asse ekimu naye era babeere n'enkolagana naye ennungi.

KRISTO YESU Y'ANI?

Mu byafaayo byonna mu mbeera y'abantu asukkulumye. Bannabyafaayo abasinga bakimanyi nti yaliyo. Naye ye yali ani? Omusomesa omugezi ennyo? Omugu w'eddalu? Mulokozi w'ensi era okufa kwe awamu n'okuzuukira kwe ly'ekkubo lyokka erifuula omuntu omwana wa Katonda.

Waddenga ebibuuzo ebyo bisobozesa omuntu okutegeera nti eriyo enjiri, naye tebimuyamba kutegeera nti ddala enjiri erina amaanyi. Naye

biriwo nga entandikwa kwe tuyinza okuva okuzimba obukkiriza. N'olwekyo tusaana tw'eyongere nnyo okunoonyereza mu byawandiikibwa tusobole okuggirayo ddala amaanyi g'enjiri ya Kristo Yesu..

EBIGOBERERWA KU SSOMO LINO

OKUMANYAGANYA (DDAKIIKA 15-25)

Mw'eyongere okumanyagana, nyumiza munno by'omanyi, era buuza ekibuuzo bamemba banno ky'owulira nti kiyinza okutwala mu maaso omulimu guno. . Babuuze bakubuulire mu byawandiikibwa ebitukuvu ebiri ku Makko bye mwasigala musomako omwezi ogwaggwa (kino kiyali mu by'akukolako mu ssomo ery'okubiri). Era ekiseera kino kyennyini mukikozese okuttaanya ensonga egamba nti ebyo ebyawula omubuulizi w'enjiri ku balala bigwa bulungi mu mbeera ya Kristo Yesu..

ESSAALA

Muweeyo obudde okusaba n'okuwanjagira Katonda abasobozese okukola obulungi omulimu gwe. Mumusabe kubanga omulimu gulina ebizibu ebitasoboka bantu ate ebimu bammemba babyogeddeko wali mu kiseera kye tumaze okulaba eky'okumanyagana

OKUSOMESA (EDDAKIIKA 25-35)

Ebisomesebwa tandika okubisoma ebitegeere bulungi kubanga oyinza n'okukozesa ebigambo ebibyo mu kunnyonyola.

- Nange , ab'oluganda, bwe nnajja gye muli , sajja na maanyi mangi ag'ebigambo oba amagezi nga mbabuulira ekyama kya Katonda. Kubanga nnamalirira obutamanya kigambo mu mmwe , wabula Yesu Kristo era oyo eyakomererwa.

• ABAKKOLINSO 1:1-:2

Pawulo alaga obuvumu mu kukkiriza nti enjiri ejjudde amazima era n'amaanyi bw'agamba nti

bwe yagenda gye baali teyagenda na magezi ga kumanya wabula aga Katonda ne Kristo Yesu eyakomererwa.Guno gwe mulamwa gw'enjiri okulaga nti Katonda yajja mu bizibu ebiri mu masekkati g'ensi eno ng'ayita mu Kristo Yesu.Yesu yatambulira mu nsi eno n'agimalako nga taliiko bbala, n'afa n'azuukira okutuggirawo okufa obubi kwe twali tugenda okufuna.Okulokoka n'obulamu obutuukiridde busangibwa mu kukkiriza Yesu. Amazima gano tugabuulira buli muntu okukyusa endowooza ye, ate n'okumuwa obulamu obupya, ebintu ebisoboka okufunibwa mu kukkiriza Yesu kwokka.

Ekibuuzo. Ekitundu kino kigenda kwesiba nnyo ku kiki ekiyitibwa enjiri . Weeyambise ebyo ebiri mu kitundu eky'ebigambo ebigattiddwa ku kitabo kino ku nkomerero osobole okukubaganya obulungi ebirwoozoo ne banno

ENGIGIRIZZA Y'ENJIRI ERI OUMUKKIRIZA (OLUPAPULA 82)

Y'engeri enjiri gy'erambikibwamu

ENJIRI MU BAVUBUKA EKY'OKULABIRAKO EKY'ENSONGA ENNYA (OLUPAPULA 83)

Engeri eyo oyinza okugyeyambisa okumanya amaanyi n'obunafu bwa buli nsonga. Tunuulira ensonga ezo olabe ekyo ekiyinza okukola obulungi awantu awamu ate n'ekyo ekitakolawo.

Frank Turek yagamba bw'ati, "ekintu ky'okola ne kinyumira abato, bwe kibanyumira obulungi oba obawangudde mu mutima." Obubaka bwaffe obw'enjiri bwe tubutuusa obulungi ku bawuliriza, babwaniriza naye ate tulina okw'ebuuza bonna babwaniriza mu ngeri y'emu.

Obubaka bw'enjiri bujja n'okusoomooza okw'enjawulo. Buli muntu bumwogerako nga omwonoonyi. Era bumwogerako ng'eyakyama asaanira okufa. Amawulire amalungi ag'enjiri gali nti enjiri nnungi kubanga eraga omuntu nti yakyama era n'abula.

Engeri gye tutegeeramu ekisa kya Katonda yeesigamye nnyo ku kumanya nti tuli bakozi ba bibi. Abantu balowooza nnyo ku nsonga egamba nti Katonda atusalira

omusango olw'okuba nti tulina ebibi era tuli ba kusindikibwa mu muliro ogutazikira. Omuntu asobola okunyooma ebiri mu njiri naye kino si kirungi. Omugaso gw'omubuulizi w'enjiri guli nti obubaka obuli mu njiri obw'essuubi ly'omusalaba n'okuzuukira kwa Yesu ateededdwa okubutuusa obulungi eri abawuliriza. Mu buno alina okwongerako okwagala era n'ekisa kya Katonda eri abantu bonna nti Katonda tayagala bantu bazikirire

Kigambo kwonoona kinene nnyo naye Katonda asobolera ddala okukikwatako. N'olwekyo omubuulizi w'enjiri omulungi ateededdwa okubuulira abantu ensonga eno era n'okugyesibako ng'atambulira mu mazima.

Ekintu ekirala ekitalina kubuusibwa maaso kwe kubeera nti tulina okwetikka omusalaba gwaffe ne tugoberera Kristo ne buli kimu kye tuba nakyo (Matayo 16:24). Obulamu bwetaaga kwewaayo nga saddaaka era mu kino ofunamu nnyo. Buno bwe bubaka obulungi eri abantu bonna. Matt Chandler kino akyogerako bwati,

“Amaanyi agali mu njiri gajungululwa nga tunyooma amaanyi ago oba okugasikiza ekintu ekirala. Bwe tunyooma amaanyi ago kituleetera okwesiga amaanyi agaffe ku bwaffe mu kifo ky'agenjiri awo kino ne kituteeka mu buzibu”

Enjiri tuteekeddwa okugibuulira abantu mu butuufu bwayo, kubanga enjiri ennema eremaza abakkiriza.

Okuwaayo obudde buli lunaku n'osoma Bayibuli kikulu eri buli mukkiriza. Naye ate eri abo ababuulira enjiri basaanidde okukyesibako ennyo. Tuyinza tutya okudda awo ne tw'eyogerako nti tufuna okubikkulirwa okuva eri Katonda naye nga ate tetufaayo kusoma byawandiikibwa bitukuvu buli kadde? Tetuli babuulizi ba njiri kyokka wabula ababuulizi b'enjiri abajjumbira ennyo okusoma Bayibuli..

OKUKUBAGANYA EBIROWOZO (EDDAKIKA 20)

Weekenenenye ebibuza bino wammanga oba ebigambo ebyo ebikubaganyiziddwako ebirwoozo

- Osobola otya okunnyonyola engeri gy'otegeeramu amazima g'enjiri?
 - Okusoomoozebwa kuli ludda wa mu kunnyonyola engeri enjiri gy'etambulamu ebiri bino?
 - Tuyinza tutya okutumbula empuliziganya n'abawuliriza?
 - Kitegeezza ki omuntu okubeera omubuulizi w'enjiri asoma ennyo Bayibuli?
- Enjiri gwe musaayi gw'obulamu eri omukkiriza. Era y'esinziirwako okulwanyisa abavooze. Bwe tukkiriza amazima g'enjiri tukitegeera nti ekola kinene nnyo okulwanyisa ababa bawabye. Era erwanyisa n'ebiyobuwangwa ebibi ebiba bitwetolodde era n'ebyo bye tuba tukkiririzaamu.

DAVID PLATT

OKUSSA MU NKOLA BYE TUSOMYE (EDDAKIKA 5)

Fuba nnyo okwagazisa bammemba okusoma Bayibuli buli lunaku nga beekwata ekigera obudde ekiba kiwandiikiddwako ekitundu eky'okusomanga buli lunaku. Ebimu ku bino biri mu ngeri ya kompyuta babiyita “Your version phone app.” Bwe tw'esiba ku byawandiikibwa kituyamba nnyo okugenda mu maaso mu bigambo by'omwoyo era ne tufuuka abagoberezi ba Kristo abalungi, era ababa bategedde ennyo ebyawandiikibwa nga era tusobola bulungi n'okubisomesa abalala.

Nga weeyambisa ebikwata ku njiri ebiri mu kitabo kino era ne mu bayibuli, gezaako okutegeka ekisomesebwa kya ddakika 3-5 ku bubaka bw'enjiri ky'osobola okuleeta eri akabondo ko n'okibalaga era nga kirimu omuzinzi. Bakkirize bakuwabule nga bakisomyemu oba basiime ebyo ebirungi ebiba bikirimu. Kino kijja kw'ongera kulongoosa omulimu gwo.

ESSAALA

Weebaze Yesu olw'okuba nti yatambulira mu bulamu obw'eyagaza. Era mwebaze olw'okuba nti yatwala ekifo kyaffe bwe yatufiirira ku musalaba. Musabe akuwe obusobozi obukwesiga era bw'otyo okulire mu kumwagala. Musabe akuyambe weeyongere okutegeera ekigambo kye. Era n'okusobola okusomesa ekigambo kino eri abantu abalala bonna. Mwebaze olw'emikisa emingi gy'akuwadde era musabe akuwe obusobozi obeere omwesigwa ate okusinga ennyo oweeyo ebiseera ku lw'omulimu gw'omwoyo.

OKUWA EMBALIRIRA (EDDAKIKA 15)

Mujjuze empapula ezikozesebwa okupima oba nga musobodde okutuuka ku bigenderwa b'essomo eryo era n'ebyo ebinyinza okuba nti bibasoomoozezza. Buli omu awe munne olapapula lwe abeeko ky'alwogerako. Mw'egattire wamu mu kusaba.

ESSOMO ERY'OKUNA: EMIRIMU GY'OMUBUULIZI W'ENJIRI

Muganyulo ki oguli mu kubuulira enjiri eri omubuulizi w'enjiri? Essomo lino likuwa omukisa okumanya obukulu bw'ensonga eno era n'okuzzaamu banno amaanyi okweyogiwaza mu ngeri y'okutuusa obubaka eri abawuliriza enjiri era n'okugweera ddala mu Mwoyo Mutukuvu.

ESSOMO MU BUFUNZE

Obuvunaanyizibwa obukulu obw'omubuulizi w'enjiri kutuusa bubaka bwa njiri nga Katonda bw'aba abumubikkulidde, nga kino kigambo kya Katonda ekitukuvu ekijjudde amaanyi ga Mwoyo Mutukuvu.

EBIKWATA KU SSOMO LINO

Omutukuvu Francis ow'e Assisi lumu yayogera ebigambo bino.

- mubulire enjiri buli kiseera era bwe kiba
- kyetaagisa mukozese bigambo

Bino bigambo bikulu lwa nsonga nti bikulaga obukulu bw'obulamu obutambulira ku kigambo kya Katonda. Naye waliwo obuzibu bwa mirundi ebiri.. Ekintu kino tewali kitabo oba wantu we kyawandiikiddwa n'olwekyo tewali bukakafu nti St Francis yakyogera.

Eky'okubiri ate nga kye kisinga obukulu bw'okyekenneenya ennyo, tekisobola kuyimirirawo nga ky'etengeredde ne kiwa makulu mazito. Weewaawo kituufu nti obulamu bwaffe buteekwa okulaga amawulire amalungi agakwata ku bwakabaka bwa Katonda ng'ebigambo bye twogera bwe biri, okubuulira enjiri kw'esigama ku bigambo. Awo we ngambira nti ebigambo bya St Francis bisaana kulongoosebwamu biwandiikibwe bwe biti.

- mubuulire enjiri buli kiseera era olw'okuba
- nti kintu kikulu kozesa bigambo

Kituufu nnyo ebigambo bye bibuulira enjiri. Birangirira obulungi bw'enjiri. Osobola okubeera mu bulamu obutuukiridde, naye bw'otovaayo

kukibuulira balala tebasobola kukitegeera. Bw'obeera nga Yesu omutwala nti lye ssuubi lyo bw'otabuulira balala tebayinza kukitegeera.

- Bwe tusirika ne tuleka abalala okutulowooleza kiba kikyamu. Katonda naye kino teyakikola. Bw'osoma ebyafaayo byonna ebikwata ku mulimu gwa Katonda ogw'obununuzi gutambulira ku kigambo kimu kubikkuliranga bantu buli kiseera kintu kisaanidde.

WILL METZGER

Okubuulira enjiri kw'akola omulimu munene mu kubunyisa enjiri nga bwe kiragiddwa mu ndagaano empya (Ebikolwa 2:14). Naye ate eriyi abo mu biro bino abalwoozza nti okubuulira enjiri kw'adiba dda. Abo balwoozza nti lino si ly'ekkubo erisingayo okutuusa obubaka eri ensi. Tulina okubeera abatentenkanya ennyo mu ngeri gye tubuuliramu enjiri ate nga n'engeri gye tutambuzaamu obubaka bunyo esikiriza. Mu kino tuyinza okwongerako obukodyo obupya okugeza okw'eyambisa firimu oba ennyimba. Naye nga yo Bayibuli etukubiriza kuzozesa kubuulira njiri ng'ekkubo erisinga gonna (Abakkolinso 1:1;21, Timosewo 2:4:1-2)

Eri omubuulizi w'enjiri, okubuulira enjiri kintu kikulu nnyo mu mirimu gye. Okubuulira kuno kuteekwa okunnyonyola ennyo amawulire amalungi aga Kristo Yesu eri abawuliriza basobole okugategeera ennyo ate era obawe n'emukisa okubaako bye bakubuuza (Makko 1:17, Lukka 9:23). Naye ebigambo obugambo tebimala. Okwogera ebigambo naye ng'obulamu bwo nga ggwe omubuulizi w'enjiri tebulaga nti mu bujjuvu oggweredde mu Mwoyo wa Katonda tekimala. Awo baja kukulaba nga omunanfuusi. Era ebigambo ebiba by'awuddwa ku maanyi ga Mwoyo wa Katonda biba binafu nnyo nga tebiyinza kuleeta bulokozi.

EBIGOBERERWA KU SSOMO LINO

OKUMANYAGANYA (DDAKIIKA 10-20)

Mw'eyongere okumanyagana, nnyumiza munno by'omanyi, era buuza ekibuuzo bammemba banno ky'owulira nti kiyinza okutwala mu maaso omulimu guno. Yitayo abantu babiri oba basatu baveeyo balage akabondo kammwe, ebyo bye baba balinawo nga babitegeze ng'ababuulizi b'enjiri (kino kyali mu by'akukolako mu ssomo ery'okusatu). Teweerabira kubazzaamu maanyi.

ESSAALA

Muweeyo obudde okusaba n'okuwanjagira naddala ku ebyo ebizibu ebitasoboka bantu ate ebimu bammemba babyogeddeko wali mu kiseera kye tumaze okulaba eky'okumanyagana

OKUSOMESA (EDDAKIIKA 20-30)

Ebisomesebwa tandika okubisoma obitegeere bulungi kubanga oyinza n'okukozesa ebigambo ebibyo mu kunnyonyola.

- kubanga bw'oyatula Yesu nga ye Mukama n'akamwa ko, n'okkiriza mu mutima gwo nti
- Katonda yamuzuukiza mu bafu, olirokoka.
- kubanga, Buli alikaabirira erinnya lya Mukama alirokoka. Kale balikaabirira batya
- gwe batannakkiriza? era balikkiriza batya
- gwe batannawulirako? era baliwulira batya
- awatali abuulira? era balibuulira batya nga
- tebatumiddwa? nga bwe kyawandiikibwa nti
- Ebigere byabwe nga birungi nnyo ababuulira enjiri ey'ebirungi!

ABARUUMI 10:9,13-15

Ebigambo kubuulira njiri ky'ogerwako nnyo mu byawandiikibwa. Tim Keller atulaga ebigambo bya mirundi 33 eby'enjawulo mu Luyonaani ebitegeera ekigambo kubuulira njiri. Mu kitundu kino kye tunokoddeyo mu Bayibuli, Pawulo akozesa ekigambo kino okutegeera okugabanira awamu amawulire amalungi. Eri Pawulo kubuulira enjiri kintu kikulu nnyo. Era akuutira Timoseewo akijumbire nnyo (2

Timoseewo 4:;1-2). Ku lunaku lwa Pentekoote tulaba eky'okulabirako kino nti Katonda yakozesa Peetero okubuulira enjiri. Nkumi na nkumi zaalokoka, era twalaba eby'amagero ng'okwogera mu nnimi. Bangi bakkiriza obubaka bwa Peetero obwali bujjudde amaanyi ga Mwoyo Mutukuvu.

Naye okubuulira enjiri kujjudde okusoomooza mu biro bino. Era eriyo abamu abatakkiriza nti okubuulira enjiri lye kkubo erisingayo okutuusa amawulire amalungi eri abantu ba Katonda. Abantu okukozesa enkola ey'okutuukirira mukwano gwo omwagazise ebigambo bya Katonda, oba okutondawo ebibiina by'abendowooza abamu bakiraba nti kye kisingayo okutambuza obukkiriza nga tebagenze mu kubuulira njiri ey'olukale oluusi ereetera abantu okukoonagana.

Naye tetuyinza kusambajja nsonga egamba nti waliwo amaanyi mu kubuulira era ekigambo ky'Oluyonaani ekitegeera okubuulira enjiri kitambulira ku mulamwa ogwo ogwo okutegeera abantu amawulire amalungi. Bwe tutavaayo kubuulira bantu mbeera zaffe mwe tutambulira mu bigambo by'omwoyo olowooza abantu banaamanya batya ebikwata ku Yesu? (Peetero 1:3;15).

Ekibuuzo: *Bwe tuba nga tukimanyi nti okubuulira enjiri kikulu nnyo eri omubuulizi w'enjiri, tukozeewo ki okulaba nti tw'eyambisa amakubo amatuufu agategerwa abatuwuliriza ate ne tusobola n'okwanukula ebibuuzo by'abo be tuba tubuulidde enjiri?*

Okutegeera obulungi embeera z'abo be tuba tagenda okubuulira enjiri kituyamba okubeetegekera mu ngeri ey'enjawulo naddala mu bukodyo obw'okukozesa okutuusa obubaka gye bali, babutegeere bulungi era ekiddirira basobole n'okutubuuza ebibuuzo. Ka tugeze bw'oba obadde ogenda kubuulira bavubuka njiri ebigambo by'okozesa tebisobola kufaanana n'ebyo by'okozesa ng'obuulira bakadde. Naye enjiri yo togikyusa wabula okyusa bukodyo bwa kugibuulira. Ebinyumira abavubuka mu byobuwangwa n'embeera z'abantu aba bulijjo si bye bimu n'ebyo ebinyumira bakadde. Kino kitegeera nti obubaka bw'enjiri tebukyuka naye obukodyo omuntu bw'akozesa bwe bukuyuka.

Ky'ova olaba ng'omubuulizi w'enjiri alina okuwaayo ennyo obudde bwe ng'ategeka by'aba agenda okwogera. Bw'obeera awo nga buli kiseera obuulira ebigambo bye bimu mwaka mu mwaka abantu babikoowa era ofuuka omubuulizi w'enjiri omunafu. Sooka osabe nnyo Katonda mu mutima gwo akuwe amaanyi n'amagezi era ayogere naawe ng'ayitira mu Mwoyo we Omutukuvu akuwe ebigambo ebisaanidde okwogera. Era tulina okutegeka ebyogerebwa nga tufaayo nnyo okumanya bantu ki be tugenda okwogereramu.

Ekibuuzo: Weetegereze amagezi ag'emirundi omukaaga ag'okubuulira enjiri era ku go londako ago g'owulira nti gasobola okukuyamba mu buweereza bwo

Tulina okubuulira Tulina okubuulira:

- **Ebitegerekeka amangu.** Naye okunonyonyola ekintu omuwuliriza n'akitegeera obulungi ate mu bwangu kikwetaagisa kusoma nnyo byawandikibwa na kubitegeera.
- **Okwekkirizaamu.** Tulina okubuulira n'obuvumu ate nga tw'ekkirizaamu nti tusobola era nti tulina amazima mu bubaka bwaffe.
- **Okubeera ab'Omwoyo.** Omwoyo wa Katonda mukulu nnyo okutuyamba okukola omulimu guno. Emitima gy'abantu egyafa okugizza engulu ky'etaagisa nnyo okukkiririza ddala nti Mwoyo wa Katonda y'alina amaanyi agasobola okukola kino
- **Abakkiriza batwale nti ba njawulo.** Banjawulo nnyo ku balala era bano babeere kintu kikulu mu kubuulira kwaffe.
- **Tulina okubuulira n'okwagala.** Tulina okubuulira n'obukkakkamu, mu buwombeefu, omutali kw'egulumiza, era nga tussa ekitiibwa mu abo be tubuulira ekigambo kya 38 Katonda. Abantu bano okubaagazisa ekigambo kya Katonda si kwaffe wabula kwa Kristo Yesu.

- **Okwagazisa abawuliriza.** Tulina okulagala n'okubakakasa abantu abalala nti enjiri ejjudde mazima obulamu bwaffe mwe tutambulira bulina kubeera kyakulabirako. Tubabuulire ebyo eby'enjawulo enjiri bye tukoledde nga ffe abakkiriza.

• Okubuulira enjiri si kye kimu n'okukozosa obukodyo obusaanidde okubuulira enjiri eyo. Buulira esobola okujjirayo ddala ebyo ebiba by'ekwese emabega w'olutimbe abantu bye baba tebalaba kyokka nga bikulu mu bigambo by'omwoyo.

DAVID WATSON

Tulina okubuulira enjiri esobozesa Mwoyo wa Katonda okulaga amaanyi ge. Nga bwe tunoonya obukodyo n'engeri entufu ey'okutuusa obubaka ku bawuliriza, ate tulina n'okusaba ennyo Katonda atukolemu eby'amagero mu bulamu bwaffe. Mu ssomo eryawedde twalabye Pawulo ng'atulaga obumalirivu obw'enjawulo mu kubuulira enjiri ya Kristo. Kino kyabadde mu Abakkolinso 1:2. Mu nnyiriri eziddirira Pawulo agenda kutulaga obumalirivu bwe mu kubuulira enjiri mu maanyi ga Mwoyo Mutukuvu. Kino kireetera okukkiriza okubeera nga kw'esigama ku Katonda okusinga okukwesigama ku ndowooza z'abantu.

• Nange nnaberanga nammwe mu bunafu ne mu kutya ne mu kukankana okungi. N'ekigambo kyange n'okubuulira kwange tebyabanga mu bigambo eby'amagero ebisendesenda wabulamu kutegeeza kw'omwoyo ow'amaanyi. Okukkiriza kwammwe kulemenga okubeera mu magezi g'abantu, wabula mu maanyi ga Katonda

ABAKKOLINSO 1:2:3-5

Tuyaayaanira okusinza Katonda mu mwoyo ne mu mazima (Yokaana 4:23). Bwe kityo n'engeri gye tubuuliramu enjiri erina kubeera bw'etyo. Tulangirira amazima ge mu maanyi ga Mwoyo era ng'abasinza tulina okuwa obujulirwa ku oyo gwe tusinza kino kisobozese n'abalala okumusinza.

OKUKUBAGANYA EBIROWOOZO (EDDAKIKA 20)

Weekenenye ebibuzo bino wammanga oba ebigambo ebyo ebikubaganyiziddwako ebirowoozo

- *Okubuulira enjiri kuyasaana mu biro bino?*
- *Tuyinza tutya okusigala nga tukyali babuulizi ba njiri balungi mu nsi eno efuuse enzibu ate ng'ejjudde ebisoomooza?*
- *Amaanyi go era n'obunafu bwo biri ludda wa nga ggwe omubuulizi w'enjiri?*
- *Weetegekera otya ebigambo by'oba oghenda okubuulira abawuliriza enjiri?*

- Enjawulo wakati w'okubuulira okulungi era n'okubulira okusaanidde eva ku mulimu gwa Mwoyo mutukuvu. Ffe tulina okukola ogwaffe ne tuleka Katonda ng'ayitira mu Mwoyo Mutukuvu okufuula enjiri yaffe gye tubuulira okuba nti eba esaanidde

TIM KELLER

OKUSSA MU NKOLA BYE TUSOMYE (EDDAKIKA 5)

Nnonya obubaka bw'omubuulizi w'enjiri bwe yategeka osobole okubwogerako obulungi bwabwo oba ebibulamu. Oyinza okubusanga ku mikutu gya kompyuta nga 'Youtube'. Saba banno mu kabondo nabo babusomemu. Muwandike bye mulabye era bino bifuuke ebyokwogerwako mu lusisinkana olunaddirira.

ESSAALA

Musabire wamu nga musaba Katonda ng'ayita mu Mwoyo we abafuule aboogezi abasaanidde. Era mumwebaze nti abafudde abantu abalina okutambuzza obubaka bwe eri abawuliriza, era mumusabe mweyongere kusigala nga muli babuulizi ba njiri balungi, ebigambo byammwe bye mwogera bisigale nga biva ku ntobo ya mitima gyammwe. Sabira nnyo abo abagenda okuwuliriza ebigambo byammwe. Katonda ategeke emitima gyabwe era abateeke mu kifo ekinene eky'okubikkulirwa kwe we bannava ne beeyongera okumutegeera era n'okumwesiga.

OKUWA EMBALIRIRA (EDDAKIKA 15)

Mujjuze empapula ezikozesebwa okupima oba nga musobodde okutuuka ku bigenderwa b'essomo eryo era n'ebyo ebiyinza okuba nti bibasoomoozezza. Buli omu awe munne olapapula lwe abeeko ky'alwogerako. Mw'egattire wamu mu kusaba.

ESSOMO ERY'OKUTAANO: AMAANYI G'OMUBUULIZI W'ENJIR

Ng'ababuulizi b'enjiri tw'ettanira nnyo okulaba nga abantu ababa balina emitima egifudde mu bigambo by'omwoyo bazzibwa engulu. Essomo lino likulaga ekyo kye bayita okuba n'amaanyi aga mwoyo agayita mu kusaba, era kino ne kitutuusa mu kuzzibwa obuggya mu ebyo bye tubuulira abantu ba Katonda.

ESSOMO MU BUFUNZE

Essaala gwe musingi gw'obubuulizi bw'enjiri era ziteeka amaanyi awo we galina okubeera, si mu mikono gy'abantu naye mu gya Katonda.

EBIKWATA KU SSOMO LINO

Omuweereza mu kkanisa ya Presbyterian ate nga yali muminsani nga bamuyita Arthur Tappan Pierson yagamba bwati, "Tewaliwo nsi yali ezuukuse mu bigambo bya mwoyo oba ekitundu kyonna eky'omu nsi okuggyako nga kiyise mu kusaba."

Kiyinza okuba ekizibu okuzuulayo ekintu ekiwakanya omusajja ono. Era ebigambo bye bikulaga obuvunaanyizibwa bwa Katonda eri abantu be nga buyitira mu byawandiikibwa era n'okusuubiza ebyo eberibaawo. Nga ndeese eky'okulabirako eky'aliwo mu bwakabaka bwa Sulemaani, Katonda yayogera ne Abaisireari abaali beewagudde era n'abasubiza nti waddenga baali bamujeemedde, waaliyo essuubi ly'okusonyiyibwa, ate era kyali kiyinza n'okubasaliza omusango olw'obwewagguze bwabwe.

- abantu bange abaatumiddwa erinnya
- lyange bwe baneetowazanga ne basaba
- ne banoonya amaaso gange ne bakyuka
- okuleka amakubo gaabwe amabi, kale

- naawuliranga nga nnyima mu ggulu ne
- nsonyiwa okwonoona kwabwe ne mponya
- ensi yaabwe

EBYOMUMIREMBE 2:7:14

Mu ngeri y'emu enjiri ya Yesu lye limu ku makubo ag'okwetikkula obuzito obwo obuba butuzitooweredde era ne tw'ewaayo eri Kristo era ne tukkiriza nti ye Mukama, era bwe tutyo ne tumukkiriza okutuleetera obulamu awamu n'okuwonyezebwa ebipya. Tuva mu bwewagguze (kino kitegeeza kusobya Katonda) ne tufuna okubikkulirwa okuva ewa Katonda era n'okwenenya ebibi awamu n'okuzzibwa obuggya mu bigambo by'omwoyo.

Yesu yatandika obuweereza bwe ng'akubiriza abantu okwenenya (Makko 1:15). Ebyo ebyali mu ggwanga lya Isiraeri ebyogeddwako mu lunyiriri oluva mu kitabo Ebyomumirembe bifaanana nnyo ne bye tulaba mu nsi yaffe mu biro bino. Tusinza bakatonda abalala mu ngeri y'okugezaako okutambuza embeera zaffe. Obwewagguze obwo busobola okutuviiramu okufa, okuwaba ate era n'obuvuyo. Katonda amangu ddala nga tuwabye yatuyita tukomewo gy'ali. Enjiri etusomesa nti waddenga tw'awaba ne twewaggula ku Katonda naye wakyaliyo essuubi kubanga ye Katonda wa kisa.

Buli lwe weegayirira omulamuzi osooka kukkiriza nti omusango gukusinze naye ne weegayirira bakusonyiwe.. Wano batugamba kufukamira mu maaso g'omulamuzi tukkirize nti omusango gw'atusinga. Awo tujja kusonyiyibwa. Okunoonya obwenkanya kiba kitegeeza kukkiriza nti omuntu yasobya, nga kino kigererwa ku mutendera gw'obwewagguze eri kabaka omutukuvu. Katonda atusonyiwa ng'ayita mu ebyo ebyaliwo ku musalaba.. Mu kifo ky'okufa tuweebwa okuwonyezebwa, obulamu bwaffe okuzzibwa obupya, era ne Katonda n'aweebwa ekitiibwa kye.

Eky'okulabirako ekirala eky'essaala era n'entabagana ya Katonda n'abantu abalala kisangibwa mu kitabo kya Yobu. Entikko

y'okubonaabona kwa Yobu teri awo Katonda we yamubonerereza, naye eri awo we yabeerera omuwulize era n'asabira mikwano gye egyali givuddeko okugootaana kwe. Mu kiseera ekyo kyennyini, Yobu ebirowoozo abijja ku mbeera eyo gye yalimu, n'asabira abalala (abo abaali bamusobeza) era ekyaddirira kusumululwa.

Okuzzibwa obujja mu bigambo by'omwoyo kitandika na muntu kuba muwulize eri Katonda, era n'okulaga obuwulize bwe eri obwakabaka obw'emirembe. Ky'etaaga kukkiriza nti KristoYesu ye kabaka ate n'olinda Mwoyo Mutukuvu akuwe amaanyi. Ku lw'ekisa kya Katonda okuzzibwa obuggya mu bigambo by'omwoyo kutandikira ku ffe ffennyini. Era olw'ekisa kya Katonda kuno ne kulyokka kw'eyongera eri abo ababa bajeemedde Katonda ne basalawo okwegatta mu bwetoowaze okuyita amaanyi ga Katonda gabalungameye.

EBIGOBERERWA KU SSOMO LINO

OKUMANYAGANYA (DDAKIIKA 15-25)

Mw'eyongere okumanyagana, nyumiza munno by'omanyi, era buuza ekibuuzo bamemba banno ky'owulira nti kiyinza okutwala mu maaso omulimu guno. Mukozese ekiseera kino okutuunulira obubaka bw'omubuulizi oli ali ku lutambi (kino kyali mu by'akukulako mu ssomo ery'okuna). Kiki ekirimu nga kiyamba? Biki bye tuyize ebisobola okutuyamba okugenda mu maaso ng'ababuulizi b'enjiri? Weewale okubeera omuntu alondamu ensobi zokka mu bubaka bw'omuntu ate si kirungi kuwaanawaana nnyo. Tunuulira ebintu by'ayogerako okusinziira ku bwe biri mu byawandiikibwa. Birimu amakulu era ekinyusi akiggyeeyo bulungi? Obubaka yabutuusa bulungi eri abantu abo be yali abuulira enjiri.

ESSAALA

Commit the time to the Lord and pray over any situations, positive or challenging, highlighted in the catch up time.

OKUSOMESA (EDDAKIKA 20-30)

Ebisomesebwa tandika okubisoma obitegeere bulungi kubanga oyinza n'okukozesa ebigambo ebibyo mu kunnyonyola.

- Kale okusooka byonna mbaruulirira
- okwegayiriranga n'okusabanga
- n'okutakabananga n'okwebazanga
- bikolebwenga ku lw'abantu bonna;ku
- lwa bakabaka n'abakulu bonna; tulyoke
- tubeerenga n'obulamu obutereevu
- obw'emirembe mu kutya Katonda kwonna
- ne mu kwegendereza.Ekyo kye kirungi,
- ekikkirizibwa mu maaso g'Omulozosi waffe
- Katonda, ayagala abantu bonna okulokoka,
- era okutuuka mu kutegeerera ddala
- amazima.

TIMOSEEWO 1:2:1-4

Mu bbaluwa emberyeberye Pawulo gye yawandiikira Timoseewo abuulira omuyizi we engeri entuufu ey'okusabamu mu kkanisa ya Efeeso. Pawulo amugamba okuwaayo ennyo obudde eri okusaba, kubanga kino kisanyusa nnyo Katonda. Katonda ayagala nnyo abantu bonna bategeere emirembe egiri mu bwakabaka bwe. Essaala y'engeri yokka gye tusabamu Katonda atukolere ebyo by'asiima, akomyewo emirembe mu biseera eby'akavuyo era akomyewo obulamu awandibadde okufa.

Essaala gwe musingi gw'okubuulira enjiri era zino ziteeka amaanyi ga Katonda we gakolera. Gano tegakolera mu ga bantu wabula gakolera mu ga Katonda.

Edmund P. Clowney yagamba bwati,

- Bayibuli kigambo ky Katonda. Wano
- atunyumiza emirimu gye n'engeri gye
- yagikolamu okukomyawo omuntu eyali
- omugyemu gyali. Kino kitegeeza Katonda
- okunoonya omuntu abuze si so omuntu
- okunoonya Katonda. Bayibuli tetulaga ngeri
- ya kusaba yokka naye etulaga n'engeri
- gye tulina okusabamu nga twekwata ku
- Katonda. Era etulaga Katonda ng'atuyita
- nga tutunnamwanukula ate n'atwanukula
- nga tetunnamuyita (Isaaya 65:24)

Omukulembeze wa Amerika eyasookawo eyali ayitibwa Franklin Benjamin lumu yagamba nti, "Kasita olemwa okutegeka oba weetegekera kugwa kwo." Tulina okufuba okutegeka ennyo

emitima gyaffe ng'ababuulizi b'enjiri era nga tuggweredde mu tusaba mu bujjuvu era n'okuwanjagira Katonda. Ka nneeyambise ebigambo by'omukulembeze wa Amerika njogere bwenti,

- bwe tulemwa okwetegekera okusaba
- ng'ababuulizi b'enjiri tuba tw'etegekera
- kugwa ng'ababuulizi b'enjiri.

Wadde nga tusaba essaala mu bwesigwa obungi era n'enjiri ewagiddwa n'obubaka obulungi, abantu basobola bulungi okugaana enjiri. Amaanyi g'obulokozi Katonda yageesigaliza era mu kino tulina okumwesiga nti bwe tusaba n'atatuweerawo kye tuba tumusabye era aba ajja kukituwa (Abeefeeso 6:18-20). Ebiva mu kubuulira kwaffe okw'enjiri biri eri abo be tubuulira enjiri era ne Katonda yennyini nannyini njiri. N'olwekyo obuwanguzi bwaffe mu bigambo by'okubuulira enjiri tebupimibwa ku muwendo gw'abantu baba balokose kyokka, wabula bupimibwa ne ku buwulize bwe tulaga eri Katonda, ng'atukubiriza okusaba awamu n'okulangirira obwakabaka bwe.

Ensonga esingira ddala obukulu mu kusaba eri nti Katonda atulagira tusabe. Naye obwagazi bunu bulina okugenda nga bw'eyongera okuva ku kuwulira ebigambo bya Katonda nga tw'eyongera mu nkolagana ne Katonda kitaffe ali mu ggulu. Era tw'eyongere okumugulumiza era n'okunoonya obulungi bwe era n'emikisa gye eri obulamu bwaffe n'eri obulamu bwaffe era n'abo be tusabira. Buli lwe tw'eyongera okukula mu bigambo by'omwoyo tw'eyongera okuzuula amaanyi ga Katonda. Gye tukoma okweyongera okusaba gye tukoma n'okweyongera okumanya Katonda, nga mu kino tuba tusaba ebyo by'ayagala bikolebwe ku nsi.

Awo we mbuuliza nti tuli ku mutendera ki mu bulamu bwaffe ku kigambo ky'okusaba? Eriyo abo abajjumbira okusaba nga teri abajjukiza. Ate eriyo abo ab'okusindika obusindisi. Ababuulizi b'enjiri bwe baba bapima embeera eno basaana babuuze ebibuuzo bino "ku bigambo ebibiri okubuulira enjiri n'okusaba kiruwa kye nnyanguyirwa?" Mirundi emeka gyowulira essanyu okubuulira enjiri n'eyita mu budde obwakugereddwa, era mirundi emeka gy'oibera ng'osaba essaala naye ne yeeyongerayo n'esukka obudde obwo bwe wandibadde osabiramu?

Bwe tuba twagala okufuuka ababuulizi b'enjiri abalungi ennyo tulina okweyongera ennyo okujjumbira okusaba essaala. Obuwanvu bw'essaala gy'oba osaba si kigambo kikulu naye omutima oguboneredde era ogutya Katonda gw'ogisabiramu. Nga bwe tweyongera okusaba Katonda okuba mu masekkati g'obulamu bwaffe era n'obwo obw'abalala tulina okufuna amaanyi okumwekwatako ku buli kimu, buli kadde era awo w'ayinza okusiniira okutuwa emikisa ne tutambulira wamu naye ng'abantu.

Ekibuuzo: Katekisimu egwa mu kiti kya Westminster Shorter Catechism eyogera ku ssaala nga okwewaayo n'okuleka ebyo bye twagala ne tudda eri ku ebyo Katonda by'asiima, mu linnya lya Yesu Kristo nga twenenya ebibi byaffe, era n'okukkiriza nti ajjudde okusaasira. Ebigambo bino bikyusa bitya engeri gy'otegeeramu ekigambo ssaala, ng'okyesigamya ku kubuulira enjiri?

Okusukka ku kuwaayo obudde okusabira abalala ng'ekitundu ku kubuulira enjiri. Tulina okutegeera era n'okussa mu nkola ekigambo essaala mu ngeri ssatu nge twestegeka okubuulira abalala enjiri

- Ekisoka, ng'emu ku ngeri omubuulizi w'enjiri gy'ayinza okukulamu mu bigambo by'omwoyo, ng'omwana wa Katonda era omugoberazi omuwulize owa Kristo
- Ekyokubiri, ng'engeri ey'enjawulo amaanyi ga Katonda gye gasobola okukuleetera emikisa okuba omujulirwa era n'okukola ennyo mu ffe ate n'okujja obubuulizi bw'enjiri ku mutendera gw'okumanyisa omubuulizi w'enjiri oba n'obukkiriza, ku ogwo oguddako ogw'ofunyisa obulamu emitima egiba gifudde (Abakolosaayi 4; 2-6)
- Ekyokusatu, ng'engeri emu ey'okufuna eby'okulwanyisa eby'omwoyo okulwanyisa obulumbaganyi obuwa eri omulabe nga tugenda mu lutalo lw'ebigambo by'omwoyo (Abeefeeso 6:18).

Nga Pawulo bwe yazzaamu Timoseewo amaanyi, naffe buli omu azzeemu munne amaanyi, tufube nnyo tubeere abajjumbize

b'okusaba nga tusabira abantu bonna. Era kino kijja kusanyusa nnyo Katonda nga tuggweeredde mu maanyi ge , era nga tulina essuubi nti ensi egenda kumanya amaanyi ga Katonda ag'obulokozi

OKUKUBAGANYA EBIROOZO (EDDAKIKA 10)

Weekenenenye ebibuzo bino wammanga oba ebigambo ebyo ebikubaganyiziddwako ebirowoozo

- Maanyi ga bika ki eby'enjawulo g'obeera nago nga tonnabuulira njiri, oba okubuulira abantu ab'ekika ekimu b'oyagala bafuuke abajulirwa ba Yesu?
- Essaala oziraba nga zigwa mu buvunaanyizibwa bwo ng'omubuulizi w'enjiri? Bwe kiba kituufu lwaki kiri kityo?
- Ensonga ekwata ku ssaala ezo ezitannaba kw'anukulibwa era oyinza kuyamba otya omuntu okutegeera ekintu kino ssinga aba akubuuzizza ng'oli ku nsonga y'okubuulira enjiri?

- Okudda obuggya mu bigambo by'omwoyo kulina kutandikira ku kusaba nnyo ssaala.
- Kibanga bw'oba mu nnyumba ng'enzi nzigale naye n'owulira amatondo g'enkuba.
- Buli lw'oyongera okusaba ennyo mu kyama ojja kw'eyongera bw'eyongezi okufuna emikisa.

ANDREW MURRAY

ESSAALA (EDDAKIKA 20-30)

Muweeyo nnyo obudde okusaba mu ssomo lino era kino mukikole mu ngeri za mirundi esatu.

Muweeyo obudde nga buli omu asabira munne. Musabe Katonda abafuule abantu abeetowaze abeeyongera okukula mu nkolagana ennungi naye

Muweeyo obudde musabire ekitundu mwe muva, ekibuga oba ekyalo oba eggombolola. Musabe abo abaabula mu bigambo by'omwoyo beeyongere okulokoka era musabe Katonda awonye ensi yaffe. (Ai katonda mpa amaanyi ag'okugabana ebigambo by'omwoyo ne bannange, Ai katonda komyawo emitima egifudde gibe miramu)

Waayo obudde weesabire ggwe wennyini. Saba Katonda akuwe amaanyi ofune eby'okulwanyisa ebisaanidde okukola obulungi omulimu gwa Katonda nga weetegekera okulumba omulabe setaani

OKUSSA MU NKOLA BYE TUSOMYE (EDDAKIKA 5)

Funa olupapula owandiikeko abantu bataano mikwano gyo, ab'oluganda, abako, ab'ekinywi, ng'okimanyidde ddala nti bano tebategeera Kristo y'ani. Olukalala luno lutereke mu kifo w'osobolera okululabira buli kadde. Sabira abantu abo, saba Katonda abawe amaanyi n'amagezi bategeere amaanyi ga Katonda era abazze mu mbeera gye basoboleramu okumutegeera

OKUWA EMBALIRIRA (EDDAKIKA 15)

Mujjuze empapula ezikozesebwa okupima oba nga musobodde okutuuka ku bigenderwa b'essomo eryo era n'ebyo ebiyinza okuba nti bibasoomoozezza. Buli omu awe munne olapapula lwe abeeko ky'alwogerako. Mw'egattire wamu mu kusaba.

ESSOMO ERY'OMUKAAGA: OKWEWAAYO KW'OMUBUULIZI W'ENJIRI

Ng'ababuulizi b'enjiri tulina okukiraga nti engeri gye tw'eyisaamu nga tuli ku kituuti ekibuulira enjiri teyawukana n'eyo gye tw'eyisaamu nga tukivuddeko. Kino tusobola tutya okukikola? Wano tutunuulira okwewaayo okugumidde mu bigambo by'omwoyo era ne mu bulamu bwaffe ng'abakkiriza n'engeri gye tutambulamu ng'ababuulizi b'enjiri.

ESSOMO MU BUFUNZE

Okwewaayo ng'ababuulizi b'enjiri kitutwala mu kifo eky'obutukuvu bwe tubeera mu butukuvu ne Katonda kitaffe omutukuvu, ekyongera okututegeka okufuuka ababaka b'obwakabaka abeetegeese okutwala mu maaso obubaka obuba bujjudde essuubi ku mimwa gyaffe ate nga kino kirina kulagibwa ne mu mitima gyaffe.

EBIKWATA KU SSOMO LINO

Returning from their annual pilgrimage to Jerusalem for the Nga bakomawo okuva mu kulamaga kwabwe okwa buli mwaka e Yerusalemi, Malyamu ne Yusufu baakizuula nti Yesu yali ababuzeeko. Nga wayise ennaku ssatu baamulaba. Baamusanga n'abasomesa mu yeekaalu. Yesu yali atudde mu masekkati g'abasomesa ba kalimagezi, ng'abawuliriza n'obwegendereza kyokka nga mu ngeri y'emu nabo baamwewuunya kubanga yali ategeera nnyo ebyawandiikibwa ebitukuvu ku myaka egyo 12 gye yalina. Malyamu yabuuza Yesu lwaki teyalina bweraaliikirivu nga tali na bazadde be. Yesu yasigala ekibuuzo kino kumubuzaabuzizza.

Kye kyava ekibuuzo kino kibuzaabuza Yesu, ye ku lulwe yakiraba nga omuntu abuze y'oyo aba tamanyi w'ali. Naye lwaki baali tebayinza kukitegeera nti yali mu nnyumba ya kitaawe.

Mu nnyumba ya kitaawe eno waateekeddwa okubeera. Kiringa omuntu bw'anadda awo ne yeebuuzza pulezidenti wa Amerika wa waabulidde, kyokka bw'aba amunoonya mu

nnyumba ye entongole ey'obuweereza gye bayita White House n'amusangayo ng'atudde akakkalabya mirimu ate ne yeewuunya. Takoma awo ate n'atandika okumubuuzza nti, "obadde obuulide wa ow'ekitiibwa pulezidenti?"

Lukka atunyumiza olulimi olw'enjawulo Yesu lwe yakozesa okwanukula Malyamu era luno lulaga nti alina engeri ey'enjawulo gy'atabaganamu ne Katonda. "Tomanyi nti nteekeddwa okubeera mu nnyumba ya kitange?" (Lukka 2:49). Teri kigambo kinene kisinga kino mu byawandiikibwa kubanga Yesu alaga nti mwana wa Katonda.

Omulumu gw'omusalaba gutegeeza nti kisoboka bulungi ffe okutwalibwa ng'abaana ba Katonda era ne tubalibwa wamu naye. Awo we mbuuliza nti okiwulira otya nga ggwe omu ku abo ababalibwa nti oli mwana wa Katonda.

Mu mutima guno ogw'okwewaayo mwe tuzuulira nti ki kye tuli mu mazima. Twongera okukula mu bigambo by'omwoyo, tulongoosebwa ate ne tuwebwa n'obugumu. Tuggibwako ebibi bye tukola, ate ne tusomesebwa obulungi bwe tuyinza okukola. Mu kwewaayo tusemberera obutuukirivu bwa Katonda. Okwewaayo kintu kikulu kubanga eri omukkiriza kye kimufuula omutukuvu ate nga kikulu eri omubuulizi w'enjiri kubanga enjiri eteekeddwa okubuulirwasa abantu abatukuvu

Katonda atubuuzza mu ddooboozi ery'obuvumu nti, "mubadde ludda wa?"

EBIGOBERERWA KU SSOMO LINO

OKUMANYAGANYA (DDAKIIKA 10-20)

Mw'eyongere okumanyagana, nyumiza munno by'omanyi, era buuza ekibuuzo bamemba banno ky'owulira nti kiyinza okutwala mu maaso omulimu guno. Mukozese ekiseera kino okutuunulira enkalala ziri ze mw'awandiise ez'abantu abataano abatakkiriza Yesu (kino kyali mu by'akukolako mu ssomo ery'okutaano). Kiki kye beeyongeddeko mu kubasabira buli lunaku?

ESSAALA

Muweeyo obudde okusaba n'okuwanjagira naddala ku ebyo ebizibu ebitasoboka bantu ate ebimu bammemba babyogeddeko wali mu kiseera kye tumaze okulaba eky'okumanyagana

OKUSOMESA (EDDAKIIKA 25-35)

Ebisomesebwa tandika okubisoma obitegeere bulungi kubanga oyinza n'okukozesa ebigambo ebibyo mu kunnyonyola.

• Awo ku makya ennyo nga bukyaali kiro
• n'afuluma n'agolokoka n'afuluma n'agenda
• mu ddungu , n'asabira eyo.

MAKKO 1:35

Tulina okuwaayo obudde n'okwewaayo okukola omulimu gwa Katonda. Bangi tuwaayo obudde ku buvunaanyizibwa bw'aboluganda n'emikwano bafuke abantu abalungi era ebirooto byabwe bituukirire. Abalala beewaayo ku by'emizannyo ng'omupira.

Yesu yeewaayo mu buli kimu. Eri abooluganda lwe. Yayagala nnyo okumanya ebikwata ku nnyumba mwe yazaalirwa . Era bino yali alina kubiyigira ku bba wa Malyamu Yusufu.Yalina okwewaayo eri nnyina Malyamu era yakubiriza omutume Yokaana amulabirire nga ye afudde, azuukidde era ng'alinye mu ggulu.

Kiki Yesu ky'ategeeza bw'agamba nti alyawukanya kitaawe n'omwana, era omwana ne kitaawe (Lukka 12:53). Kino okukitegeera

obulungi tulina kutunuulira kwewaayo kwe eri kitaawe alii mu ggulu okukola ebyo by'aba ayagala.Kino ky'amuvirako okulekayo ebirala byonna, ne bwe byandibadde nga birungi. Yesu yali ategeeza nti olina okwawukana ne bazadde bo, wabula kye yali ategeeza kyali nti ekintu kyonna ekikuggya ku mulamwa gw'okusinza Katonda kibeera kibi, kikufuula atali mutukuvu. Era engeri yokka gye tusobola okufuukamu abatukuvu kwewaayo eri bigendererwa bya Katonda., .

Ekibuuzo: Bintu ki ebikulemesa okwewaayo eri Katonda wo? Yogera ku bintu ebyo by'olaba nga si bibi naye ate nga bisobola okufuuka ebibi era ne bifuuka emiziziko eri okusinza kwo Katonda.

Kisoboka okufuuka omuntu eyeewaddeyo ennyo ku kigambo ky'okubuulira enjiri okusinga okwewaayo eri Kristo yennyini! Ekyo kikyamu tuliwo kusinza kabaka si so buweereza bwaffe. Tulina okuggweera ennyo mu bigambo by'omwoyo ebya Katonda.

Ky'ova olaba nga Yesu mu byonna bye yalina yasooosowaza nnyo kitaawe bye yali ayagala bikolebwe ku nsi . Yatwalanga obudde okukola olusirika, okusaba ate n'okuwuliriza. sYesu okubeera ne kitaawe yali akiraba ng'ekyennyanja bwe kibeera mu mazzi. Enjiri nga bwe yawandiikibwa Makko etubuulira emirundi esatu Yesu we yakolera olusirika okweyongera okussa ennyo omulaka ku mulimu gwa Katonda.

- Makko 1;35-39 Yazuukuka ku makya nnyo okusaba mu kifo ng'ali yekka
- Kino tukiyigiramu ngeri y'okufuna obubaka okuva eri Katonda?
- Makko 6;45-46, yalinnya ku lusozi waggulu okusaba.
- Kino tukiyigiramu ki ku ngeri y'okufuna okuzibwa obuggya okuva eri Katonda?
- Makko 14:32-41 Asaba mu lusuku Gesusameene nga tannaba kukwatibwa

- Kino tukiygiramu ngeri y'okuddira obuzito bwe tuba tulina ne tusalawo okubukwasa Katonda?

Okusaba mu mbeera eya bulijjo kintu kikulu nnyo naye ate okuwaayo obudde ne tubusaddaaka nti buno bwa kusaba oba kusoma byawandiikibwa bitukuvu kisukkawo mu bukulu. Eriyo abjumbira ennyo okusaba naye nga tebjumbira kusoma byawandiikibwa. Abalala bagenda nnyo mu misomo egisomesa Bayibuli naye ate nga tebjumbira kusaba. Kiba kikulu nnyo wakiri okusomayo essuula bbiri ez'ebyawandiikibwa ate zino ne zifuuka ekikuyamba okusaba ng'osinziira ku bubaka obuba buzirimu n'engeri gye butuukira ku bulamu bwaffe obwa bulijjo. Era kiba kirungi okuwaayo obudde okusinza awamu n'okugulumiza Katonda waffe, ate n'okuleeta ebyo bye tumusaba mu maaso ge.

Yesu yali talina kibi kyonna n'olwekyo yali tateekwa kwejjusa nay yali alina okuyigiriza abayigirizwa be ekintu kwejjusa. Agamba bwati "tusonyiwe ebibi byaffe." (Matayo 6, Lukka 11). Zabbuli 51 tterekero ly'amagezi erijjudde okwenenya ate n'okwebuulirira.

Omutendera ogusooka ku butukuvu kukkiriza nti Katonda mutukuvu ate nti ffe tetuli. Tumwetaaga nnyo, era bwe tubeera nga tuwaayo obudde buli lunaku okutambulira mu kubeerawo kwe, era n'ammanyi ge agakyusa omuntu, awamu n'okwagala kwe tulina okukimanya nti tetusobola kusigala kye kimu. Amaanyi gano agakyusa omuntu bwe bujulizi obw'enkukunala nti enjiri erina amaanyi agawonya. Buli lwe tw'eyongera okulangirira amawulire gano amalungi eri omuntu agakwata ku Yesu, abo be tugabuulira beeyongerako nnyo by'omwoyo nga bongera okulowooza n'okufumiitiriza ennyo ku mulimu gwa Katonda nga batunuulira okwewaayo kwaffe ng'ababuulizi b'enjiri.

Yesu atukubidde ekkubo ery'okufuuka abatukuvu ng'ayitira mu mulimu gwe ogw'obulokozi gwe yakola ku musalaba. Atuyita okulekayo embeera zaffe ziri ezedda era n'okumwesiga. Nga bwe tutambula mu bulamu obupya tulina okujjukira nti Yesu atulaze engeri gye tulina okutambulamu mu bulamu obuggya nga tutambulira mu butuukirivu obujjudde okwewaayo ennyo eri Katonda.

OKUKUBAGANYA EBIROWOOZO (EDDAKIKA 20)

Weekenenenye ebibuzo bino wammanga oba ebigambo ebyo ebikubaganyiziddwako ebirowoozo

- Obulamu bwo obw'okusaba awamu n'okwewaayo okusoma ebyawandiikibwa oyinza kubwogerako otya?
- Osobola okulaba okufaanagana wakati w'embeera yo ey'okwewaayo n'omutindo gw'okubuulira kwo okw'enjiri?
- Oyinza otya okufuuka omuntu eyeetegeese okuyiga ebirala, okwezza obuggya, ate n'okwenenya nga kiyitira mu kwewaayo mu sabbiiti ezijja?

- Omugaso gw'okubeera abakkiriza ebigambo bya mwoyo kubeera ba ddembe. Bwe tuva ku mulamwa guno ne twesiba ku mateeka tuyinza okufiira eddembe erigendera ku kwewaayo. Buli kiseera twesibe ku Kristo era tutunulire empisa mu bigambo by'omwoyo nga engeri ey'okutusembeza ennyo okumpi n'omutima gwe.

RICHARD POSTER

OKUSSA MU NKOLA BYE TUSOMYE (EDDAKIKA 5)

Tandika okusaba nga weeyambisa zabbuli. Era buli lunaku waayo akadde osabe ate era weeyongere n'okusoma Bayibuli. Bw'obeera ng'osobola okukikola n'omalako omwezi kiba kintu kirungi. Oyinza okukola kino ng'osoma zabbuli emu ku emu oba okugoberera entegeka ennungamu nga eya Tim Keller 'My rock, My refugee, A year of Daily devotions in the Psalms.'

ESSAALA

Weebaze Katonda kitaffe nti ayagala nnyo okolagane bulungi naye. Weeweeyo mu bulamu obujjudde okwewaayo mu bigambo by'enzikiriza era oleme kubeera ow'okumanya okutono mu bigambo by'omwoyo wabula oyo aggumidde ennyo mu bigambo ebyo. Saba Katonda akufuule omutukuvu nga ye bwali omutukuvu, era nga n'okukyusibwa mu bulamu bwo kubeera omusingi okuzimbiddwa okubulira enjiri.

OKUWA EMBALIRIRA (EDDAKIKA 15)

Mujjuze empapula ezikozesebwa okupima oba nga musobodde okutuuka ku bigenderwa b'essomo eryo era n'ebyo ebiyinza okuba nti bibasoomoozezza. Buli omu awe munne olapapula lwe abeeko ky'alwogerako. Mw'egattire wamu mu kusaba.

ESSOMO ERY'OMUSANVU: OBUMALIRIVU BW'OMUBUULIZI W'ENJIRI

Mu ssomo lino tugenda kw'eyongera okwogera ku bukulu bw'obutukuvu nga bwe bw'ogerwako mu ssomo lye tukubye emabega, nga kino bwe kikwatagana obulungi ne ngeri ya Katonda, essuubi ly'enjiri ate n'obulamu bw'omubuulizi w'enjiri. Tugenda kutunula ku kuwa embalirira nga bwe kiri ekikulu ennyo mu bigambo by'ebyomwoyo.

ESSOMO MU BUFUNZE

Katonda ayagala nnyo abantu be babeere batukuvu nga ye, era okubeera abamalirivu eri Mwoyo Mutukuvu n'okuwa embalirira bintu bikulu mu lugendo lw'okweyongera okufuuka omuyigirizwa.

EBIKWATA KU SSOMO LINO

Ebigambo obutukuvu ne omutukuvu mu Bayibuli by'eyoleka emirundi egisoba mu 900 okusinga ebigambo kwagala, kukkiriza, kusonyiwa, kusaba nga obigasse wamu. Obutukuvu gwe mulamwa omukulu mu Bayibuli, era Katonda ayagala nnyo gusoosoowazibwe mu bulamu bwaffe

Katonda mutukuvu kino kitegeeza nti ateeddwa ebbali olw'okukola obwakatonda bwe. Atuukiridde, wa buyinza, wa kitiibwa era teriiyo mulala amufaanana. . Bwe tutaba batukuvu kiba kitegeeza nti tugaanye okutuuka

ku mutindo gwa Katonda. Pawulo mu bbaluwa eri Abebbulaniya 12:14 atugamba nti abatukuvu be bokka abalisobola okusemberera Katonda. Era ne Yesu atugamba nti abalina emitima emirongoofu baliraba (Matayo 5:8) Obutaba batukuvu kibi nnyo gye tuli nga ffe abantu bwe tunaabeera nga tunaazimba enkolagana ne Katonda. Abatali batukuvu basobola batya okufuuka abatukuvu basobole okukkirizibwa Katonda era n'okusembera mu bwakabaka bwe?

Ekizzaamu amanyi Yesu yalaga engeri abatali batukuvu gye basobolamu okuyingira mu bulamu obutuukiridde obwa Katonda omutukuvu era ne babeera mu ye (Abeefeeso 5:25-26). Abo abassa obwesige mu Kristo bagabana naye obutuukirivu era ne bayingira mu bulamu obupya obwamazima ate nga butukuvu.

Obutukuvu era buli ne mu bubaka bwa Yesu ku munnyo (Matayo 5:13). Omunnyo oguggwaamu ensa teguba munnyo mutufu.. Naffe bwe tuggwaamu ensa mu bigambo by'obutuukirivu obubaka bwaffe buba bufuuse obutalina makulu.Wadde nga obulamu bwaffe buba mu mbeera y'emirimu egiba gikyakolebwa ku mbeera y'obulamu obutaggwaawo,tusaana tube kyakulabirako ensi eryokke esobole okukkiriza nti ebigambo by'enjiri bye tubuulira abantu bijjudde mazima n'obutuukirivu.

Enjiri ntukuvu ate era ewa obujulirwa ku Katonda omutukuvu eyakola omulimu mu mbeera ey'obutukuvu okusobozesa abantu abataali batukuvu okukomezebwawo mu mbeera entuufu ey'obutukuvu, eyaabo abeetegese okuyingira obwakabaka obutukuvu.

EBIGOBERERWA KU SSOMO LINO – SESSION GUIDE

OKUMANYAGANYA (DDAKIIKA 10-20)

TMw'eyongere okumanyagana, nyumiza munno by'omanyi, era buuza ekibuuzo bamemba banno ky'owulira nti kiyinza okutwala mu maaso omulimu guno. Mukozese ekiseera kino okusaba abantu bababuulire ebyo bye basanze oba ebibatuuseeko mu kusoma ennyo Zabbuli ne bayibuli era n'okujjumbira okusaba (kino kyali mu by'akukolako mu ssomo ery'omukaaga).

ESSAALA

Muweeyo obudde okusaba n'okuwanjagira naddala ku ebyo ebizibu ebitasoboka bantu ate ebimu bammemba babyogeddeko wali mu kiseera kye tumaze okulaba eky'okumanyagana

OKUSOMESA (EDDAKIIKA 30-40)

Ebisomesebwa tandika okubisoma obitegeere bulungi kubanga oyinza n'okukozesa ebigambo ebibyo mu kunnyonyola. Mu ssomo lino mulimu ebitundu bisatu ebya Bayibuli.

1. KATONDA YE YEKKA Omutukuvu

- Era ndimanyisa erinnya lyange ettukuvu wakati mu bantu bange Isiraeri; so siriganya erinnya lyange ettukuvu okulivuma nate: kale amawanga galimanya nga nze Mukama, Omutukuvu mu Isiraeri.

EZEKYERI 39:7

Bayibuli etubuulira Katonda tusobole okumusinja mu mwoyo ne mu mazima. Bwe tukizuula nti Katonda ali omu ayogerwako mu busatu (Katonda kitaffe, Katonda mwana ne Mwoyo Mutukuvu) atuukiridde tabulako era kabaka.

Bayibuli etulaga nti mutukuvu. Kino kikulu nnyo ku mbeera ye. Kitegeeza nti teri amufaanana era ayawukanye ku balala. Era kino Katonda ky'ayagala mu bantu be nti tufuuke batukuvu nga tw'awuddwa ku balala mu kusinja kwaffe

n'obuwulize gyali, era abantu abtuukirivu (Ebyabaleevi 11:45). Obutalaga butuukirivu mu ffe oba obuteefaanyiriza butuukirivu bwa Katonda kitufudde abatali balungi eri abantu. Obwakabaka bwa Katonda butuukiridde, naye tusazeewo kutambulira mu butali butuukirivu n'okwejja mu kubeerawo kwe gye tuli.

2. OBUTUUKIRIVU BWA YESU BUSOBOZESA OBUTUUKIRIVU MU BAGOBEREZI BE

- naye oyo, kubanga abeerera okutuusa emirembe gyonna, alina obwakabona obutavaawo. Era kyava ayinza okulokolera ddala abajja eri Katonda ku bubwe, kubanga abeera mulamu ennaku zonna okubawolerezanga. Kubanga kabona asinga obukulu afaanana bw'atyo ye yatusaanira, omutukuvu, ataliiko kabi, ataliiko bbala, eyayawulibwa eri abo abalina ebibi, era eyagulumizibwa okukira eggulu; atawalirizibwa, nga bakabona abasinga obukulu bali, okuwangayo ssaddaaka buli lunaku, okusooka olw'ebibi bye yennyini, oluvannyuma olw'ebyo eby'abantu: kubanga okwo yakukolera ddala omulundi gumu, bwe yeewaayo yennyini. sKubanga amateeka galonda abantu okuba bakabona abasinga obukulu, abalina obunafu; naye ekigambo eky'ekirayiro, ekyaddirira amateeka, kyalonda Omwana, eyatuukirizibwa okutuusa emirembe gyonna.

ABAEKIBULANIYA 7:24-27

Tw'atondebwa mu kifaananyi kya Katonda era tusobolera ddala okufuuka abatukuvu ba Katonda, naye ekitufuukira enkonge ku nsonga eno kubeera bajeemu. Katonda ssinga asalawo okukkiriza obutali bulungoofu, ne bwe bubeera butono nnyo okuyingira mu bwakabaka bwe, obwakabaka bwe bujja kulekera awo okuyitibwa obulongoofu. N'olwekyo buli lwe tugaana okulongooka tuba tw'egobyee ffekka mu bwakabaka bwa Katonda era ne tuggalira n'emikisa gye ebweru.

Bayibuli etugamba nti Yesu yatwala ekifo kyaffe ku musalaba n'atwala okufa okw'andibadde okwaffe. Kyeyava asobola okutwala ekifo kyaffe lwakuba nti yali mutukuvu (teyaliiko bbala oba bulema bwa kibi). Obujeemu bwaffe ng'abantu bw'asulwa obulungi bwa Yesu eyatuukirira

nga taliiko bbala. Bwe kityo buli Katonda lw'atunuulira abo abakkiriza Yesu abalabira mu kiti kya kubeera batuukirivu si so mu ky'akubeera nga si batuukirivu.

Ka tukitunuulire mu mbeera bw'eti. Wesse mu kifaananyo ng'oyambadde olugoye olukulabisa nti onyumye nnyo. Katugeze wali ogenda ku mbaga. Bwe wafuluma mu nnyumba okudda ku luguudo wenna n'ogaaga ng'owulirira ddala onyumye. Kino bwe kibeera ng'okkirizza Yesu. Buli lw'okkiriza Yesu Bayibuli etugamba nti Katonda atuwa omuganyulo ku akawunta yo n'agijjiza obutuukirivu. (Abaruumi 8:18, Abafiripi 3:9, Abakkolinso 1;1:30)

Pawulo atugamba nti mu kifo ky'okumatiza okuyaayaana kw'omubiri, tusaana tw'eyambaze Kristo ng'olugoye. Wano tulina kwambala obulungi bwe (Abaruumi 13:14) Kigeraageranye ne Yakobo. Ye mu byawandiikibwa agamba abantu nti beggyeko obutali butuukirivu oba obujama bw'obugwenyufu (Yakobo 1:21) Tulina okweggyako ebyo byonna ebiremesa Katonda okutuwa emikisa tubisikize ebyo by'ayagala nga kino kwe kukkiriza Kristo Yesu.

Baali bakugobyeko awantu wonna kubanga oyambadde bubi? Okuyingira obwakabaka bwa Katonda toyingirayo ng'oyambadde bubi. Okwambala obulungi kitegeeza kubeera na butukuvu. Yambala Kristo onyume osobole okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda. Eno y'engeri yokka gy'osobola okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda.

3. OKUGGWERA MU MWOYO MUTUKUVU, OKWEFUGA WEKKA OBALE EBIBALA EBY'OMWOYO

- Era okufuuka abaggya mu mwoyo
- ogw'ebirowoozo byammwe, Okwambala
- omuntu omuggya, eyatondebwa mu
- kifaananyi kya Katonda mu butuukirivu ne
- mu butukuvu obw'amazima.

ABEEFEESO 4:22-24

Katonda ayagala nnyo tw'eyonere okukula mu bigambo by'omwoyo nga twewala okuddamu ensobi ze zimu ze tw'akola edda. Tubikkiddwa ekisa kye naye tuteekwa okubeera nga tugenda mu maaso mu kukula mu bigambo by'omwoyo. Tulina okubeera abawulize eri Katonda era nga tujjukira Kristo n'omusaayi gwe ogw'ayiika

okututufuula abatukuvu era ab'eddembe. Olugendo lw'obugoberezi bwa Kristo lubeera bwe lutyo, lutandikira mu kuzaalibwa buggya ne lw'eyongerayo eri obulamu obupya obw'okutukuzibwa.

Kino kyongerera kutuwa bukakafu bwa kutukuzibwa na kuyingira mu bulamu obutaggwaawo era n'engeri entuufu gye tulina okutambulamu mu bulamu bw'ensi.

Okukyusibwa okugwawo mu bulamu bw'omugoberezi, Pawulo akwogerako n'amaanyi mangi mu bibala by'omwoyo nga bino bisibuka mu bulamu bw'omukkiriza (Abaggalatiya 5:22-23). Ekisemberayo ddala mu bibala ebyo ye muntu okwefuga yekka. Katonda nga yeeyambisa Mwoyo we Omutukuvu atuwa amaanyi agatusobozesa okwefuga fekka. (Abafiripi 2:12-13).

Ekyo nga tumaze okukitegeera ka nkuwe engeri za mirundi ena eziyinda okutusobozesa okukula mu butukuvu n'obuwulize eri Katonda:

OKWEWEERAYO DDALA

Buli lwe tumala obudde obungi mu mirimu gya Katonda gye tukoma okw'eyongerera okumanya ebyo Katonda by'aba ayagala tukole. Ate bwe tuwaayo obudde bwaffe mu kusaba kitwongera nnyo okufuna omukisa okwogera ne Katonda era n'atuyamba okuvunuka obunafu n'ebikemo ebitusanga. Buli lw'omala obudde ne Yesu kikwongerera okutegeera obukulu bw'okubeera omutukuvu ate ne kikuwa amaanyi g'okufuuka omutukuvu.

OKUMANYA EMBEERA YO

Buli lwe weyongerera okusoma ennyo ekigambo kya Katonda kikuyamba okwekebera obulamu bwaffe ne kitwongera okumanya embeera yaffe. Tumanya obunafu bwaffe, era n'engeri ze tuyinza okukozesa okubweyambula.

ABANTU B'OWANGAALA NABO

Obulamu obulungi tetubutuukako lwa kwewaayo kwokka naye n'okuwaayo obulamu bwaffe eri abo be tubeera nabo. Tusaana okutunuulira abo abatuliraanye engeri gye baba beeyisaamu.. Tweyisa bulungi gye bali, tubakoppako ebirungi bye baba nabo kino ne kitusobozesa okutambula mu lugendo

olulagirwa abantu ba abanaabalibwa nti baana ba Katonda.

OKWENENYA

Yakobo atukubiriza okwenenya ebibi byaffe eri bannaffe, kino kituyamba okwepimamu (Yakobo 5;16) Okuzuula emikwano egy'amazima gy'osobola okwesigira ddala, nga gitambulira mu bwerufu kikulu nnyo. Omulabe wo yandyagadde nnyo okukukuumira mu nzikiza asobole okukufuula ekyenyinylwa era ekisekererwa. Naye Katonda atuyita tutambulire wamu. Buli omu ayagala afube okugolola ensobi za munne batambule ng'abantu ba Katonda abalungi', kimusobozesa okubananulira ddala. Okulemererwa Katonda takyagala era okwepimamu ne tuwa embalirira y'engeri yokka gye tuyinza okutambuzaamu olugendo lwaffe n'okuggweera obulungi mu kisa kya Katonda.

Ng'ababuulizi b'enjiri obubaka bwe tuteekwa okubuulira abantu si obwo obugenderera abantu bawulira era batwanukule, naye obwo obugenderwamu okuteekawo oluserengende lw'abagoberezi ba Kristo. (Abakolosaayi 1:28-29). Kino kirina kukolebwa bagoberezi abo abatuufu. Ky'abantu batukuvu abayinza okuyimirira ku butukuvu.

OKUKUBAGANYA EBIROWOOZO (EDDAKIKA 15)

Weekenenye ebibuzo bino wammanga oba ebigambo ebyo ebikubaganyiziddwako ebirowoozo

- Osobola otya okunnyonyola obutukuvu bwa Katonda eri omuntu atamumanyi?
- Oyinza otya okwambala engoye eziggyayo Kristo Yesu?
- Kiki ekikuyamba oba ekikuziyyiza okutambula obulungi banno ne bakulaba ng'omuntu atambulira mu butukuvu?

• *Bw'oba olowooza nti osobola okutambulira mu butukuvu nga tokuumye kussa kimu na Kristo oba weerimba. Bw'oba ow'okubeera omutukuvu olina kubeera kumpi ne Yesu.*

CHARLES SPUGEONS

OKUSSA MU NKOLA BYE TUSOMYE (EDDAKIKA 5)

Bw'oba nga obadde tolina mikwano gye weesiga (egitali gino egiri mu kabondo kano) nga musisinkana nagyo buli kiseera era nga gino gya mazima myesigwa tandika okulowooza gy'oyinza okufuna mu bwangu ddala. Abadde agirina era nga mutambula nagyo mu mbeera entuufu buulira oyo atannagifuna era omubulire n'omuganyulo ogukirimu

ESSAALA

Weebaze obutukuvu bwa Katonda kitaffe ng'oyita mu ssaala. Musabe akusonyiwe olw'obujeemu bwo gyali. Weebaze Yesu olw'omulimu gwe ogw'obulokozi ogukuleetera okugabana obutuukirivu. Saba Katonda ayongere okukola ennyo mu bulamu bwo weeyongere okuba omutukuvu. Salawo okutambulira mu mpisa n'okwefuga ggwe wennyini, era saba Mwoyo Mutukuvu akuyambe okusaanira ekyo.

OKUWA EMBALIRIRA (EDDAKIKA 25)

Mujjuze empapula ezikozesebwa okupima oba nga musobodde okutuuka ku bigenderwa b'essomo eryo era n'ebyo ebiiyiza okuba nti bibasoomoozezza. Buli omu awe munne olapapula lwe abeeko ky'alwogerako. Mw'egattire wamu mu kusaba.

ESSOMO ERY'OMUNAANA: EBIKOLA OMUBUULIZI W'ENJIRI

Abakkiriza abasinga okubalibwa mu butukuvu b'ebo abawombeefu, n'olwekyo okiraba otya bwe tubeera abawombeefu mu kubuulira kwaffe okw'enjiri?

ESSOMO MU BUFUNZE

Obuwombeefu kye kisaanyizo ekiteekwa okusooka mu ebyo omubuulizi w'enjiri by'alina okubeera nabyo. Kino tukikoppa ku Kristo Yesu ate nga Mwoyo Mutukuvu ayongera n'akirongoosa mufte era n'akituweeramu obusobozi ku lw'ekitiibwa kya Katonda.

EBIKWATA KU SSOMO LINO

Amangu ddala nga Malayika Gabudyeri abuulidde Malyamu nti agenda kuzaala omwana ng'olubuto lwa Mwoyo Mutukuvu, omulamwa omutufu ogukwata ku buwombeefu we gutandikira. Malyamu yeebaza Katonda era n'ayongera n'okumusinja olw'okumulaba n'amulondayo mu bangi ng'omuweereza we omwesigwa. Asigala yeebuuzza nti ndi muwala owa bulijjo era omwawu naye lwaki Katonda alonze nze?

Wali weebuuzizza lwaki Katonda yandyagadde okukukozesa?

Oluusi tulwoozza nti Katonda atulonda olw'okuba nti tuliko ebitone oba talanta ez'enjawulo . Katonda talonda bantu lwa kuba na talanta za njawulo, ekisaanyizo ky'asinzirako kya muntu kubeera muwulize. Malyamu ayongera kuyimba na kunoogaanya nsonga engeri Katonda gy'asaasaanyaamu ab'amalala ate n'akungaanya abagonvu. Ng'omuwala Omyudaaya era eyali amanyi obulungi endagaano enkadde yandibadde alina ebyo bye yeenyumiririzaamu ebyamufuula nti Katonda yali amumanyi enkola ye. Naye kati enkola eno yali agiraba ye yennyini. . Katonda buli kiseera asalawo okukozesa abawombeefu okutuukiriza ekigendererwa kye mu ngeri ze tutasuubira, ngawakanya amagezi ag'abantu abalyammere

ate ne yeesigama ku maanyi ag'ekisa ng'ayita mu bantu abanyoomebwa. Omutendera ogusooka ng'omuntu anaakozesebwa Katonda kwe kutegeera nti ye y'amala ebintu byonna.

Yesu yazaalibwa mu kifo ekinyoomebwa. Kabaka wa bakabaka yazaalibwa mu kiraalo era n'ateekebwa mu kinywerwamu ensolo ezirundibwa. Kabaka aijudde obugagga bw'omwoyo n'ekitiibwa laba embeera y'obwawu gy'azaalibwamu. Okututabaganya n'omutonzi kw'atandikira mu mbeera ya buwombeefu.

Mu Isaaya essuula 53, tulaba okubonaabona kw'omuweereza wa Katonda alifumitibwa olw'ebibi byaffe. Ate ne Yesu akyogera lunye teyaja kuweerezebwa wabula okuweereza. Kino akiraga bwe yanaaza abayigirizwa ebigere. Era akitulaga ng'akkiriza okukola Katonda by'ayagala bikolebwe nga kino kyali mu lusuku Gesusameene. Baamukuba, ne bamusamba, ne bamuwandulira amalusu naye teyayanukula muntu yenna nti yeerwanako. Wano tulaba kabaka omuweereza awangula ekikolimo ky'amalala mu bantu nga yeeyambisa amaanyi g'obuwombeefu.

Katonda awonya abantu be mu ngeri yennyii eyo gye batambulamu. Amalala ge gavaako okuzikirira kwaffe ate obuwulize ne butuyamba okukomawo gye tuli.

- Kubanga mutegeera ekisa kya Mukama
- waffe Yesu Kristo, nti bwe yali omugagga,
- naye n'afuuka omwawu ku lwammwe,
- obwawu bwe bulyoke bubagaggawaze
- mmwe.

2 ABAKKOLINSO 8:9

EBIGOBERERWA KU SSOMO LINO

OKUMANYAGANYA (DDAKIIKA 10-20)

Mw'eyongere okumanyagana, nyumiza munno by'omanyi, era buuza ekibuuzo bamemba banno ky'owulira nti kiyinza okutwala mu maaso omulimu guno. Gamba abantu nga bali mu bubinja obutonotono buli omu abuwulire munne ekizibu kimu oba okusumululwa kye yeesangamu okuva lwe mw'asembayo okusisinkana.

ESSAALA

Muweeyo obudde okusaba n'okuwanjagira naddala ku ebyo ebizibu ebitasoboka bantu ate ebimu bammemba babyogeddeko wali mu kiseera kye tumaze okulaba eky'okumanyagana.

OKUSOMESA (EDDAKIIKA 25-35)

Ebisomesebwa tandika okubisoma obitegeere bulungi kubanga oyinza n'okukozesa ebigambo ebibyo mu kunnyonyola.

- Mmwe mubeerengamu okulowooza kuli, era okwali mu Kristo Yesu; oyo bwe yasooka, okubeera mu kifaananyi kya Katonda, teyalowooza kintu ekyegombebwa okwenkanankana ne Katonda, naye yeggyako ekitiibwa, bwe yatwala engeri y'omuuddu, n'abeera mu kifaananyi ky'abantu; era bwe yalabikira mu mutindo ogw'obuntu, ne yeetoowaza, nga muwulize okutuusa okufa, era okufa okw'oku musalaba.

ABAFIRIPI 2;5-8

Bwe yali ayogera ku kigambo buwombeefu C.S. Lewis yakozesa ebigambo bino, "obuwombeefu obutuufu tekitegeeza kweroowoozaako ng'omuntu owa waggulu wabula ng'omuntu owa wansi."

Bayibuli tetusuubira kwetwala ng'abantu aba wansi. Katonda akulabamu omugaso era akubala nti oli wa maanyi Naye okwetwalira

waggulu kutuleetera okufuuka ab'amalala era ekiddirira tufuuka abakozi b'ebibi. Naye tetulina kw'enyooma kubanga bwe tukikola kituleetera okufuuka abatali mu luse lwa baana ba Katonda. . Era kino kinyoomesa obwakabaka bwa Katonda.

Amalala gatuula ku ntobo y'okukola ebibi Engero 11:2 wagamba bwe wati, "amalala lwe gajja lwe wajja n'ensonyi. Naye amagezi gaba n'abeetowaza" (Engero 11:2). Bayibuli ekkaatiriza obukulu bw'okubeera abawombeefu. Kino kikontana n'okubeera ab'amalala, era tukomekerezza nga nga tujaguza emikisa egiva mu kintu kino.

Tuli mu mbeera ey'abantu abeewaanyi. Ssinga Dawudi yali asse Goliyaasi mu biseera bino. Ndowooza bangi bandikiyimbiridde. Enkola eriwo ya bantu kuwandiika nnyimba nga beewaana. Abalala bakwata ebifaananyi bya firimu. Eriyo n'abayiia emizannyo nga gya kubawaana. D. L. Moody omubuulizi w'enjiri nnakinku yabuulira enjiri eyalimu obubaka ku nsonga y'okubeera abawombeefu. Yagamba nti Dawudi mu Zabbuli ze yawandiika talina we yeeyogererako ng'omuwanguzi. Naye mu biro bino omuntu ekintu ky'atandikirako kya kulaga nti wa kitalo nnyo. . Katonda takulagira kwefuula wa kitalo oba okwezimbako obweebundu. Asinga kwettanira mpisa zo, era awo w'akuja n'akuteeka mu kifo ekisaanira olw'obuwulize n'obuwombeefu bwo (Lukka 14:11).

Yesu yatwala ekifo eky'obuwulize ng'omuweereza. Yali kabaka atajja kuweerezebwa wabula okuweereza abalala (Makko 10:45). Soma ku bintu Yokaana bye yayogera ku Yesu ng'anaatera okunaaza abayigirizwa ebigere:

- **Yesu yamanya nti kitaawe ebintu byonna yabiteeka wansi w'obuyinza bwe** era yakimanya nti yava wa Katonda era nti yali adda wa Katonda. Bwatyo yasituka ku mmeeza kwe baali baliira ekyeggulo ekivannyuma ne yeesiba bulungi n'anaaza abayigirizwa ebigere

YOKAANA 13: 3-4

Yesu bwe yategeera nti obuyinza bwonna Katonda yabumuwa era n'ategeera ki kye yali, yasalawo kujjumbira kufuuka muweereza, alage nti bye yali akola yali akola ebyo Katonda

by'alagira. Simanyi nti osobola okw'efumiitiriza embeera abayigirizwa gye baalimu nga mukama waabwe abanaaza ebigere. Naawe oli mu kunaaza bantu bigere naye sirowooza nti oyinza okutuuka ku mutendera gwa Yesu

Kitunulire bwoti, kuba akafaananyi ng'owulidde omuntu akonkona ku luggi, ogenda okutuuka ku luggi okuggulawo nga kabaka w'ensi yo y'akonkonye. Atandika okwambulamu omwana wo omuto nappi n'amunaaza era n'amwambaza. Gwe otunula mu kwewuunya okungi kabaka omulamba okukwata mu bubi bw'omwana. Naye ate ye kabaka takitwala nga nsonga, ye ali mu ssanyu n'omwana awulira ng'asanyusibwa okumunyiriza.

Teweerabira nti wadde Yesu yali anaaza abayigirizwa bano ebigere yali akimanyi bulungi nti Yuda Isikalyoti yali agenda kumuwaayo mu balabe. Ate yali akimanyi nti ne Peetero yali agenda kumwegaana emirundi esatu. Yali akimanyi nti abagoberezi be baali banafu ate nga ba malala wadde nga ye yali abaweereza ng'omuweereza omulungi. Yali abawadde eky'okulabirako ekirungi ng'abanaaza ebigere nti baali bateekeddwa okubeera abawombeefu era banaaze bannabwe ebigere.

Waliwo omubuulizi w'enjiri nnakinku Spurgeon ekintu kye yanyumya ku muyizi omu eyali mu kugezesebwa eyalinnya ekituuti nga yenna samalala gabula okumutta mbu agenda kubuulira enjiri erimu obubaka obulungi. Ate yava ku kituuti nga yenna aswaddeswadde oluvannyuma lw'okubuulira enjiri etaalimu mulamwa wadde! . Spurgeon yamuwabula bwati , "ssinga engeri gy'ovudde ku kituuti gye wagendeddemu okukirirnya tewandirereddwa kukola mulimu mulungi"

Katubeere nga twayitibwa mu ngeri ya njawulo nnyo okuweereza, oba nga tulina abagoberezi bangi oba nga batwogerako nnyo nga bwe tuli abakozi tusaana okukimanya nti tuli banafu nnyo okuggyako nga Katonda y'atuwadde amaanyi. "Empeera y'ekibi kufa" (Abaruumi 6:23). Naye empeera y'obuwombeefu bulamu (Engero 22:4). Nga tuyita mu muweereza waffe omuwombeefu eyatwala ekibi kyaffe ng'atufiirira ku musalaba tusobola okuteeka obwesigwa bwaffe mu ye era ne tweetikka omusalaba nga tufa okuleka embeera yaffe enkadde ey'okuba n'amalala. Era bwe tutyo tusobolera ddala okutambula nga tuva mu kufa ne tudda mu bulamu. Obuwombeefu lye kkubo

mwasanjala we tusobolera okufaanana Yesu ne kitufuula ababuulizi b'enjiri ab'ensonga.

- kubanga Mukama asanyukira abantu be,
- aliwonya abawombeefu n'obulokozi.

ZABBULI 149:4

Obuwombeefu mu kubuulira enjiri tekitegeeza nti tulema okubuulira amazima nti tulimba abantu oba n'okubawaana. (enjiri erimu obubaka obunyiiza). Ate okuba abavumu nga tubuulira enjiri nakyo tekitegeeza kukaka bantu bakkirize bye twogera. Kitegeeza kubawa ssuubi bategeere nti bye tubabuulira bya ssuubi. Obuwombeefu mu kubuulira enjiri kitegeeza ebintu bina, era bye bino wammanga...

Ekibuuzo. Twala obudde ofumiitirize nnyo ngeri ezo ennya ez'obuwombeefu mu kubuulira enjiri. Oyinza kuziteeka otya mu nkola mu buweereza bwo?

WEEREZA KATONDA MU BUWOMBEEFU

Tulina okwettanira ennyo okuweereza Katonda mu mbeera yonna ka wabeewo okusoomoozebwa okwenkana kutya. Tusobola okukkiriza okubeera abaweereza abawulize eri mukama waffe?

WEEWOMBEKE OGGWEERE DDALA MU BWAKATONDA

Obuwombeefu kitegeeza kw'emalirayo ddala, tusobole okujjuzibwa Mwoyo Mutukuvu. Kino kikulwa kya buwombeefu. Naye bwe tukkiriza mwoyo okuyingira mu mitima gyaffe tufuuka abawombeefu ate ababa bajjuziddwa amaanyi ga Mwoyo Mutukuvu.

WEEWOMBEEKE OKKIRIZE EKIGAMBO KYE

Weewombeeke bulungi ng'owuliriza ekigambo kya Katonda. Yiga okukikiriza obulungi nga bwe kiri, naye tokyogeza ebyo bye kitayogera. Olina okwettanira okuwuliriza ekigambo kya Katonda si kukikyusa kigye mu byoyagala oba ebifaanana n'ebiyubuwangwa byo. Okukkiriza ekigambo kya Katonda era n'oteeka mu nkola amagezi agakirimu ky'etaaga buwombeefu.

WEEREZA N'OBUWOMBEEFU ABO B'OBUULIRA ENJIRI

Okulangirira ekigambo kikulu naye tulina okw'ettanira okwagala ensi. Tulina okuyamba abali mu bwetaavu , okuwuliriza era n'okwagala abantu. Bwe tubeera awo nga ffe tulowoozeza mu kimu kubabuulira njiri nga tetubawuliriza ekivaamu butafuna nkolagana nnungi nabo.

Bwe tuwa Katonda ekitiibwa era ne tuwa Mwoyo we ekifo okukolera mu ffe omulimu gwe, era ne tuzimba amazima g'ekigambo kye, tufuuka abaweereza abalungi ab'ekigambo. Olwo tuba tusobola okuba abantu abawuliriza buli muntu, ate nga tubabulira mu bwesigwa ekigambo. Ekitandikirwako mu kubuulira ekigambo kya Katonda kufuuka bawombeeфу mu maaso ga Katonda.

Lord D. L. Moody akyogerako bwati,

• nnina omuti gw'emikyunga mu nnimiro
• yange omulungi ennyo. Era ndowooza
• gwe gusingayo mu gyonna gye nnina.
• Buli ttabi lirwana kweyongera we liyinda
• okufunira ekitangaala ky'omusana ne
• lifuuka nga bw'olaba omusubbaawa. Naye
• teribala bibala. Ate nninayo omuti omulala
• ogwali gujjudde ebibala era kata amatabi
• gawogoke olw'obuzito bw'ebibala bino. Bwe
• tukkakkana ne tuwogoka ne tukka wansi
• Katonda agenda kutulondayo atukozese
• emirimu gye.

D. L. MOODY

OKUKUBAGANYA EBIROWOOZO (EDDAKIKA 15)

Weekeneneny ebibuzo bino wammanga oba ebigambo ebyo ebikubaganyiziddwako ebirwoozo

- Mu bulamu bwo olinayo ebiseera we weesangira nga tosobodde kubeera muwombeeфу?
- Eriyo okukontana okuliwo wakati w'okubuulira enjiri n'obuvumu awamu n'okugiibulira mu buwombeeфу?
- Tusobola tutya mu mukwano omungi okutereza ensonga y'obuwombeeфу, oba okutereza ensonga y'abantu ababuulira enjiri nga beefuula nti bawombeeфу naye nga balimba?

• *nnina okukkiriza nti okwagala*
• *n'obuwombeeфу bwe bintu ebisingirayo*
• *ddala okuba ebikulu mu kuweereza Yesu ate*
• *bwe bukakafu obw'enkukunala nti Yesu ye*
• *mukama waffe.*

JOHN NEWTON

OKUSSA MU NKOLA BYE TUSOMYE (EDDAKIKA 5)

Lowooza nnyo ku ngeri gy'osobola okuweereza abalala mu ngeri ennugi era ng'osasulira omuwendo omunene. Mu kkanisa yo balina asimuula asasulwa? B'okola nabob awe amagezi balondeyo olunaku oba ennaku ez'olusirika mu bigambo by'omwoyo n'abantu b'omu maka gaabwe. Twala obudde nga ggwe ofumbira banno kyayi mu kifo we mukolera okumala akadde. Weebaze afumba caayi oba emmere era muwandiikire ebbaluwa ng'omwebaza nti akola bulungi

Naye ebyo byonna tebiyinda kujjirayo ddala kifaananyi kya Yesu ng'anaaza abayigirizwa be ebigere. Bino tubiyita bintu oli by'alowoozezzako ng'abyetegekede naye nga biraga okwagala n'okwewombeeka. Tetubikola Katonda kutwagala oba bantu kutusanyukira. Byongera bwongezi kutuyigiriza kufuuka bawombeeфу , era n'okututegeka Katonda abeere mu ffe olw'obuwombeeфу.

ESSAALA

Weebaze Katonda olw'obuwombeefu bwa Yesu Kristo era n'ekyokulabirako kye eky'okubeera omuweereza ow'ekisa.. Saba Katonda akufuule omuweereza omulungi era akulabire mu kifaananyi ekirungi era ofuuke omuwombeefu, omugezi agatta obuvumu ate n'obuwombeefu mu kubuulira ekigambo kya Katonda.

OKUWA EMBALIRIRA (EDDAKIKA 15)

Mujiuze empapula ezikozesebwa okupima oba nga musobodde okutuuka ku bigenderwa b'essomo eryo era n'ebyo ebinyinza okuba nti bibasoomoozezza. Buli omu awe munne olapapula lwe abeeko ky'alwogerako. Mw'egattire wamu mu kusaba.

ESSOMO ERY'OMWENDA: EMIKISA GY'OMUBUULIZI W'ENJIRI

Ekimu ku talanta omubuulizi w'enjiri z'alina okubeera nazo kwe kulengera ewala, era n'obwangu okukozesa embeera yonna ebeerawo okugifuula ey'okubuuliramu enjiri. Mu ssomo lino tugenda kulaba engeri gye weeyambisaamu emikisa egibeerawo.

ESSOMO MU BUFUNZE

Omubuulizi w'enjiri alina okukozesa embeera yonna ebeerawo okugifuula ey'okubuuliramu enjiri mu buwombeefu.

EBIKWATA KU SSOMO LINO

Peetero atugamba nti tulina okubeera abategefu okubuulira enjiri era oyo yenna ajja gye tuli n'atubuuzza ku nsonga ekwata ku ssuubi eriri mu njiri (Peetero 1:3;5). Pawulo abuurira Timoseewo okuba omwetegefu okubuulira enjiri mu buli mbeera yonna (2Timoseewo 4:2). Era ayongera kino okukiggumiza nti buli w'ofunira omukisa gw'okubulira enjiri gukozeze (Abakolosaayi 4:5). Yesu alaga nti omuntu ateededdwa okubuulira enjiri buli kiseera. Kino kisobola n'okwetaagisa omubuulizi w'enjiri okunoonya emikisa (nga Zakayo, mu Lukka 19;1-10). Era n'okubeera abategefu mu mbeera ejjudde okusoomooza eri omuntu wa bulijjo (nga bw'olaba eri omukyala Omusamaliya, mu Yokaana 4:1-26). Ate n'okulaga obuvumu mu bifo ebiba bitiiisa (omukyala eyalina ebibi mu nnyumba y'Omfalisaayo, Lukka 7:36-50). Okubuulira enjiri eri abantu abaabolebwa (okuwonya omugenge mu Lukka 17:11-19) Oba okwogera amazima mu biseera by'okubonaabona kwo (nga bw'olaba omubbi gwe baakomerera ne Yesu ku musalaba, Lukka 23; 39-43)

Billy Graham yategekanga enkungaana z'enjiri mwe yabuuliriranga ennyo abantu abangi era nga tewali yali akungaanyizza bantu bangi nga ye. Kino kye kisingayo obumanyifu mu kubuulira enjiri. Naye eno si y'engeri yokka Billy gye yabuuliramu enjiri mu bulamu bwe. Oba kusisinkana bantu ba bitiiibwa, oba kulabikira ku lutimbe lwa ttivvi, oba kutwalira buyambi

bantu baba bakoseddwa mataba, oba kubuulira bajaasi baba bali mu lutalo, oba eri omuntu yenna gw'oba osanze ku luguudo, Billy buli kiseera yabeeranga mwetegefu okubuulira enjiri abantu bonna be yasanganga.

Billy Graham ng'oggyeeko okubuulira enjiri, n'okwagala okulokola abo abaabula, era n'okutambuza obubaka bw'enjiri buli wamu, naye yayagala nnyo okulaba nti buli w'afunira omukisa ogubuulira enjiri agukozesa.

Omubuulizi w'enjiri omulungi abeera n'embeera ng'esukka ku kubuulira abantu okulokoka. Ye abuurira enjiri nabali abalala ne bwe baba nga bayinza okumukolako obulabe oba nga si bakulokoka. Kino tekimulemesa kukola mulimu gwe ogw'okwogera ku Yesu buli budde (Ebikolwa 4:18-20)

Ebigambo ebirungi ebyayogerwa Desmond Doss mu Hollywood mu lutambi lwa sineema lwe baayita, "Hacksaw Ridge" lwogera ku musajja gwe baawaliriza afuuke omusawo aijanjabo abalwanyani mu smatalo ow'okubiri. Naye yagaana okukwata emmundu kubanga yali mukkiriza ow'amaanyi eri Yesu. Baamusindika mu Japan ku kizinga ekyali kiyitibwa. Okinawa era bwatyo yeesanga ng'ali mu ddwaniro wakati nga lino Isyali awali ekifo Hacksaw Ridge. Yawulira okukaaba n'okulaaajana mu abo abaali bafunye ebisago era yasalawo okujjanjabo buli omu k'abeere Mumerika, kabeere Mujapani. Abamu yabasikangayo waggulu ku kigulumu kwe baabeeranga nga yeeyambisa mugwa. Doss omutuju yamukuba essasi mu mukono era kirabika yalinamu obuganga bungu naye yagenda mu maaso n'okuwonya abalwanyani

Bwe baali bamubuuzza ebibuuzo ekintu kino engeri gye yasobola okukikolamu Doss yaddamu nti buli lwe yawuliranga ng'amaanyi gamukendeera ng'ayongera kusaba Katonda amwongere amaanyi amalala

aganaamusobozesa okukola omulimu guno. Era Doss yawonya abantu 75 ku kigulumu ekyo Hacksaw Ridge.

Essaala Dodd gye yasaba y'eyo yennyini buli mubuulizi wa njri gy'ateekeddwa okusaba

EBIGOBERERWA KU SSOMO LINO

OKUMANYAGANYA (DDAKIIKA 10-20)

Mw'eyongere okumanyagana, nyumiza munno by'omanyi, era buuza ekibuuzo bamemba banno ky'owulira nti kiyinza okutwala mu maaso omulimu guno. Gamba abantu nga bali mu bubinja obutonotono buli omu abuulire munne ekizibu kimu oba okusumululwa kye yeasangamu okuva lwe mw'asembayo okusisinkana.

ESSAALA

Muweeyo obudde okusaba n'okuwanjagira naddala ku ebyo ebizibu ebitasoboka bantu ate ebimu bammemba babyogeddeko wali mu kiseera kye tumaze okulaba eky'okumanyagana

OKUSOMESA (EDDAKIIKA 20-30)

Ebisomesebwa tandika okubisoma obitegeere bulungi kubanga oyinza n'okukozesa ebigambo ebibyo mu kunnyonyola.

- Awo Peetero ne Yokaana ne balinnya
- mu yeekalu, mu ssaawa ey'okusabiramu,
- essaawa ey'omwenda. Waaliwo omuntu
- omulema okuva mu lubuto lwa nnyina yali
- asituliddwa, gwe baateekanga bulijjo ku
- lujji lwa yeekaalu olw'ayingiranga olulungi,
- okusaba nga effeeza abaayingiranga
- mu yeekalu. Oyo bwe yalaba Peetero
- ne Yokaana nga bagenda okuyingira
- mu yeekaalu n'asaba okuweebwa
- ffeeza. Peetero awamu ne Yokaana ne
- bamwekaliriza amaaso Peetero n'agamba
- nti, tutunuulire. N'abawulira ng'alowooza nti
- banaamuwa ekintu. Naye Peetero n'agamba
- nti effeeza ne zzaabu sibirina. Naye kye

- nnina kye nkuwa mu linnya lya Yesu Kristo
- omunnazareeso, tambula. N'amukwata ku
- mukono ogwa ddyo n'amuyimusa. Amangu
- ago ebigere bye n'obukongovule ne bifuna
- amaanyi. N'agolokoka mangu n'ayimirira
- ng'atambula nayingira nabo mu yeekaalu
- ng'atambula ng'abuuka ng'atendereza
- Katonda.

EBIKOLWA 3:1-8

Kyangu nnyo omuntu oufuna emikisa ate n'agyonoono. Abantu bangi bejjusa naye nga ekibaleetera okwejjusa gye mikisa giri gye baaba baafuna ne bagyonoono. Ekyo oluusi kiba ky'ava ku kubeera nti baatya okugezaako oba nti baalowooza nti waaliyo abaali bagenda okubasekerera.

Enkulaakulana mu tekinologiya ereseewo emikutu gya kompyuta abantu kwe batambuliza amangu obubaka okubutuusa ku balala. Kaakati abantu tebakyakkiriza kusigala mabega. (Fear Of Missing Out/ FOMO). Kino kiyambye nnyo abantu okumanya bannaabwe ababa mu bitundu ebirala kye baba bakola. Era basobola n'okukikoppa ne kibayamba okulongoosa ekyabwe. Awo we nkubuuliza nti engeri eno eya FOMO bw'ebeera nga ekozosebwa ku mikutu egigata abantu n'evaamu omugaso watya nga tusomye ebyawandiikibwa? Wali osomye ku ebyo Yesu bye yakola oba abayagirizwa bye baakola n'obeerako ky'obiyigirako?

Bw'osoma abatume bye baakola mu ndagaano empya bikuwa nnyo amaanyi nti naawe osobolera ddala okukola obulungi omulimu gwa Katonda ogw'okubuulira enjiri. Weewaawo mulimu ebizibu okugumira ng'okukubwa amayinja naye nga birimu ebizzaamu amaanyi.

Mu Ebikolwa essuula 3, Peetero ne Yokaana beesanga mu mbeera abantu bangi gye beesangamu. Waliwo omulema omu eyabasaba ssente. Abatume bano baali basobola okumuyitako ne batamunyega oba okumuwaayo wakiri akasente akatono ne beeyongerayo mu lugendo lwabwe.

Naye bino tebaabikola. Baamutunuulira mu maaso era naye yaddamu essuubi nti yali agenda kufuna ssente.

Ekibuuzo: Ensi ekwetooldde ggwe ku lulwo ogitunuulira otya? Osobodde otya okweyambisa emikisa egiri mu maaso go okubuulira enjiri eri abantu?

Omulema yalaba nti afunye omukisa okufuna ssente kubanga zino yali azeetaaga. Naye ate bo abatume baalaba nti baali bafunye omukisa okubuulira enjiri. Baali bagenda kumubuulira ekwali kibayimirizza awo mu maaso kwali kumubuulira okwagala okungi Yesu kwe yalina gyali. Baali tebayimiridde kumusaasira olw'okuba nga yali mulema oboolyawo ng'abantu n'okumunyooma baali bamunyooma.

Bayibuli etugamba nti oyo assa ekitiibwa mu Katonda ne Katonda alimufuula ow'ekitiibwa (Samwiri 1:2:30). Kino kituukira mu mbeera we tusiza ekitiibwa mu bintu bya Katonda ne bwe bibeera bitono nnyo. Katonda mu ebyo bye tulwoowa nti biba bitono bwe tubisaako ennyo essira asinziira awo ate n'atuwa n'ebingi. Era bw'atuwa ebiba bisukkawo obunene kiba kwongera kutulaga maanyi ga Mwoyo Mutukuvu. Amaanyi amangi aga Mwoyo Mutukuvu gali naawe nga bwe weetegekera okufuna ebingi ebisukkawo. Naye kino kikwetaagisa okukkiriza mu bujuvu n'okwesiga Mukama Katonda yakutonda.. Katonda amaanyi g'okubuulira enjiri ayagala kugagabira abo baaba akakasa nti baba bagenda kugakozesa bulungi okuweesa omulimu gwe ekitiibwa. Omuntu yenna mu ggye lya Isireari (atali Dawudi) yali asobola bulungi okuwangula Goliyaasi. Naye yali Dawudi ye yavaayo n'alaga nti yali akkiriza nti Katonda wa maanyi era nti yali asobola okumukwatirako n'awangula Goiyaasi.

Bw'oba oyagala Katonda akusitule ogende mu maaso mu kubuulira enjiri, sooka okkiriza nti Katonda mwesigwa, wa maanyi era nti asobola. Bw'oba okyalina okubusabuusa saba Katonda akuzzeemu amaanyi.. Jjukira nti Katonda tayagala kukulaba nga eyalemererwa wabula ayagala kukulaba nga asobolera ddala okutwala mu maaso omulimu gwe ogw'okubuulira enjiri.

Teriyo muntu atuukiridde. N'abatume baakola ensobi mu kubuulira kwabwe okw'enjiri. Ekikulu tetusaana kudde awo kutunuulira bunafu bwaffe na kwenyooma nti tetusobola wabula kukkiriza maanyi ga Katonda nti asobola bulungi okututuusa ku kigendererwa ekituufu eky'okubuulira enjiri.

D.L. Moody lumu yagamba bwati, "Katonda ampadde amaanyi agawonya era n'angamba nti, 'Moody wonya buli gw'osisinkana'. Obusobozi bwo okuwonya abazikirira era b'olaba nga basaanawo buva mu kwagala kwa Katonda eri ensi.

Ka nkuwe eby'okulabirako eby'amagezi ga mirundi esatu ku ngeri gy'osobola okw'eyongera okumanya nti buli kiseera wabaawo emikisa gy'oba oyinza okukozesa okubuulira abantu enjiri.

1. EKITABO EKIKUUMA BY'OLABYE

Funa ekitabo owandiike ebintu by'olaba buli kiseera okumalako olunaku. Okugeza bantu ki b'osinga okunyumya nabo we mukolera? Otambula n'osanga abantu abeetaaga okudduukirirwa okugeza abalema, abatalina we basula? Bantu be bamu abo b'olaba buli kiseera? Bw'ogenda ku ssomero ani gw'oyogera naye ng'otuuse awali omulyango oguyingira mu ssomero munda? . Ebintu bino bijja kukuyamba nnyo okujjukira abantu bano era n'okufuba ennyo okubasabira. Era naawe bijja kukuyamba okuwa embaliririra yo nga ggwe omuntu ku ebyo by'oba okola. Owaayo obudde okubaako by'oyogera n'abantu bano nga bikwata ku kukkiriza Katonda? By'obabuulira ku nsonga y'ebigambo bya Katonda biba bitono oba ogezaako okubabuulira ebingi? Ekitabo kyo kino kiwe banno basomemu era nabo balabe by'okola era babikuweeko n'amagezi

2. EKKATALA NGA LISOOMOOZA

Weesalire ekkatala ly'ebintu by'ogenda okukola buli kiseera. Okugeza, "Mu sabbiiti eno njagala nfuneyo omuntu omu gwe ngenda okubuulira ku bikwata ku Kristo." Ekkatala lino lirina okubeera nga lisoomooza era nga lisinga ebintu ebyo by'okola bulijjo mu kubuulira enjiri

3. ENDOWOOZA NTI OSOBOLA

Tulina obuvunaanyizibwa bw'okubuulira enjiri era twagala nnyo okubutuukiriza nga tubeera abawulize eri Katonda. Naye awatali kwagala tetusobola kukikola.. Tunuulira by'ogenda okukola sabbiiti eja era obitwale nti byangu era nti bigenda kukunyumira okusinga okubirowooza nti bigenda kukukaluubirira. Abantu abaagala ennyo emirimu gyabwe bagikola bulungi nnyo ate buli kiseera era tebakoowa. Oli omu ku abo abasitukiramu

okubuulira enjiri ya Yesu nga tolinze nkya?
Ekyo kirungi okubeera n'endowooza bwetyo
kubanga omulimu ne bwe guba muzibu
tosobola kulemwa kugukola.

- Bw'obeera n'okukkiriza, omukkiriza tayinza
butakola. Akola nnyo. Yejjusa, abuulira enjiri
eri abantu ne bwe kiba ky'etaagisa kukola
nnyo.

MARTIN LUTHER

OKUKUBAGANYA EBIROOZO (EDDAKIKA 20)

*Weekenenenye ebibuzo bino wammanga
oba ebigambo ebyo ebikubaganyiziddwako
ebiroowoza*

- *Mu bulamu bwo olinayo ebiseera we
weesangira nga waaliwo omukisa gwe wali
ofunye naye n'otagukozesa?*
- *Bintu ki ebisoomooza era ebikulemesa
okw'eyambisa emikisa gy'oba ofunye
okubuulira enjiri?*
- *Ngeri ki ze weeyambisa okuteekawo emikisa
gy'okubuulira enjiri egitandisobose kubaawo?*
- *Yongera okukubaganya ebirwoozo ku
by'okulabirako biri ebisatu eby'okuteekawo
emikisa egibuulira enjiri; ekitabo ekikuuma
by'olabye; ekkatala nga lisoomooza, awamu
n'endowooza nti osobola?*

- *Eno y'enkola. Fuba okulaba nti amakubo
g'okozesa mu kubuulira enjiri gagwa bulungi
mu bantu b'oba ogenda okubulira enjiri.
Bw'onokozesa ekkubo eribasaana bajja
kutegeera bulungi obubaka bwo obw'enjiri*

CATHERINE BOOTH

OKUSSA MU NKOLA BYE TUSOMYE (EDDAKIKA 5)

Fuba nnyo omwezi guno okulaba nti
weeyambisa buli mukisa gw'ofuna
okubuulira enjiri. Eriyo mukwano gwo
gw'osobola okutuukako? Oyinza okuwaaya
obudde n'oyogerko n'omuntu alina ebizibu
okugeza atalina nnyumba mw'asula? Ekifo
w'owummulira mu biseera byo eby'eddembe
kiri kimu. Abantu abaliwo osobola okubabuulira
ku Yesu?

Nkakakasa nga buli omu mu kabondo kammwe
asobolera ddala okulowooza ku mikisa gy'ayinza
okukozeza okubuulira enjiri.. Mukyesibeeko nnyo
kino era mu mwezi ogujja mulina okukiwaako
embaliririra. .Jjukira nti ekigenderwa ekikulu
kukyusa nneyisa na kulekayo mize mibi egiba
gikolebwa. Tandikirawo kaakati tolinda nkya. .

ESSAALA

Weebaze Katonda olw'okuukuwa emikisa
okubuulira enjiri era n'ougabana n'abala ekisa
kye. . musabe akuwe obusobozi okubuulira enjiri
mu mbeera eba ekulemye. Era musabe akuwe
emikisa egy'enjawulo buli kiseera. Musabiregane
mube nga mufuna emikisa bwe gityo buli
lunaku. Ate bwe gifunika mugikozese.

OKUWA EMBALIRIRA (EDDAKIKA 15)

*Mujjuze empapula ezikozesebwa okupima
oba nga musobodde okutuuka ku bigenderwa
b'essomo eryo era n'ebyo ebinyinza okuba
nti bibasoomoozezza. Buli omu awe munne
olapapula lwe abeeko ky'alwogerako.
Mw'egattire wamu mu kusaba.*

ESSOMO ERY'EKKUMI: OKWEWAAYO KW'OMUBUULIZI W'ENJIRI

Bayibuli kwe kubikkulirwa okw'okuyitibwa kwa Katonda ng'atuyita tuve mu mbeera ey'obwewagguze tudde mu nkolagana enttuufu naye, nga tubeera mu kukkiriza Yesu. Tukakakasa tutya nti tetubuulira njiri kyokka, wabula nti tuyita n'abantu okwanukula n'okussa mu nkola ebyo bye bawulira?

ESSOMO MU BUFUNZE

Omubuulizi w'enjiri abeera n'okwewaayo ennyo okulaba nti abuulira ekigambo kya Katonda, era ng'ayita aba ababa bamuwuliriza okukyusa embeera yaabwe nga bayita mu kukkiriza Yesu.

EBIKWATA KU SSOMO LINO

Kuba akafaananyi nga waliwo omugole ayimiridde mu maaso g'ekkanisa ku lunaku lw'embaga. Yeetegereza ekizimbe ky'ekkanisa ekiba kirabika obulungi ennyo ate nga kijjudde mikwano gye, ab'oluganda n'abako ate nga buli omu musanyufu.. Omukyala gwe yalonda mu bangi anaatera okutuuka. Eddakiika kkumi ziyitawo talabika! . "Naye kino kya bulijjo abakyala balwawo nnyo okutuuka," bwatyo bw'agamba. Eddakiika abiri era omugole omukyala talabika!. Awo aseka yekka. Kaakati zifuuka eddakiika asatu era talabika. Ate n'ensonga lwaki talabika temanyiddwa. Obweraliikirivu bumweyongera kubanga n'abazze ku mukolo batandise okwemulugunya. Ssaawa nnamba omugole talabika! Abazze ku mbaga beeyongera okwemulugunya. Omugole omusajja bimusobera era atandika okwebuuzza , "afunye kizibu kimulwisa oba asazeewo butajjira ddala?"

Omugole omusajja mu birowoozo ebyo ebingi atandika okuteekawo ensonga ereeseewo embeera eno. Awo aba aky'abirowoozaako ennyo n'ajjukira nti yali omugole ono tamutegeezezza nti baali ba kufumbiriganwa!

Okusaba omuntu akkiriza okukola ekintu kikulu nnyo mu byonna kubanga kimuleetera okwanukula. Obubaka obusingayo okuba mu bufunze mu obwa Yesu buli mu njiri nga bwe yawandiikibwa Makko era bugamba bwe buti, "Ekiseera kituuse, obwakabaka bwa Katonda busembedde, mwenenye, mukkirize enjiri. "(Makko 1:15).

Ekigambo kwenenya kitabula bangi kubanga batono nnyo abategeerera ddala amakulu gaakyo.. bangi amakulu ge bakifunamu gali nti enjiri ya Katonda etambulira ku kusalira bantu musango. Bwe kityo ekigambo kwenenya tekivuga bulungi mu matu g'abantu.

Naye bwe tutegeera ekigambo kwenenya tufuna amazima amatuufu ag'enjiri ya Katonda. Kitegeera kukyusa birowoozo byo awamu n'okukyusa engeri gy'obeera otambulamu mu bulamu. Yesu agamba bwati, "owabye n'ova mu kkubo ettuufu, naye olw'okuba nze osobola okukomawo n'otambulira mu kkubo ettuufu, nga lino lye ly'amazima era erikutuusa eri Katonda." Omukkiriza okukyusa ekkubo gaba mawulire malungi, kubanga kino kye kimuyamba okuva mu mbeera ey'okufa n'adda mu eyo ey'obulamu. Ffe ffenyini ffe tw'erededde obuzibu kubanga tufuuse abewagudde ku Katonda. Era okwenenya kye kyokka ekisobola okutukomyawo ewa Katonda n'okutuwa essuubi mu Kristo.

Okusenziira ku Walter A. Elwell ne Barry J. Beitzel , okwenenya kuno kulimu ebintu bisatu,

- Ekisooka kutegeeza kuva mu bibi,
- bakatonda abakyamu, oba mu bulamu
- bw'otambuliramu ggwe ng'omuntu
- (Abasasseroniika 1: 1:9, Okubikkulirwa

9:20,21,16,11). Ekyokubiri okukyusibwa kiva mu mirimu gy'ebyo Katonda by'ayagala era n'ekisa kye nga kikolera mu nsi (Ebikolwa 11:18, Abaruumi 2:4, Abakkolinso 2:7;10, Timoseewo 2:2:25, Peetero 3:9). Ekyokusatu okukyusibwa kuba kuwaayo mu bujuvu obulamu bwo eri Katonda mu Kristo Yesu (Ebikolwa 14:15, Abasasseroniika 1: 1:9, Peetero 1:2:25). N'olwekyo kino y'engeri ey'ekyewuunyo , oba etatera kubeerawo omuntu lwakuyikira ddala n'adda eri Katonda.

Ababuulizi b'enjiri abaasooka bwe baabeeranga babuulira enjiri baateekerangawo abakkiriza omukisa okubaako bwe babuuzza ebyo bye baabanga tebategedde. . Yesu bwe yabuuliranga enjiri yagituusanga ku ntikko era n'asaba n'abantu okudda eri Katonda. (Ebikolwa 2:37-39, 3:25-26, 4:12, 5:31, 10:43)

Enjiri esaba abantu baleme kuva ku Katonda, era bakkirize Yesu Kristo, era bayitire wano batuuke eri Katonda. Era bwe tukola bwe tuti, tukyusibwa obulamu bwaffe mu mazima ga Katonda era n'amaanyi aga Mwoyo Mutukuvu.

EBIGOBERERWA KU SSOMO LINO

OKUMANYAGANYA (DDAKIIKA 10-20)

Mw'eyongere okumanyagana, nyumiza munno by'omanyi, era buuzza ekibuuzo bamemba banno ky'owulira nti kiyinza okutwala mu maaso omulimu guno. Mwogere ku binti buli omu bye yalaba ku mbeera y'omukisa ogukujjira nga gwa kubuulira njiri (kyabadde mu bya kukola mu ssomo ery'omwenda)

ESSAALA

Muweeyo obudde okusaba n'okuwanjagira naddala ku ebyo ebizibu ebitasoboka bantu ate ebimu bammemba babyogeddeko wali mu kiseera kye tumaze okulaba eky'okumanyagana

OKUSOMESA (EDDAKIKA 30-40)

Ebisomesebwa tandika okubisoma obitegeere bulungi kubanga oyinza n'okukozesa ebigambo ebibyo mu kunnyonyola.

Awo bwe bawulira ebyo emitima gyabwe ne gibakuma, ne bagamba Peetero n'abatume abalala nti abasajja abooluganda tunaakola tutya?"..."Peetero n'abagamba nti Mwenyene mubatizibwe, buli muntu mu mmwe okuyingira mu linnya lya Yesu Kristo, okuggibwako ebibi byammwe munaaweebwa ekirabo gwe Mwoyo Omutukuvu..."Kubanga okusuubizibwa kwammwe era kw'abaana bammwe n'abo bonna abali ewala, bonna abaliyitibwa Mukama Katonda waffe.

EBIKOLWA 2:37-39

Okuyita omuntu ave mu bubu adda eri Yesu kikulu nnyo mu bubaka bw'enjiri ng'omusalaba gwennyini bwe guli. Oluvannyuma lw'okufuna amaanyi ag'enjawulo agaava mu kukka kwa Mwoyo Mutukuvu ku lunaku lwa Pentekoote, Peetero yatandika okubuulira enjiri abantu abangi abaali bakungaanye. . Era olw'amaanyi ga Mwoyo ono abantu baakwatibwako ebigambo bye yababuulira

Oyinza okwewuunyo nti mu biseera bino enkola y'okubuulira enjiri ekyuse? Ku lunaku lwa Pentekoote abantu nga bamaze okuwulira ekigambo kya Katonda era nga bakkiriza Peetero yabasiibula n'abeebaza era ekyaddirira yagenda ka kulya kyaggulo ng'omulimu guno agumaze. Abantu bakkiriza obubaka ekyasigala kulaba ngeri ya kubugiiisa mu bulamu bwabwe.. Era baasigala beebuuzza ebibuuzo bingi oluvannyuma lw'okukkiriza Yesu

Peetero abantu bano yabagamba beenyenye. Mu kino yali ayongera kubawa ssuubi nti obubaka bwe yali ababuulide bwali bulungi era nti baali balina okutambulira mu maanyi ga Mwoyo Mutukuvu. Abayigirizwa baali bamalirivu okubuulira ekigambo kya Katonda, era naffe bwe tutyo tuteekwa okubeera abamalirivu ku nsonga eno.

Eri abo abatwala ebiseera okutegeka obubaka obw'okubuulira abagoberezi mukimanyi bulungi nti kikulu okuteekamu engeri y'okuteeka mu nkola ebiba mu bubaka bigye mu mbeera eya bulijjo. . Yesu bwe yalinga abuulira era

n'abatume bwe baabuuliranga ekintu kino baakissangako nnyo essira.. Weetegereze nnyo Yesu okubuulira kwe okwasooka okulagiddwa mu kitundu ekiri mu Makko, anoogaanya nnyo ekigambo 'kwenenya' . Wano agamba nti abantu baali batambulira mu kkubo ebbi nga basaana bakomewo mu eryo ery'alagirwa.

Era mu kubuulira kwe okw'enjiri Yesu agenda mu maaso n'okuyita abantu badde eri Mukama. "mujje mwenna abazitoowereddwa" (Matayo 11:28). "*Mujje mulabe*" (Yokaana 1:39). "*Mujje mungoberere*" (Matayo 4:19). "*buli alumwa ennyonta aje gyendi anywe*"(Yokaana 7:37) "*mujje mulye*" (Yokaana 21:12).

Okuyitibwa okwo si bigambo bya kusaaga eri ensi. Biraga mbeera na nfaanana ya Yesu era bw'obinyooma oba ojja kusalirwa omusango. Bino bitegeeza nti oteekeddwa okubyanukula. Olina kubyanukula ng'okkiriza. Bwodda awo n'otandika okugamba nti oky'erowooza oba obalibwa mu bagaanye era ekiddirira oba ojja kusalirwa omusango. Okubikkiriza kiba kitegeeza nti ogenda kufuna emikisa gya Katonda.

Ekibuuzo: Mw'etegereze engeri essatu ez'okuyitibwa eziragiddwa wammanga era muzikubaganyeeke ebirowoozo mwenna nga bwe muli mu kabondo. .

ENGERI YESU GYE YAYITAMU ABAYIGIRIZWA (MAKKO 1:17)

Okuyita kwa Yesu amala kukusiima nga ggwe omuntu

OKUYITA KW'OMUGAGGA EYALI AKYALI OMUTO MU MYAKA (MATAYO 19:16-22)

Okuyita kwa Yesu kubaako omuwendo gw'oba olina okusasulira

OKUYITAYO OMUFU AZUUKIRE (YOKAANA 11:43)

Okuyita kwa Yesu kulaga nti alina amaanyi ag'enjawulo.

Okuwa omuntu omukisa akkirize enjiri kye kintu ekisingayo okuba ekikulu mu kubuulira wnjiri.. Okubuulira ekigambo kya Katonda nga bwe kiteekeddwa wateekwa okubeerawo engeri

y'okuwaamu omuntu omukisa akkirize nti Yesu ye mulokozi.

Kino si kintu kyangu era ababuulizi b'enjiri bangi bamanyi n'okugamba nti bakikola bulungi okusinga bannaabwe. Awo we mbuuliza nti tusobola tutya okubuulira enjiri ne tusobola okuwa be tuba tubuulidde omukisa gw'okukkiriza Yesu? Oba enjiri ogibuuliridde mu lujjudde oba nga ogibuulidde muntu omu gw'oba osanze awantu, kiba kikulu nnyo okubasaba okwegatta ku bwakabaka bwa Katonda. Ebirala byonna ng'okubagamba okujjumbira okugenda mu ssinzizo buli ssande, weewaawo bikulu naye ekisingirayo ddala kubagamba kuyingira mu bwakabaka bwa Katonda.

BUUZA EBIBUUZO EBITEGEEKEKA AMANGU

Buuzza ekibuuzo gw'obuulidde enjiri ky'anaategeera amangu. Okugeza bw'omala okubannyonyola Yesu y'ani genda mu maaso obabuuzze nti, "ani ku mmwe eyandyagadde okukkiriza Yesu, bwatyo atandike obulamu obupya obulimu enkologana ennungi ne Yesu?"

Era bw'oba wakozezeza olugero ng'obuulira luno lubeere ekintu ekikulu ennyo kw'ozimbira obubaka. Okugeza olugero lw'omwana eyazaawa, lulimu amakulu agagamba nti omuntu alina okukomawo awaka. Awo babuuzze nti, "wandyagadde okukomawo awaka ng'omwana eyali azaaye bwe yakola?" Kino kikuyamba nnyo okubawa omukisa okwanukula ekibuuzo nga bayanukula kye baba bategedde obulungi.. Bwe bamala okwanukula ekibuuzo kino yongera okutangaza ku bubaka obuli mu kigambo ekyo ky'oba obabuulidde.

BEERA MUGUMIIRIZA

Bw'oba obuulira enjiri abantu ky'etaagisa okugumiikiriza ennyo abantu kubanga Mwoyo Mutukuvu atwala obudde bungi okubakkako. Abantu bafuna obudde okulowooza ennyo ku bubaka buno, ate nga ne Katonda bw'abakwatako babutegeere. . Ate mu mbeera y'okubuulira omuntu omu , omuwa obudde ne yeerowooza era kino kitegeeza nti mulina okutegeka olunaku olulala olw'okuddamu okusisinkana.

MUBUULIRE KY'ANAAGANYULWAMU

Omuntu mubuulire nti kasita anakkiriza Yesu alina ebintu bingi by'agenda okuganyulwamu. Okugeza okukunganira awamu n'abakkiriza., okusabira awamu, okuba n'entegeka ennungi ey'okusoma ebyawandiikibwa buli lunaku ekitundu kimu. Era mubuulire nti obulamu bwe buli lw'anaagenda nga yeeyongera okubeera nga yeekutte ku Yesu ng'omulokozi we bujja kugenda nga nabwo bw'eyongera okulongooka.

SANYUKA NG'ERIYO AKKIRIZZA, TONYIIGA NG'ERIYO AGAANYE

Omuntu bw'alaga nti akkiriza kino kyanirize n'essanyu. Essanyu lino lijje ku ntoba ya mutima gwo, toliwaliriza. Ate omuntu bw'aba agaanye tomuvuma era tonyiiga, laga ekisa gy'ali era n'obuwombeefu. Muviire ng'oyongedde okumusaba alowooze nnyo ku kukkiriza Yesu, era osabe Katonda akikukolere. Muwe endagiriro yo w'osangibwa era n'ennamba y'essimu, era n'ekkanisa yo mw'ova kino kikusobozese okusisinkana naye omulundi omulala.

Emirundi mingi abantu tebakkirizaawo Yesu nga babuuliddwa enjiri. Kino kiva ku nsonga nti tebaweebwa mukisa kubuuzibwa oba nga baba bakkiriza Yesu.. Ababuulizi b'enjiri bangi ekibatiisa okubuuzwa abantu oba nga baba bakkiriza Yesu baba batya nti wayinza okubulayo akkiriza kino ne kibaswaza.. Ky'olina okumanya kiri nti amaanyi g'abantu okukkiriza nti bakkiriza Yesu si gago wabula ga Katonda. Era ne Yesu yababuuliranga ne batakkiriza. Ffe Katonda atukubiriza kubuulira njiri mu bwesigwa era ne mu bwesimbu ebirala tubimulekere. Era Yesu atukubiriza kwetikka musalaba gwaffe tumugoberere (Matayo 16:24). Kino kitegeeza kubuulira njiri ereeta essuubi mu bawuliriza si nsonga ne bwe kiba kitegeeza kusasula muwendo munene.

Yesu n'abatume bwe baabanga babuulira enjiri baafangayo okuwa abantu omukisa okuzuula oba nga baalinga bakkiriza ebigambo bye baabanga bababuulidde. . Okukkiriza kikulu nnyo, era bwe kituukawo balina okwenenya n'okwesiga Yesu nti ly'ekkubo erigenda okukutuusa eri Katonda.

OKUKUBAGANYA EBIROWOOZO (EDDAKIKA 15)

Weekenenenye ebibuzo bino wammanga oba ebigambo ebyo ebikubaganyiziddwako ebirowoozo

- Kisoboka okubuulira enjiri obulungi ennyo nga towadde bantu mukisa kulaga nti baba bakkiriza Yesu?
- Kiki ky'olaba nga kizibu/kyangu eri abantu b'oba obuulidde enjiri okulaga nti baba bakkiriza Kristo?
- Kiki ky'oyize ku ngeri y'okwagazisa abantu b'oba obuulide enjiri okuvaayo ne balaga nti baba bakkiriza Yesu?

• Enjiri Katonda mw'ayita okuyita abantu , ng'ababuulirwa ekigambo kya Katonda eri abo ababa babawuliriza. Ekigendererwa wano omuntu asalewo ku ngeri entuufu eyinza okumufuula ekitonde ekiggya.

MICHAEL GREEN

OKUSSA MU NKOLA BYE TUSOMYE (EDDAKIKA 5)

Beera mw'etegefu nti obeera olina okuwa abawuliriza omukisa okulaga oba nga baba bakkiriza Yesu ng'omaze okubuulira enjiri. Oyinza okubeera ng'obadde obuulira enjiri abantu bangi naye nga kino tokifaako nnyo.. Gezesa engeri zonna ezisobola okukusobozesa okukola ekintu kino era tobeera awo n'otya nti zabantu oyinza okubabuuzwa n'ebulayo ayanukula. . Ate oyinza okubeera nga oyogera n'abantu ku bintu ebikwata ku Yesu naye nga bw'omala okubyogerako ate obireka awo. Kyusa enkola kati otandike okufaayo okugoberera abantu abo oyogere nabo msu buvumu ku ngeri gye bayinza okw'etwalira Yesu.

ESSAALA

Weebaze Katonda olw'okukuwa emikisa okubuulira enjiri. Musabe akwongere okuba n'amaanyi ng'obadde obuulira ebigambo bya Katonda. Era musabe akuwe amagezi agayamba omubuulizi w'enjiri okuleeta obubaka obwangu era obuba butegeerekeka eri abawuliriza. Era akuyambe b'obuulira enjiri baleme kugitunuulira ng'okuzikirira oba okusalirwa omusango wabula nga essuubi mu bulamu.

OKUWA EMBALIRIRA (EDDAKIKA 15)

Mujjuze empapula ezikozesebwa okupima oba nga musobodde okutuuka ku bigenderwa b'essomo eryo era n'ebyo ebiyinza okuba nti bibasoomoozezza. Buli omu awe munne olapapula lwe abeeko ky'alwogerako. Mw'egattire wamu mu kusaba

ESSOMO ERY'EKKUMI N'ERIMU: OKWAGAZISIBWA KW'OMUBUULIZI W'ENJIRI

Nga ffe ababuulizi b'enjiri omulimu gwaffe si kubuulira njiri eri abaabula kyokka, wabula n'okugyagazisa abalala. Mu ssomo lino tugenda kulaba engeri omuntu gy'ayinza okubuuliramumu enjiri n'aleeta ebbugumu eriba teribaddeewo mu kkanisa.

ESSOMO MU BUFUNZE

Ng'oggyeeko okubuulira enjiri eri ensi, omubuulizi w'enjiri atekwa okuba omumalirivu okuleeta ebbugumu mu kkanisa ya Katonda, nga mu kino aba alina okwagazisa abatukuvu okukola obulungi omulimu guno.

EBIKWATA KU SSOMO LINO

Nga tuzzeeyo katonu mu ssuula 2, nga twakatandika amasomo gano, twalaba ebisaanyizo by'omubuulizi w'enjiri ebituufu ebimwawula ku bantu abalala. Twamulaba ng'omubaka era omwana wa Katonda. Nga tumaze okutegeera kino tuvunaanyizibwa tutya nga ffe ababuulizi b'enjiri okukola omulimu omulungi eri ensi, n'eri amaka gaffe ate era n'ekkanisa?

Empuliziganya y'ebyuma bi kompyuta bweze tufunyeeyo abantu abawulirizibwa ennyo nga bano basobolera ddala okukyusa endowozo z'abantu.. Okugeza ku mukutu Youtube kubaako abantu abaagalibwa ennyo ensi yonna n'etandika okubakkiririzaamu awamu n'okubayayaanira. Kino si kipya, Katonda abantu be yawa ekitone mu by'emizannyo okugeza abasambi b'omupiira abantu babadde nga babaagalira ddala, era mu kino kkampuni eziranga eby'amaguzi ne zitandika okubakozesa nga zikola engoye ezibaako amannya gaabwe

era n'ebifaananyi byabwe okulanga eby'amaguzi byazo.

Pawulo atubuulira mu bbaluwa gye yawandiikira Abaruumi nti tetusaana kwemalamu olw'ettutumu lye tufuna eriva mu bantu, wabula lwa kukyusa biwoozo byaffe awamu n'okuzza obugya obulamu bwaffe nga buggweeredde mu Mwoyo Mutukuvu (Abaruumi 12:2). Nga ffe abantu ba Katonda abatukuvu, ffe tulina okuba ababeryeberye okuba n'ebbugumu ery'agazisa abalala ebigambo bya Katonda.

Mu ssomo ery'omusanvu, tw'ayogera ku munnyo ogutaliimu nsa nti guba tegulina makulu. Oyo ali ku mukutu gwa komputya ogugatta abantu ogwa Youtube ekimufuula ow'omugaso kwe kubeera nti obubaka bw'aba awa abantu baba babuwuliriza era nga babugoberera. Bw'abeera nga tasobola kukola kino kiba kitegeera nti talina mugaso. Ffe ababuulizi b'enjiri tulina okusigala nga buli kiseera obubaka bwaffe abantu babuwuliriza era n'okubugoberera. Oyo ali ku mukutu gwa komputya ogugatta abantu ogwa Youtube, ye abawuliriza ne bwe bamuddukako si kya nsonga kubanga ebibye bikoma. Naye ffe ababuulizi b'enjiri ebyaffe bya lubeerera. Omubuulizi w'enjiri abantu bwe balekera awo okumuuliriza olw'okuggwaamu ensa kiba kitegeera nti ekigambo kya Katonda kifunyeemu obulema obutakyakisobozesa kutambula kutuukiriza mulimu gwakyo ogw'okuwa essuubi abo abaabula.

Ababuulizi b'enjiri balina okufaayo ennyo okulaba nga ensi efuna ekigambo kya Katonda. Era balina okufuba ennyo okwagazisa abantu abakkiriza okuweera enjiri ya Katonda obujulirwa eri ensi. Ky'oteekwa okutegeera kiri nti bwe kituuka ku bigambo by'enjiri teriiyo kkubo ddala lya kugituusa ku bantu okuggyako okugibuulira. Era ekanisa ya Kristo ya bajulirwa baayo bokka abamanyiddwa era nga bano be baba babuuliddwa enjiri.

EBIGOBERERWA KU SSOMO LINO

OKUMANYAGANYA (DDAKIIKA 10-20)

Mw'eyongere okumanyagana, nyumiza munno by'omanyi, era buuza ekibuuzo bamemba banno ky'owulira nti kiyinza okutwala mu maaso omulimu guno. Mwogere ku mbeera eyali abaddewo ng'obuulidde enjiri n'oyagala okuyita omuntu aveeyo alage oba nga akkirizza Yesu (kyabadde mu bya kukola mu ssomo ery'okkumi).

ESSAALA

Muweeyo obudde okusaba n'okuwanjagira Katonda, naddala ku ebyo ebizibu ebitasoboka bantu, ate ebimu bammemba babyogeddeko wali mu kiseera kye tumaze okulaba eky'okumanyagana.

OKUSOMESA (EDDAKIIKA 20-30)

Ebisomesebwa tandika okubisoma obitegeere bulungi kubanga oyinza n'okukozesa ebigambo ebibyo mu kunnyonyola.

- Era oyo n'awa abalala okubeera abatume,
- n'abalala bannabbi, n'abalala ababuulizi,
- n'abalala abalunda n'abayigiriza;
- Olw'okutuukiriza abatukuvu, olw'omulimu
- ogw'okuweereza, olw'okuzimba omubiri
- gwa Kristo: Okutuusa lwe tulituuka fenna mu
- bumu obw'okukkiriza, n'obw'okutegeera
- Omwana wa Katonda, lwe tulituuka okuba
- omuntu omukulu okutuuka mu kigera
- eky'obukulu obw'okutuukirira kwa Kristo

ABEEFEESO 4:11-13

Ekiibuuzo: Wali osisinkanyeekeo omuntu abuulira enjiri mu ngeri ey'ebbugumu ennyo n'agikwagazisa era n'omwegomba? Kiki kye wamukoppako ky'owulira nti oyinza okukikozesa?

Buli wamu tusangawo abantu abalina ettutumu nga basobolera ddala okwagazisa abalala

okukola ekintu. Mu kuyimba gye bali. Mu kusamba omupiira gye bali. Mu kuzannya sineema obasangayo. Bano baleetera bangi okukoppa enneyisa yaabwe.. Ate oluusi oli agenda n'akola obulungi ennyo ekintu kino ne kikuleetera okugamba nti "ekyo ka nkireke." Lwaki? N'obwonokikola obulungi otya tosobola kukikola ne wenkana ye mu kukikola. Eriyo bangi nnyo abakoze obulungi ennyo mu bigambo by'okubunyisa ekigambo kya Katonda. Bangi bali mu byawandiikibwa ate abalala tebaliimu. Naye ate abamu bw'obeetegereza ennyo baali bantu ba buliijo, nga kye bakusingako kubeera nti baali bantu abaali basemberedde ennyo Katonda. Kikulu nnyo okukimanya nti Musa okukulemberamu abaana ba Isiraeri okubajja e Misiri yagenda n'atuukirira Falaawo mu buvumu obungi. Kino tekyalimu kubeera nti yali mwogezi mulungi nnyo, wabula kubeera nti yali musajja eyali yeekutte ennyo ku Katonda ng'amwesiga era ng'amukkiririzaamu. N'olwekyo naffe tusobolera ddala okutambula bwe tutyo kasita twekwata ennyo ku Katonda .

Mu buli ngeri, mu Yesu tulina omuntu asobola okutwagazisa okukola ekintu oba okukoppa enkola gye yakikolangamu naffe ne tukikola. Oli bwe yeesigama ku maanyi ga Yesu era n'akoppa n'enkola gye yakolangamu ebintu, aba asobolera ddala bulungi okubuulira enjiri ey'obulokozi.

Pawulo asomesa mu Abeefeeso nti Yesu yawa ekkkanisa omukisa ogw'enjawulo mu talanta ez'enjawulo abantu ze balina ezisobolera ddala okutwala mu maaso omulimu gw'ekkanisa. Ababuulizi b'enjiri bateekeebwa wamu n'abatume, abasumba, abasomesa era ne bannabbi, era Pawulo aggumiza ensonga egamba nti abantu abalina talanta ezo bakola kinene nnyo okuzimba omulimu gw'ekkanisa era n'ekibiina kya Yesu.

- Waliwo ekirowoozo eky'abalukawo era
- abakkiriza bangi ne bakyagala nnyo. Kyali
- nti obuweereza bw'ekkanisa bukolebwenga
- bantu abasasulwa empeera nga basumba,
- wano abagoberezi balyokke bafunemu mu
- buweereza mu bigambo bino; okusomesa,
- okubuulira enjiri, okuwa amagezi awamu
- n'okubudaabuda ababa baweddemu
- essuubi n'okumenyeka emitima. Naye
- ensonga evaako abantu abamu okuweebwa
- talanta z'okukulembera kiba kuwa bakkiriza

- maanyi ga kukola mirimu gitwala buweereza
- mu maaso.

• R.C. SPROUL

Eba nsobi nnene okutunuulira obuweereza obw'ogerebwako mu Abeefeeso 4, n'okitwala nti baba boogera ku bantu abalina eky'enjawulo kye bakola mu kkanisa yaffe. Ebbaluwa ya Pawulo eyogera ku kintu ekisingawo wano. Obuweereza obwo weebuli okulaga nti ekkanisa eri mu kiti kya njawulo, era nti n'ekirala Mukama afuga era akolera mu bantu abanyoomebwa okulaba nti ekkanisa ekula n'egenda mu maaso ng'ekibiina . Abo be tulina mu kkanisa yaffe tulina okubafaako ennyo ate n'okulaba nti tusikiriza n'abo abali ebweru batwegatteko.

Tulina okukozesa talanta zaffe n'obuvunaanyizibwa era nga kino kitwetaagisa okukola ebintu mu ngeri esikiriza abalala okutukoppa. Era kino kitegeeza nti olw'obuwombeefu ate n'obutukuvu bwe tw'alaba mu masomo ge tukubye emabega, tulina okukulemberamu okulaba nti abantu ababa ne talanta zaabwe ezo tebazikozesa mu bukyamu oba mu ngeri esobola okutemaatema mu bakkiriza. Amalala , okwegulumiza, okwenoonyeza ebyaffe ku bwaffe era n'okukozesa obubi obuyinza bye bimbu ku bintu ebivaako okutemaatema mu bakkiriza.

Ekibuuzo: Ani mu kkanisa yo gw'oyinza okwogerako nti akola ekintu n'akwagazisa okukikola obulungi, era nga weesigamye ku ekyo buvunaanyizibwa ki mu kkanisa bw'olaba nti abantu babwettanira ebiro bino? Kufuuka basumba, kukulira bibiina bya bavubuka, kusomesa Bayibuli. Eriyo abo abafuba okubeera abajulirwa b'ekkanisa oba ababuulizi b'enjiri? Oba tebaliyo/gye bali kiva kuki?

Zino ze ngeri ez'emirundi ena ze tusobola okugwazisa abalala okubuulira enjiri mu bwesigwa:

1. LANGIRIRA ENJIRI

Emu ku ngeri y'okwagazisa abantu okubuulira enjiri kufuba kulaba nti bwe tuba tukungaanye tukikole buli kiseera. Era engeri endala ya kuyita baluganda bajje awo we tuba tukunganidde okubuulira enjiri. Kino kituyamba okufuna obuwagizi bwabwe ate era n'okutusabira ne

batusabira. Bwe twegatta awamu twongera okunyweza okukkiriza kwaffe era n'okulaga nti okubuulira enjiri kwa buli mukkiriza yenna.

2. TEGEKA BY'OKUBA OGENDA OKUBUULIRA

Fuba nnyo okujjukiza abantu gye bavudde, we baasookera okukkiriza Yesu, era n'engeri obulamu bwabwe gye bw'eyongedde okukyukamu nga bakkiriza Yesu. Batandika batya okukkiriza nti Yesu akola,, era okuva olwo bafunyeemu ki? Buli lw'okola ekintu bwe kiti eky'okujjukiza n'okutegeka abalala kyongera bwongezi okubagaazisa era n'okubawa amaanyi agagenda mu maaso n'okubuulira enjiri, era n'okusinza awamu n'okwebaza Katonda olw'ekyo ky'aba abakoledde mu bulamu bwabwe.

3. NYUMYA OBUGERO OBULAGA OKUKOLA KWA KATONDA:

Mu nkungaana zaffe tulina buli kiseera okuwuliriza engero eziraga nti okubuulira kwaffe enjiri kulimu ebikulu bye tulabye. Sanyukira embeera ennungi gye watuukako mu bulamu era n'ekulaga nti Katonda akola. Ate leeta ebyo by'oyiga mu mbeera eyali enzibu ng'olaba tesoboka.. Buli bantu lwe bawulira nti Katonda akola mu mbeera ebeera embi bafuna amaanyi agamukkiriza nti asobola nabo okubasumulula.

4. WA ABANTU OMUKISA

Mu kkanisa era ne mu kitundu w'obeera abantu bawe omukisa okwenyigira mu kubuulira enjiri. Tegeka enkungaana z'enjiri ezigatta abantu ku kyalo are era ne byalo ebingi biyinza okwegatta mu kubuga ekinene mu nkola ya ttabamiruka. Leeta abantu abapya babuulire enjiri ate twala abalala mu bifo awakunganira abantu abangi okugeza mu katale ne ku luguudo babuulire enjiri.. Weeyongere okutendekebwa mu ngeri y'okukulamu kino ate bw'okomawo tunula mu ebyo ebiba tebigenze bulungi omulundi oguba guddirira osobole okubirongoosa. Gye munaakoma okukikola abakkiriza baja kw'eyongera okufuna obuvumu n'okuggwaamu ekiwuggwe, era ekinaddirira mu bulamu bwabwe obwa bulijjo baja kusoosowazanga kubuulira njiri.

Tulina okukola ennyo ekintu ekyo ng'ababuulizi b'enjiri okusobozesa okwagazisa abalala bakikole kibasobozese okufuuka ababaka ba Katonda mu bubuulizi bw'enjiri.

OKUKUBAGANYA EBIROWOOZO (EDDAKIKA 20)

Weekeneneny ebibuzo bino wammanga oba ebigambo ebyo ebikubaganyiziddwako ebirowoozo:

- Kitegeeze ki okuzimba ekkansa mu ngeri Pawulo gy'annyonyolamu bw'erina okuzimbibwa mu Abeefeeso.?
- Tusobola tutya okunywerera mu kulaga ebyo ebitwawula ku balala ng'abakkiriza ba Kristo, ate ne mu kkanisa nga ababuulizi b'enjiri abalungi?
- Ng'oggyeeko engeri ennya ze tulabye mu ssomo lino, ngeri ki endala ze tusobola okwagazisaamu abalala okubuulira enjiri?

- Mmwe muli munnyo gwa nsi naye omunnyo bwe guggwaamu ensa balirungamu munnyo nabaki? Tegukyasaana nate wabula okusulibwa ebweru abantu okugulinnyirira.
- Kale omusana gwammwe gw'akenga bwe gutyo mu maaso g'abantu baalabenga ebigambo ebirungi bye mukola balyokke bagulumizenga kitammwe ali mu ggulu.

MATAYO 5: 14-16

OKUSSA MU NKOLA BYE TUSOMYE (EDDAKIKA 10)

Kye mmanyi nti owulira nti weenyumiririza mu nkola ey'okusigala mu kabondo kano okumala akaseera ate n'okusigala nga mukyagendera wamu ne banno ng'ababuulizi b'enjiri. Naye ku lw'obulungi bw'okutwala mu maaso omulimu gw'ekkanisa oba n'okukola ekintu obulungi n'okyagazisa n'abalala tandika okulowooza okutandikawo akabondo akalala.

Okumerusa obubondo obungi kye kigendererwa ekikulu eky'enkola eno eyokutendeka ababuulizi b'enjiri mu bubondo. Kakati tandika okuwandiika abantu b'ozudde nti basobola bulungi okwegatta ku mulimu guno era abo tandika okubalowozaako wiiki ejja. Ng'okozesa obumanyirivu bw'ofunye mu kabondo kano lowooza nnyo okutandikawo akabondo akalala.

ESSAALA

Sabira ekkansa y'omukitundu kyo , abagisabiramu babeere beesigwa eri okubuulira enjiri. Saba Katonda akuwe omukisa ogwagazisa abalala, era saba okukusobozesa okutongoza abalala ng'ababuulizi b'enjiri ate era ng'abantu abakola ebintu ebirungi ebisikiriza n'abalala okukola nga bo.

OKUWA EMBALIRIRA (EDDAKIKA 15)

Mujiuze empapula ezikozesebwa okupima oba nga musobodde okutuuka ku bigenderwa b'essomo eryo era n'ebyo ebiyinja okuba nti bibasoomoozezza. Buli omu awe munne olapapula lwe abeeko ky'alwogerako. Mw'egattire wamu mu kusaba.

ESSOMO ERY'EKKUMI N'ABIRI: OLUSIRIKA

Entikko y'omwaka gw'ebiyokukola mu kutendeka ababuulizi b'enjiri mu bubondo bwabwe luba lusirika. Engeri mmwe gye musalawo okukikola mmwe mugimanyi naye wano tugenda kulaba engeri ez'enjawulo kw'oyinza okutandikirako ekikyo ekikuyamba okukomekerezwa omwaka guno mu buweereza.

ENGERI Y'OKUTEGEKAMU OLUSIRIKA LUNO

Ekigendererwa ekikulu kukyusa kifo kye muba mumanyidde era n'okwongera ku budde obusingako ku obwo bwe mubadde mukozesa. Muyinza okusalawo okukiwa obudde obw'olweggulo oba mu ttuntu naye kyandibadde kirungi ne muwaayo olunaku lwonna ku nsonga eyo.

Bino bye bimu ku bye musobola okukola ku lunaku lw'olusirika.

OLUNYIRIRI LW'EKYAWANDIIBWA OLUGYA MU LUNAKU

Olunyiriri luno luggiddwa mu bbaluwa ya Pawulo eri Abakolosaayi, era lusobola okukola nga olunyiriri lw'ekyawandiikibwa eky'ebiseera ebyo eby'olusirika bwe mubeera nga munoonya obudde obutuufu bwe mulina okukoleramu olusirika.

- Muniyikiriranga mu kusaba, nga mutunulanga mu kusaba mu kwebaza; nate nga mutusabira naffe, Katonda okutuggulirawo oluggi olw'ekigambo, okwogera ekyama kya Kristo, n'okusibibwa

- kye nnasibirwa; ndyoke nkyolesenga, nga bwe kinywanidde okwogera. Mutambulirenga mu magezi eri abo ab'ebweru, nga mweguliranga ebbanga. Ebigambo byammwe bibeeranga n'ekisa ennaku zonna, nga binoga omunno, mulyoke mumanye bwe kibagwanidde okwanukulanga buli muntu yenna.

ABAKOLOSAAYI 4:2-6

Mu bubaka buno bw'olaba nga obutono oba Pawulo mulimu ebintu 12 bye tusobola okuyigamu ne tubyeyambisa ku lw'omulimu gwaffe ogw'okubuulira enjiri:

1. Beera mujjumbize mu kusaba essaala
2. Sabira n'abalala
3. Weesigame nnyo ku Katonda
4. Jjumbira nnyo okulangirira amawulire amalungi eri abalala
5. Weesibe nnyo ku bubaka obutegeerekeka
6. Okweweerayo ddala nga saddaaka kintu kikulu
7. Weesigame ku maanyi ga Katonda ali mu ggulu
8. Buli lw'ofuna omukisa ogw'okubuulira enjiri gukozeze
9. Bw'oba oyogera ate faayo n'okuwuliriza
10. Beera wa kisa ate nga oli muwombeefu
11. Baamu ensa mu by'okola
12. Beera mwetegefu era suubira nti bagenda kukubuuza ebibuuzo kikusobozese okwanukula buli muntu

Engeri gy'ogenda okusomamu ekitundu ekyo wekka oba ne banno bwe muli mu kabondo. Engeri gy'ogenda okukiggyamu obubaka era n'okubukubaganyaako ebirowoozo esinziira ku ggwe kennyini. Kino kisinziira ku ngeri gye mutegeseemu olusirika lwammwe. Naye ebirimu bikubeere mu birowoozo kubanga bya mugaso nnyo mu by'okukolako ebiri wammanga bye nnokoddeyo nga ndaba nga bya mugaso mu lusirika lwammwe.

EKIGAMBO

Ekigendererwa ekikulu eky'enkola eno ey'okutendeka ababuulizi b'enjiri mu bubondo kulaba nti beeyongerako nnyo mu kigambo ky'okubuulira enjiri, oba ekigambo kya Katonda eri ensi. N'olwekyo olusirika luyamba kinene nnyo ku nsonga eno.

OKWONGERA OKUSOMA ENNYO BAYIBULI

Buli lwe weyongerako ennyo okusoma ekigambo kya Katonda ebiseera ebyo oba tobyonoonye. Katugeze ssinga mubeera mwenna ne mutuula ne musoma ekigambo kya Katonda mu njiri nga bwe yawandiikibwa Makko kiba kirungi nnyo. Engeri gye kiri nti kitabo kimpi muyinza n'okuddamu ne mukisoma omulundi ogw'okubiri oba ogwokusatu nga mukisoma, ate era nga bwe musaba ne Katonda. Buli mmemba mumuwe omukisa ogw'okusoma, okubakulembera mu ssaala buli lwe musoma, ate era n'okukubaganya ebirowoozo

OKWEKENEENYA ENNYO EBYAWANDIIBWA

Waliwo engeri nnyingi nnyo ze musobola okujjumbiramu eky'okweneenya ebyawandiikibwa nga muli mu lusirika. Muyinza okusalawo okwejjukanya ebitundu biri obwedda bye mutunuulira mu masomo gali 11. Musobola okulondayo ebitundu ebirala mu ssomo lino ebija mu lusirika. Naye kyonna kye muba musazeewo okukola kirina okubeera nga kigendererwamu kubazimba nga mmwe ababuulizi b'enjiri.

EBIRALA EBIKULU ERA EBITALEKEKA

Mu kitabo kino waliyo ebintu bye ntegeze nga biteekeddwa emabega w'amasomo gano nga byongerako okuyamba okunnyikiza omulimu gano.

Era osobola n'okubyeyambisa okutambuzana enkola y'okutendeka ababuulizi b'enjiri mu bubondo ng'ogizimba mu ngeri yo.

- Obusatu
- Obwakabaka bwa Katonda
- Omusalaba
- Okuzuukira
- Ebibala by'omwoyo
- Okusinza n'okubuulira enjiri

OKUTAMBULIRA AWAMU N'ABANTU B'ENZIKIRIZA ENDALA

Bw'oba oyagala okumanya ebisukkawo genda ku mutimbagano gwa kompyuta ku gwandiisizo ly'enkola eno ey'okutendeka abaweereza mu bubondo nga lino liri "advancegroups.org" Munu mulimu ababuulizi b'enjiri ab'enjawulo nga bawo obubaka bwabwe era n'ebyo bye baali tebamanyi ne babiyiga nga beegasse ku bubondo buno. Ebintu ebirimu biyamba nnyo bwe mubisomera awamu era ne mubikubaganyaako ebirowoozo

EBY'OKWEYAMBISA EBIRALA

Muyinza okuba nga mwandyagadde okusigala nga mukyatambulira wamu ng'ekibiina oluvannyuma lw'omwaka. Kino muyinza okukikola nga musoma ebitabo olumu, ate olulala ne mukubaganya ebirowoozo. Mu masomo gano mwongeddwa ebintu ebirala emabega w'amasomo gano. Eriyo ebitabo bye ndaba nga birimu nnyo ebyokuyiga ebyongerako okuboogiyaza. Waliwo ebyo bye ntaddeko akamunyeenye bye bisinga kubanga bimpi, obubaka byabyo butegeerekeka mangu ate nga bulimu n'abantu abaatuula ne bakubaganya ebirowoozo.

ESSAALA

Mutegeke ekiseera eky'enjawulo nga kino kya ssaala. Ekiseera kino kisaana kibeeere n'ekigendererwa eky'enjawulo. Ate mubeere n'ekiseera kye mulekawo nga kiri wakati mu kusoma ebyawandiikibwa. Mu buli ngeri yonna okusaba kulina okugoberera ebintu bino bisatu.

OKUSABIRA BULI OMU

Mufeeyo okusabira buli omu. Buli omu muwe omukisa aleete ekyo ky'awulira nti Katonda akimukoledde bulungi era n'ekyo ky'ayagala okumusaba kitereere. Abantu tobagapapa nga bawaaayo ebintu byabwe. Bawe omukisa boogere buli kimu. Ebikulu ebizzaamu essuubi mu bye boogedde biwandiike awantu muleme kubyerabira.

OKUSABIRA EGGWANGA LYO AWAMU N'ENSI YONNA OKUTWALIRA AWAMU

Muweeyo ekiseera eky'okusabira eggwanga lyammwe ebizibu bye lirina ate n'ensi yonna okutwalira awamu . mu bitundu eby'enjawulo abantu baba n'ebizibu ebibakosa.. Bino biyinza okumanyibwa nga muyita mu mawulire oba ku Leediyo. Sabira ekkansa zaayo, obuweereza bwa minsani obuliyo nga bukola emirimu gya Katonda, awamu n'abantu sekinnoomu.

OKUSABIRA ENKOLA ENO YENNYINI EY'OBUBONDO

Weebaze Katonda abasobozesezza okutambula ne mutuuka awo wennyini we muli. Weetunulemu nga ggwe omuntu engeri gye weyongeddeko ate n'ebibala by'obulokozi by'okungudde. Saba Mukama ayongere okukukolamu omulimu weyongerere ddala okugenda mu maaso,okyusibwe mu byonna era osaanire ekitiibwa kya Katonda nga bwe kyogerebwa mu Abakkolinso 2:3:17-18.

OKUSINZA

Ebiseera byonna ebimalibwa ku mulimu gwa Katonda, okusaba essaala, okussa ekimu byonna kitundu ku kusinza. .muyinza okusalawo okusinza kwammwe ne mukukola nga muyimba. Kuno nakwo kusaba era kubuulira njiri.

OKUSINZA NGA MUYIMBA

Bwe mubeera nga mulinayo omuntu alina ekitone ky'okuyimba mumuyite ajje abeegatteko. Ku mukutu gwa kompyuta kuliko ennyimba n'abayimbi bangi abalina ekitone nga bano bali na ku ntambi za video. Musobola bulungi okubeeyambisa kubanga okubafuna tekyetaagisa kusasula. Okugeza omukutu gwa Youtube kuliko abayimbi bangi abalina ennyimba ezibaamu obubaka obuba butuukira obulungi ku ekyo kye muba musomako. Bafune

mubeeyambise okumunyeenyesa omulimu gwammwe. Mu kwegattira awamu okuyimba n'okulaga ekitiibwa kya Katonda mulimu nnyo omugaso.

OKUTONGOZA ABABUULIZI

Another way in which you could share in a corporate act of worship would be to commission each other before God in the evangelistic task that he has called and empowered you for. At the end of this first year of your Advance group it will be encouraging and affirming to recognise this milestone, so give thanks to God for it and pray over each other as you look to go again with the gospel for the salvation of the world and to the glory of God.

Engeri endala ey'okuzimbamu omulimu guno kwe kuwaayo obudde ne mutongoza buli omu ku mmwe ng'omubuulizi w'ekigambo kya Katonda. Era kino Katonda y'abeera yabawa amaanyi ag'enjawulo okukibuulira. Oluvannyuma lw'omwaka omulamba nga mukola ekintu kino Katonda abadde wamu nammwe. Mw'eyongere okumumanya era mwongere okumusaba kubanga kati mugenda mu nsi okukola omulimu omunene ennyo ogw'okumanyisa abantu ekigambo kya Katonda.

OKUSSA EKIMU

Buli lwe tukungaanira awamu tw'eyongera okussa ekimu ate n'okumanyagana. Okwegatta ku nkola eno ey'okutendeka abaweereza mu bubondo kibadde kirungi eri ggwe. Mweyongere okusigala obumu era kino mukisabe eri Katonda akibakolere.

OKUWA EMBALIRIRA

Kino kibadde kikolebwa mu buli ssomo era bwe kityo ne wano kikolebwe. Mwongere okukikola kubanga kirina omugaso munene.

OKUSIBA AWAMU N'OKUTEGEKA OBUBAGA

Muyinza okusalawo okuwaayo ekiseera nga kusiiba mu biseera by'olusirika.. Ate muyinza n'okutegeka akabaga we munaatuulira awamu ng'ekigendererwa kwogera ku bintu ebikwata ku bigambo bino ebikulu eby'omwoyo. Teri

ngeri ntuufu oba nkyamu ya kukikolamu mwe mulina okutegeka nga mugenderera entegeka yammwe.

EBY'OKUKOLA

Muyinza okusalawo okutegeka eby'okukolera awamu. Ka tugeze okugenda okulambula awantu awasirifu nga muli wamu mwenna ng'akabondo, ng'ekigendererwa kwongera okwefuumitiriza ku nsonga eno. Muyinza okukyalira ekkuumiro ly'ebisolo oba ekifo we batereka ebintu ebyomugaso ebyaliwo edda. Kino kireeta nnyo ebbugumu mu kukubaganya ebirowoozo ku bigambo by'omwoyo.

Musobola n'okutegeka ekintu ekibawummuza ebirowoozo okugeza eby'emizannyo omupiira awamu n'okudduka. Wano mweyongera kussa kimu na kusumulula bwongo bwamme bw'eyongere okulowooza ennyo ku kigambo kya Katonda.

EBITAREKEKA

Omwaka guweddeko era mumaze okusoma byonna ebikwata ku kutendeka ababuulizi b'enjiri mu bubondo. Era n'olusirika kumpi mugenda kulukomekkereza. Kaakati essira liri ku kutandika bubondo bulala buli omu agenda kutandikawo akalala.

AKABONDO KANO

Abantu bawe ekiseera buli omu anyumye ku ngeri gy'alabyemu enkola eno. Buli omu abuulire munne ebyo by'aganyuddwamu.. Biki by'osinze okufunayo mu masomo gano. Zzaamunno essuubi.

Gezaako okumanya oba nga wakyaliiyo abo abaagala okusigala nga bakyatambulira wamu ng'akabondo. Ate wa omukisa abo abaagala okuvaamu baveemu bagende. Mutegeke ebyo bye muwulira nti mwagala okubikolera awamu ng'akabondo mu myezi egiddako. Mugenda kuzozesa bintu ki oba kweyambisa makubo ki? Kusaba, lusirika, kusoma byawandikibwa, kubuulira njiri oba kunoonya bubaka ku mutimbagano gwa kompyuta.

OBUBONDO OBUPYA

Mutandike okulowooza ku kutandika obubondo obupya nga bwe mwategeze mu masomo agawedde. Zuula abantu we batuuse ku nkola eno.. Musabire omulimu guno.

Mu lusirika luno mufeeyo nnyo okujjukira ekigenderwra kyalwo ekikulu ate n'olugendo lwe mutambudde ng'akabondo. Mwebaze Mukama ebyo by'abakoledde ne musobola okutambulira awamu ate musabe abongere obusobozi obugenda mu maaso.

**AMASOMO AMALALA
AGONGEDDWAKO ERA
N'EBYOKWEYAMBISA
EBIRALA**

ESSOMO ERISOOKA MU GAYONGEDDWAKO: ENJIRI EYIITIRA MU KUNYUMYA

Ekitundu kino kikwata ku ngeri y’okweyambisa buli mukisa gw’olaba n’obuulira ekigambo kya Katonda, si so kweyambisa mikisa egyo egiriwo mu bangi ababa mu nkungaana ez’awamu.

ESSOMO MU BUFUNZE

Okubuulira enjiri mu nsi yonna kusinga kukolebwa mu nkola ya muntu kwogera na muntu omu nga bawaanyisiganya obubaka. N’olwekyo tulina okwetegekera okubunyisa enjiri mu nkola yonna Katonda gy’abeera atuteereddewo, si so kwesunga kubuulira mu nkungaana ez’abantu abangi.

EBIKWATA KU SSOMO LINO

Buli lunaku tunyumya n’abantu bangi. Naye abasinga tunyumya nga tubalabako maaso ku maaso. Naye kati ku mulembe gwa kompyuta abamu twogera nabo nga tweyambisa masimu gaffe. Wadde nga ayogera n’omuntu ku ssimu teyenkana oyo gw’oba olabako naye essimu efuuse ekintu abantu kye bettanira ennyo ebiro bino.

Okubuulira enjiri ku kituuti mu lukungaana olulimu abantu abangi, tekiwa muntu mukisa kubuuzza bulungi bibuuzo oyo aba abuulira.. Abulira ye ky’akola kuwa bubaka bwe ekiddirira kusuubira nti buba buyingidde mu mitima gy’abawuliriza. Naye omuntu bw’oba oyogera naye maaso ku maaso aba

n’omukisa ogukubuuza ebibuuzo. Ekirala enjiri ey’enkungaana ezirimu abantu abangi, mu abo mubaamu oyo ayinza okuwulira obubaka naye ate n’abutegeera mu ngeri ndala. Ono owa maaso ku maaso ky’aba tategedde ayongera okukibuuzza.

Enjiri yonna tebuulirirwa mu nkungaana. Mu byawandiikibwa ebitukuvu waliwo emirundi mingi nga ne Yesu abuulira enjiri eri abantu mu nkola eya maaso ku maaso. Mu Makko essuula 10:51 Yesu yabuuza Batulumaayo, “kiki ky’oyagala nkukolere” Ko oli nti, ‘njagala kutunula’ Kino kitegeeza nti Batulumaayo yayanukula era n’abuulira Yesu obuzibu bwe we bwali. Ate era ne mu ngeri y’emu yalina okukkiriza nti Yesu yalina amaanyi agawonya obuzibu obwo.. Wano waliwo enjiri ey’okuwonya ate era ne mu ngeri y’emu okufuula abadde muzibe n’afuuka omugoberezi w’ekigambo era akiweera obujulirwa.

Ne Firipo, omu ku abo abatono ennyo bayibuli beeyogerako nti babuulizi ba njiri, malayika yamuwa obuvunaanyizibwa okubuulira ekigambo kya Katonda mu nkola ya maaso ku maaso, era nga kino yakibuulira eri omulaawe Omwesiyoopya.(Ebikolwa 8:26-40). Abagoberezi ba Yesu okubuulira ekigambo kya Katonda bangi bakikola nga babuulira abantu b’omu maka gaabwe awamu n’emikwano, okwo osseeko abantu be basangiriza mu kkubo nga tebabamanyi. Mu byawandiikibwa ebitukuvu mulimu obujulizi obw’enkukunala obulaga nti Yesu n’abayigirizwa baali beetegefu nnyo okubuulira enjiri ey’abantu abangi mu nkungaana ate era n’okubuulira abo ba sekinoomu maaso ku maaso. Awo we mbuuliza nti naffe tw’etegeese?

EBIGOBERERWA KU SSOMO LINO

OKUMANYAGANYA (DDAKIKA 10-20)

Mw'eyongere okumanyagana, nyumiza munno by'omanyi, era buuza ekibuuzo bammemba banno ky'owulira nti kiyinza okutwala mu maaso omulimu guno. Mu bubinja butono obukutuddwamu mwogere ku wantu awaali obuwanguzi ate naawo awaali okulemererwa okuva lwe mwasembayo okusisinkana. Bagambe baggyeyo ebyo bye baalaba.

ESSAALA

Muweeyo obudde okusaba n'okuwanjagira Katonda nnaddala ku ebyo ebizibu ebitasoboka bantu, ate ebimu bammemba babyogeddeko wali mu kiseera kye tumaze okulaba eky'okumanyagana.

OKUSOMESA (EDDAKIKA 20-30)

Ebisomesebwa tandika okubisoma obitegeere bulungi kubanga oyinza n'okukozesa ebigambo ebibyo mu kunnyonyola.

- Amangu ago abayigirizwa ne bajja ne
- beewuunya kubanga abadde ayogera
- n'omukazi naye tewali muntu eyagamba
- nti Onoonya ki? Oba nti kiki ekikwogeza
- naye?Awo omukazi n'aleka ensuwa ye
- n'agenda mu kibuga n'abuulira abantu
- nti Mujje mulabe omuntu angambye bye
- nnakolanga byonna: ayinza okuba nga ye
- Kristo? Ne bava mu kibuga ne bajja gy'ali.

YOKAANA 4:27-30

Wakoma ddi okwogera n'omuntu yenna atali mukkiriza ng'omubuulira ku nzikiriza yo?Ate omugenyi gw'otalabangako? Ababuulizi b'enjiri bangi bakalubirirwa okutuukirira abantu omu ku omu okubabuulira enjiri. Bw'omuwa omuzindaalo mu lukungaana kimwanguyira, naye mugambe ayingire mu dduuka abuulireyo enjiri awo w'afunira obuzibu.

Ekibuuzo: Lwaki abantu basobola okwogera mu nkungaana ezibaamu abantu abangi ate ne batya okutuukirira omuntu ali abeera yekka awantu?

Yesu ayagala nnyo abantu omu ku omu mu ngeri y'emu nga bw'ayagala ababa mu nkungaana ez'olukale. Mu bayibuli bakulaga ebifo bingi we yatambuliranga ng'agenda abuulira ekigambo kya Katonda eri omuntu sekinnoomu gwe yasanganga eyo gye yatambuliranga. Yayogera n'abagagga era n'abaavu, abasajja awamu n'abakazi, abakulembeze b'eddiini n'abo abaali tebamanyi ddiini kye ki, abaamukyawanga nga baagala kumutta n'abo abaali bamwagala. Yesu yawuliranga bulungi okutambuza amawulire amalungi.

Yesu bwe yasisinkana omukazi Omusamaliya bingi bye tusobola okuyigira mu luisisinkana luno:

1. WEETEGERE OKUSISINKANA ABANTU

Omukazi Omusamaliya ye yali teyeetegese era takirowoozangako nti alisisinkana omuntu nga Yesu. Naye ye Yesu yali mw'etegefu nnyo ku nsonga eno. Yesu okwogera akutandikira ku kizibu kya mazzi ffenna ge tumanyi obulungi nti ga mugaso eri obulamu. Bameka abatandise ensisinkana nga beeyambisa ekyetaago nga kino ekikulu eri obulamu? Emikisa mingi gye tusanga mu bulamu obwa bulijjo buli lunaku era nga gino tusaana tugikozese. Omukugu mu kukola amasannyalaze awaka wo. Omusawo akujjanjaba. Omusomesa asomesa omwana wo. Gino gyonna mikisa gy'osisinkana buli lunaku, naye bameka abagyeyambisizza? Tulina okuwa abantu baffe essuubi buli kiseera ne bwe tuba tukooye, kubanga ne Yesu wano yali akooye olw'emirimu.

2. YOGERA MU NGERI EZZAAMU AMAANYI

Ekimu ku bintu ebirungi ennyo bye tulaba mu luisisinkana luno kiri nti Yesu yayogeranga mu ngeri ezzaamu abantu essuubi. Yabakwatanga bulungi era yayogezanga kisa ate ng'alaga nti abalumirirwa. Engeri gye yayogera n'Omusamaliya yali ya buvunaanyizibwa ate n'amubuulira amawulire agaali gazzaamu amaanyi ate nga gaali ga mazima meerere. Kya

kuyiga nnyo gye tuli nga ffe ababuulizi b'enjiri. Era bwe kityo tusaana tukikoppe.

3. FFAAYO OKUWULIRIZA

Kibeera kirungi bwe tukitegeera nti okuwuliriza n'okwogera bitambulira wamu. Abantu be tubuulira baba bawulira n'olwekyo baba bateekwa okubuuzza ebibuuzo. Ffaayo okuwuliriza abantu ababa bakuuzizza ekibuuzo ate oluusi naawe kiyinza okukwetaagisa okubuuzza ebibuuzo ebisoomoza ate nga biyamba n'omuntu okuyiga nga Yesu kye bwe yabuuzanga omukazi oyo.

Okubuuzza ebibuuzo kiyamba nnyo omuntu okulowooza ennyo ku ekyo ky'oba omubuulidde ate era n'okwongerera okulowooza ku ekyo ekikyey ky'abeera amanyi. Tokaka bukasi bantu kuwuliriza birowoozo byo.

4. OMUNTU MUJJE MU MBEERA Y'OKUBEERA NGA KY'AMANYI KIKYAMU OMUZZE MU EYO EY'OKUBIKKULIRWA

Omukazi Omusamaliya ebintu Yesu by'amugamba tasooka kubitegeererawo. (olunyiriri 11) Yesu agenda mu maaso n'okulafubana okumubuulira, kino kimuyambe okutuuka mu mbeera ey'okubikkulirwa. Okufuna obukyamu obubaka era n'obutabumanya kintu kisangibwa nnyo mu bantu baffe. Topapa, genda mpola, era weeyongere okunnyonyola okutuusa ng'omuntu omunnyonyodde ekintu n'akitegeera bulungi. Ggwe guno gwe mulimu gwo, ebisigaddeyo birekere Mwoyo wa Katonda abikole.

5. WEESIBE KU NSONGA ESINGA MAKULU

Yesu yali ayinza okwesiba ku nsonga y'obuwangwa oba ebyobufuzi ng'omukazi amusabye amazzi. Naye teyakikola. Yeeseba ku nsonga eyali esingayo amakulu nga eno kwe kubuulira enjiri. Emirundi mingi nga tubuulira enjiri wabeerayo embeera oluusi eyagala okutuggya ku mulamwa. Naye tova ku mulamwa sigala ng'okyaalemedde ku kya kubuulira njiri, weewaawo nga tekikugaana kwogerako akatonotono ku bintu ebirala.

6. TONYOOMA MUNTU LWA NDABIKA

Omuntu oyo gw'oba obulira enjiri tomunyooma. Alina obusobozi obw'okukuwuliriza ate era n'obwokufuuka omujulirwa eri ensi yonna ng'abuulira enjiri. Bangi abaali banyoomebwa baazuulibwa mu ngeri efaanana bwetyo, era ekyaddirira ne bafuuka ababuulizi b'enjiri abalungi ennyo. N'olwekyo ffe tulina okubeera n'ebigambo era n'ebikolwa ebirungi eby'agazisa abalala omulimu guno omulungi ogw'okubuulira enjiri

Abantu abamu bayinza obutaba na kituuti kya kulinyako okubuulirirako enjiri (ate era ne talanta bayinza obutaba nayo). Naye buli muntu akwatibwako okubuulira enjiri. Bangi babuulidde enjiri mu bitundu ebiberako mu nsi nga babuulira mu nkola eno eya maaso ku maaso. Omukkiriza n'ayogera ne mukkiriza munne oba oyo gw'ayagala afuuke omukkiriza. Ne Yesu era n'abayigirizwa kino baakikolanga nnyo

OKUKUBAGANYA EBIROWOOZO (EDDAKIKA 20)

Weekeneenye ebibuuzo bino wammanga oba ebigambo ebyo ebikubaganyiziddwako ebirowoozo

- *Lwaki kintu kuwuliriza kikulu nnyo bwe tubanga twogera n'abantu ku bikwata ku kukkiriza kwaffe?*
- *Njawulo ki gy'oyinza okubuuliriramu enjiri eya maaso ku maaso eri omuntu omu gw'oba omanyi ate n'omugenyi?*
- *Oyinza otya okufuba okunoonya emikisa gy'okubuuliramu enjiri?*
- *Osobola otya okuyamba abo abeesanga ng'okuwa obujulirwa mu bantu kibakaluubirira?*

Okufuba kwaffe mu kubuulira enjiri tekusenziira ku ngeri gye tukikolamu naye mu mbeera eraga nti tukuze mu nsonga eno. Tulina omutima ogwagala Katonda era tufaayo nnyo ku bintu ebyo Katonda byafaako ennyo okugeza okunoonya abaabula.

Kasita tubeera n'omutima ogwagala Katonda tusobola okukola byonna ebitwala mu maaso omulimu gw'obwakabaka bwe mu mbooji zonna eza bulijjo ze tunyumya n'abantu ab'enjawulo.

NORMAN NE DAVID GEISLER

OKUSSA MU NKOLA BYE TUSOMYE (EDDAKIKA 5)

Baako omuntu yenna gw'oyogera naye mu sabbiiti eno ku bikwata ku kukkiriza kwo. Kino tokikola mu bali b'osanze mu nkungaana. Kikole mu mbeera ya kusanga muntu omu. Mubuuze oba alina ekibuuzo kyonna ky'aba alina okukubuuza nga kikwata ku nzikiriza yo. Era fuba okumanya oba nga omuntu oyo mwetegefu okusigala nga mukyawuliziganya naye. Mubuuze ekibuuzo ekiraga Yesu y'ani era wa gy'alowooza nti omulimu gwa Yesu gye gututwala.

ESSAALA

Saba essaala Katonda akuyambe okulaba obusobozi bw'olina mu kubuulira enjiri era n'okwagazisa abalala ekigambo kye. Musabe akusobozese okukozesa obusobozi buno ku lw'okutambuza omulimu gwe. . Mwebaze okukuteerawo emikisa mu maaso go gy'okozesezza okuzimba omulimu gw'obwakabaka bwe. Sabira abo abasanga okusoomoozebwa mu kubuulira abantu enjiri ey'a maaso ku maaso bagume era abaggyemu ekiwuggwe.

OKUWA EMBALIRIRA (EDDAKIKA 15)

Mujjuze empapula ezikozesebwa okupima oba nga musobodde okutuuka ku bigenderwa b'essomo eryo era n'ebyo ebinyinza okuba nti bibasoomoozezza. Buli omu awe munne olapapula lwe abeeko ky'alwogerako. Mw'egattire wamu mu kusaba.

ESSOMO ERYOKUBIRI MU GAYONGEDDWAKO OKUTAASA OBUKKIRIZA

Ekitundu kino kikwata ku ngeri y'okutaasa obukkiriza eri abo abagezaako okubujungulula. Wano tutunuulira ebintu ebyo abantu b'ensi bye bettanira okwogerako naye nga mu buli ngeri tubakomyawo okubatunza ku bigendererwa by'obukkiriza era ne Kristo Yesu ng'omutwe gw'ekkanisa.

ESSOMO MU BUFUNZE

Okutaasa obukkiriza kye ky'okulwanyisa eky'enjawulo eri omubuulizi w'enjiri okuddamu ebibuuzo byonna ebikwata ku bukkiriza, era n'okufuba okutaasa omulamwa gw'enjiri eri abo ababa bagiwakanya.

EBIKWATA KU SSOMO LINO

Buli lwe tubuuzibwa ebibuuzo ebiba bikwata ku kukkiriza kwaffe buba buvunaanyizibwa bwaffe okubiddamu ate nga tubiddamu mu butuufu, mu mazima ate okusinga ennyo nga tw'esigama ku ebyo ebiba bikwata ku Kristo.

Okutaasa obukkiriza kitegeeza, "kulwana nnyo kulaba nga olwanirira enzikiriza y'abagoberezi ba Kristo.". Ekintu kino si kipya n'akamu mu by'okubuulira enjiri, era nga kiviira ddala mu byawandiikibwa ebitekuvu mu Bayibuli mu kigambo 'apologia' mu Peetero 1: 3:15 era ne tukiraba ne mu kwogera kwa Pawulo mu eri Abateeni okuli mu Ebikolwa 17. Mu Bayibuli mulimu ebifo ebiberako we tusanga nga abantu nga boolesa enkola ey'enjawulo mu buvumu obungi ne bayimirirawo okulwanirira era n'okutaasa obukkiriza eri abawakanyi awamu n'abajunguluzi.

Omulimi gwabo abayimirirawo okutaasa obukkiriza si kulaga nti Katonda kizibu okumukkiriza wabula gubeera kubuulira bantu mazima. Tulwanirira enzikiriza yaffe abo baba tebamanyi mazima bagategeere naye nga Katonda asigala nga nga ye nnannyini buyinza obulokola.

- Abalwanirira enzikiriza tebasobola kukulokola Yesu yekka yalina amaanyi agalokola. Naye bano balina kubeera nga Yokaana Omubatiza eyakuba ekkubo eggolokofu, ery'asobozesa omusalaba gwa Yesu okuyitamu

J.W. MONTGOMERY

Abalwanirira obukkiriza omulimu gwabwe omukulu kwe kulaba nti bayimirirawo ne baziizya ekintu kyonna oba omuntu yenna aba agezaako okuggya Yesu ku namulondo ye. Kino kikuleetera okukonaagana n'abantu naye tuteekedwa okukitegeera nga Chris Sinkinson bwe yagamba, "ekigendererwa kyaffe si kunyiiza bannaffe naye naye kwanika abo ababa balwanyisa n'okujungulula omulimu gwa Kristo."

Kikulu nnyo okukitegeera nti okukozesa enkola ey'okulwanirira obukkiriza tekikoma ku bubuulizi bwa njiri kyokka, naye kiyamba ekkana okufuuka eteredde mu bigambo bino eby'okuzimba n'okufuna abayigirizwa abawerako, era n'okuyamba abakkiriza okwongerera okumanya amazima agasukkiridde, awamu n'okuleeta abatali bakkiriza mu kkubo ly'omusalaba.

EBIGOBERERWA KU SSOMO LINO

OKUMANYAGANYA (DDAKIIKA 10-20)

Mw'eyongere okumanyagana, nyumiza munno by'omanyi, era buuza ekibuuzo bamemba banno ky'owulira nti kiyinza okutwala mu maaso omulimu guno. Mu bubinja butono obukutuddwamu mwogere ku wantu awaali obuwanguzi ate naawo awaali okulemererwa okuva lwe mwasembayo okusisinkana. Baggyeyo ebyo bye baalaba

ESSAALA

Muweeyo obudde okusaba n'okuwanjagira naddala ku ebyo ebizibu ebitasoboka bantu ate ebimu bammemba babyogeddeko wali mu kiseera kye tumaze okulaba eky'okumanyagana

OKUSOMESA (EDDAKIIKA 20-30)

Ebisemesebwa tandika okubisoma obitegeere bulungi kubanga oyinza n'okukozesa ebigambo ebibyo mu kunnyonyola.

- Naye mutukuzenga mu mitima gyammwe
- okubeera Mukama wammwe; nga
- mweteekateeka bulijjo okuddamu buli
- muntu ababuuzanga ensonga ey'okusuubira
- okuli mu mmwe, naye n'obuwombeefu
- n'okutya

1 PEETERO 3:15

Peetero asaba buli mukkiriza okuba omwetegefu okwanukula buli nsonga eri abo ababa babuuzza ku biba bikwata ku kubuusabuusa kwe baba nakwo. Tulina okuba nga twetegese okubuulira enjiri naye ate bwe wabaawo ebibuuzo ebiba bibuuzibwa tuteekwa okwetegeka obuyanganga mu bulambulukufu era mu mazima.

Ebibuuzo ebikulu eri obukkiriza ate era bye bitera okusinga okuba ebizibu abantu okubiddamu. Okugeza, "Iwaki ndi wano?" "twava wa?" "Obulamu kitegeeza ki?" Oluusi bayinza okukubuuzza olage endowooza obukkiriza gye buba bulina ku bintu

eby'ekuusa ku mbeera z'abantu eza bulijjo nga; okukomolebwa, okuggyamu embuto, omwenkanonkano gw'abasajja n'abakazi, okwawukanya abafumbo oba okunoba. Oluusi wesanga nga by'onnyonyola biwakanya engeri ey'omulembe ogwa sayansi. Ka tugeze bw'otandika okubuulira abantu ku biba bikwata ku kutondebwa kw'eggulu n'ensi era n'omuntu nga bwe by'ogerwako mu kitabo Oluberyeberye, oba oja kukontana ne sayansi kuba ye kino akiwakanyiza ddala. Ate ebibuuzo ebirala biba by'ekuusa ku mbeera na nkola ya Katonda. Okugeza oli asobola okukubuuzza nti, "Katonda bw'abeera nga mulungi lwaki akkiriza ensi okubonaabona?"

Ekibuuzo: Bibuuzo bya ngeri ki ebikwata ku bukkiriza bye baali bakubuuzizzaako era wali weetegese otya okubiddamu?

Eky'omukisa abalwanirira obukkiriza tebasobola kulokola muntu, n'olwekyo okufuba ennyo okunnyonyola omuwakanyi si kye kikulu. Weewaawo kino kiyamba olumu omuntu atali mukkiriza okufuuka omukkiriza, naye Katonda ye yekka y'alina amaanyi agasobola okukomyawo mu bulamu omuntu aba afudde mu bigambo by'omwoyo ssinga omuntu awuliriza okuyitibwa kwa Katonda.

Kirowoozeeko bw'oti. Waliwo omusalaba oguli emabbali w'ekkubo eddene luyitirako ebidduka ebingi. Olufu olw'amaanyi lugudde ku luguudo awo okumpi ne we guli. Omuntu tasobola kugulaba mangu. Oluguudo oluvugirwako emmotoka nalwo si lulungi, lulimu ebisisiriko, ebifunvu, agayinja n'entuumu z'ettaka ezirekiddwa awo. Kaakati ggwe alwanirira obukkiriza omulimu gwo kwe kulaba nti oggyawo ebisiriko, entuumu z'ettaka, ebivonvu n'olufu oluba lukutte omusalaba ogwo gusobole okulengerekeka obulungi. . Ekigendererwa ekikulu eky'omuntu alwanirira obukkiriza kwe kulaba nti ayerula omusalaba gusobole okulengerekeka obulungi, kubanga wano awali omusalaba abakkiriza we basobolera okusinziira okulengera Yesu azuukidde.. Okulwanirira obukkiriza kiyamba omuntu oyo aba tannakkiriza okufuna omukisa okusisinka Yesu.

Bino byebintu ebina bye tuteekwa okubeera nabyo mu birowoozo okusobola okukola obulungi omulimu gw'okulwanirira obukkiriza.

1. OMULIMU GUKOLE NGA WEEYAMBISA AMAANYI AG'OKWETEGEKA

Eri abamu nga Ravi Zacharius, William Lane Craig, ne John Lennox okulwanirira obukkiriza kyali kintu kikulu nnyo mu bigambo by'okubuulira enjiri. Bwe batyo baafuba nnyo okusoma amasomo nga obufirosoofi, ebyeddiini, sayansi, ebyafaayo ate neryo erikwata ku bintu ebiriwo kaakati. Abalala bo bafuba kulaba nga beetaba mu kukubaganya birowoozo ku bintu ebibaawo mu kiseera kino, babinyumya n'abo be balaba nti bibanyumira nnyo. Kino kitegeeza nti tulina okusigala nga tusoma nnyo ebyawandikiwa kituyambe okw'eyongera okumanya ennyo Katonda.

2. WEEMALIRE KU MAANYI G'ESSAALA

Mu kubulira enjiri okwa buli kika kintu kusaba ssaala kikulu nnyo. Eri omulwanirizi w'obukkiriza saba nnyo Katonda akuyambe osobole okwanukula ebibuuzo ebikubuuzibwa ku bukkiriza mu ngeri etanyizira muntu ate nga emussaamu n'ekitiibwa.

3. MANYA AMAANYI G'OBUKWATAMPOLA

Okwepanka n'okwefuula ow'ekitalo ennyo si bintu birungi n'akamu. Okuddamu omuntu ekibuuzo tekitegeeza nti tulina kufuuka bakaawu. Ate obukakkamu kitegeeza nti tulina okukkiriza nti ekintu bwe kiti tetukimanyi. Osobola okumuddamu bw'oti, "ekyo kibuuze kirungi nnyo, naye ekyamazima simanyi byakukiddamu."

4. KOZESA AMAANYI G'EKIBUUZU

Abantu bwe bamanya nti oli muntu akkiriza okubuuzibwa ebibuuzo era nti bwe babikubuza obiddamu bulungi, kikufuula omuntu gwe baagala okuwuliriza era n'okukubaganya naawe ebirowoozo. Kino kituukira nnyo ku abo ababa baagala okukubuza ebibuuzo naye nga batya nti oyinza okunyiga. Ate naawe totya kubuuzo bibuuzo kubanga abuuza ebibuuzo naye aba mw'etegefu okubuuzo ebibuuzo. . Abantu kiba kirungi okubalaga nti ebimu babimanyi mu bukyamu. Yesu bwe yali asomesa yabuuzo nnyo ebibuuzo, era ebiri mu Bayibuli bitulaga nti yabuuzo nnyo ebibuuzo okusinga emirundi gye yayanukula ebibuuzo.

Teri muntu n'omu yali afuuse mukkiriza olw'okuba nti awanguddwa mu kukubaganya ebirowoozo ku bukkiriza. Naye abakyuka bakikola lwakuba nti abalwanirira obukkiriza babakwata mpola okubaleeta mu mbeera etegeera amaanyi g'omusalaba

OKUKUBAGANYA EBIRWOOZO (EDDAKIKA 20)

Weekenneenye ebibuuzo bino wammanga oba ebigambo ebyo ebikubaganyiziddwako ebirowoozo

- Lwaki kintu kikulu okufaayo ennyo ku bibuuzo by'abantu bye babuuzo?
- Bizibu ki abalwanirira obukkiriza bye basanga nga bakola omulimu gwabwe?
- Owulira ng'olina obusobozi okwanukula ebibuuzo ebikubuuzibwa ng'obadde obuulira ekigambo kya Katonda?
- Ngeri ki enkola y'okulwanirira obukkiriza gy'eyinza okufuuka ey'omugaso mu by'okusinza?

- Okulwanyisa obukkiriza kulina bingi ebikusobozesa okutambula obulungi kinnawadda. Kiri eri oyo alwanirira obukkiriza okulaba engeri gy'ayinza okutegeka okukulamu omulimu gwe eri abantu abali muni. Bw'alemwa okukikola obulungi bino bisigala ku mpapula nga tebikoze kutereza bukkiriza.

ALISTAIR MCGRATH

OKUSSA MU NKOLA BYE TUSOMYE (EDDAKIKA 5)

Lowooza nnyo ku bibuuzo bino ebitera okubuuzebwa ku nsonga ekwata ku bagoberezi ba Kristo, era olabe engeri gy'osobolamu okuyamba omuntu asobole okusemberera omusalaba

- Ani yatonda Katonda?
- Olowooza sayansi by'akoze tebiraga nti eddiini eri mu bulimba?
- Enkola ya sayansi eyogera ku ngeri ensi gye yatandika ng'eva mu kwekutulamu ebibajjo olowooza tewakanya ebigambibwa nti Katonda yatonda ensi?
- Bw'aba Katonda mulungi lwaki aleka abantu mu nsi ne babonaabona?
- Olowooza Bayibuli eyo teriimu nnyo ensobi awamu n'okwekuba endobo?
- Teri kigambo mazima masengeje, n'olwekyo buli omu akkirize nga bw'alaba?
- Ndi muntu mulungi, lwaki Katonda ansindika mu ggeyeena olw'okuba nti sikkiriza nti waali?
- Lwaki obugoberezi bwa Yesu mu kifo ky'enzikiriza endala?
- Okkiririza mu by'amagero?

ESSAALA

Saba essaala Katonda akuyambe akuwe n'amaanyi agasobola okwanukula ebibuuzo eri ensi mu buwombeefu n'okussa ekitiibwa mu bantu abakubuuza ebibuuzo. Ate obeere mu kifaananyi ekirungi ng'okola omulimu guno ekiweesa Katonda ekitiibwa, nga wessaamu ekitiibwa ate era ng'oli muvumu. Sabira omutima ogumenyese era ogulindirira okufuna okumanya. Eras saba Katonda akikumanyise nti wadde nga olina obusobozi okuddamu obulungi ebibuuzo ebiba bikubuuzeiddwa amaanyi ga Katonda agalokola tegasinziira ku kintu ekyo.

OKUWA EMBALIRIRA (EDDAKIKA 15)

Mujjuze empapula ezikozesebwa okupima oba nga musobodde okutuuka ku bigenderwa b'essomo eryo era n'ebyo ebinyinza okuba nti bibasoomoozezza. Buli omu awe munne olapapula lwe abeeko ky'alwogerako. Mw'egattire wamu mu kusaba

EKIKOMERERAYO: ENGIGIRIZZA Y'ENJIRI

Toliwo kubanga waaliwo akabenje akaagwawo, wabula w'oli kubanga Katonda (Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu) ajjudde okwagala yakutonda mu kifaananyi ke ekituukiridde. Era ng'ono yakuwa obulamu (Oluberyeberye 1)

Bonna bajeemera Katonda (baayonoona) ne batambulira mu makubo gaabwe, mu kifo ky'okutambula nga bagondera Katonda. Ky'ova olaba ng'ensi eno ejjudde ebiwoobe n'okubonaabona. Obutali bwenkanya bwe butyo bunyiiza Katonda kubanga ye tasonyiwa wadde okunyooma ekibi oba okukisonyiwa naye abonereza abo abasobya (Abaruumi 3:23).

Tufuuka banafu nnyo kasita tujeemera Katonda, kubanga tubanga ababa beenyigidde mu bikolwa eby'obujeemu ebinyiiza kabaka w'eggulu. Okujeemera Katonda kubeera kugaana bulamu bupya. Tuba tulinze kufa na kufuna kibonerezo kiva wa Katonda (ow'obuyinza) kubanga tuba tumenye etteeka lye ery'okutambulira ku mutindo gw'aba ayagala (Abaruumi 6:23)

Katonda tayagala muntu yenna kufa oba kuzikirira kubanga ye yennyini kwagala, ate ng'ayagala nnyo okusigala n'omuntu mu nkolagana emutwala mu bulamu obutaggwaawo. Katonda yateekawo enkola entuufu ey'okutuddukirira tuleme kuzikirira (Timoseewo 1:2:4-6)

Katonda yatuma Yesu omwana we mu nsi ng'omuntu, atambulire mu bulamu obutuukiridde nga tajeemera kitaawe. Yesu yattibwa ku musalaba nga kino ky'amutuukako ku lwaffe, era n'atwala okufa okw'andibadde okwaffe.

Waayitawo ennaku ssatu Yesu n'azuukira mu bafu era bwatyo n'asangulawo ekikolimo ky'okufa. Obulamu obupya busoboka okubaawo nga tukkirizza era n'okwesiga Yesu Kristo era n'okufaayo ennyo okulaba nti tunoonya okusonyiyibwa ebibi (Engero 28:13, Abeefeeso 2:1-10, Yokaana 1:7-7)

Okufa kwa Yesu awamu n'okuukira kwe kw'avaamu okututabaganya, okutununula, okutusanyusa, ate n'okuwangula ekibi. Yesu yagabana ebibi byaffe ate ffe ne tugabanamu obutuukirivu bwe. . Kino okutuukirizibwa kyangu nnyo, anti kukkiriza bukkiriza Yesu nti Mukama, era nti Katonda yamuzuukiza okuva mu bafu. Tulokolebwa lwa kukkiriza okwo kwokka. (Matayo 20:28, Abaruumi 10:9, Abakkolinso 2:5;18-21, Yokaana 12:31, Abakolosaayi 2:15).

Awo tusobola okuzzaawo enkolagana wakati waffe ne Katonda Kitaffe. Tufuna emirembe era Katonda n'atukkiriza okuyingira mu nnyumba ye. Tuleka obulamu buli obukadde era ne tuzaalibwa buto mu buno obupya (Lukka 9:23, Abakolosaayi 1:20,2:13-14, Abaruumi 5;1-2, Abaggalatiya 4:4-7).

Yesu yalinnya mu ggulu era eno atudde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda gy'afugira. . Naye yatusindikira amaanyi ga Mwoyo Mutukuvu okutuyamba okutuwa amaanyi tusobole okutambulira mu buwulize, era ne mu bulamu obujjudde, ate n'okubuulira abantu b'ensi zonna amawulire gano amalungi. Tw'afuuka kitonde kijja, abayigirizwa, era abakusiddwa ne tutambulira mu kukola obulungi okwa Mwoyo Mutukuvu. Kino ne kituviiramu ebibala ebirungi. Tukola nga ababaka ba Katonda mu nsi, nga tuli mu kifaananyi eky'emirembe, ate nga tuli bajulirwa ab'ebigambo eby'amazima ku bikwata ku Yesu eri ensi zonna era n'ebyo bye yakola (Mikka 6:8, Ebikolwa 1:8, Abakkolinso 2: 5;11-21, Abaggalatiya 5:22-23)

Olunaku lumu Yesu alikomawo nate okusala omusango ogw'abalumu n'abafu. Obwakabaka bwa Katonda obutuukiridde buliteekebwawo era obulamu obutaggwaawo bulindiridde abo abalyesiga Yesu nga Mukama. Okufa okutaliggwaawo kulindiridde abo abatalimwesiga. Amawulire amalungi gali nti teri asaanira kuzikirira. Ffenna tusobola okumanya obulamu obutaggwaawo nga tuyita mu Katonda era n'okukkiriza Yesu Kristo (Abakkolinso 1:15, Okubikkulirwa 21;1-8, 22;1-5). .

EKIKOMERERAYO: AMAZIMA G'ENJIRI

Ng'ebintu byonna tebinabaawo Katonda yaliwo mu mbeera etuukiridde, era nga yali mu busatu, Kitaffe, Mwana ne Mwoyo Mutukuvu. Katonda yatonda ensi era nga yali nnungi. Yalina enkolagana eyali ennungi n'omuntu. Tw'atondeba tube n'obulamu obutuukiridde obufaanana nga kabaka w'eggulu era akulira obulamu. Naye Katonda teyawaliriza bantu kumwagala. Kino yaleka omuntu yeesalirewo. Olw'okuba nti omuntu yalekerwa eddembe ly'okwesalirawo yasalawo kujeemera Katonda.

Okujeemera kabaka w'eggulu kuba kulya mu ggulu lukwe, ne bw'obeera nga tojeemedde bulamu bwenyini. Okufa n'okubonaabona bwe bityo ne biyingira mu bulamu. Omuntu bye yakola by'amuleetera okwawukana ne Katonda ate nga teri na ngeri yonna ya kuddayo gyali. Katonda yali tayinza kusonyiwa bwewagguze kubanga kino ky'andibadde nga ekitegeeza nti obwenkanya tebuliwo. Katonda omutukuvu era alina obwenkanya aba ayagalsa wabeewo omutango oguba gulina okusasulibwa olw'ebibi ebyo. Okubonereza omuntu eyeewagudde awanikibwa ku kalabba.

Naye Katonda olw'okuba yayagala nnyo ensi yatandikawo entegeka ey'okuwonya omuntu okuttibwa, kino kitusobozese okumanya obujjuvu bwe era n'okwagala kwe okutakoma. Bwatyo yasindika omwana we Yesu mu nsi atambulire mu bulamu obutuukiridde, nga buno tebujeemera Katonda, era ne yeetikka omugugu gwonna ogw'ebisobyo byonna ebyakolebwa eri Katonda

Yesu yafiira ku musalaba awatali kuwakanya atwale ekibonerezo ky'okufa eky'andisaanidde omuntu olw'obujeemu bwe, era mu kino ekibi eky'andibadde ekyaffe ne kifuuka ekiky'e. Waayitawo ennaku ssatu n'azuukira kubanga ye Katonda era okufa tekusobola kumusinga maanyi. Mu ngeri eno kino kyali tekikoma kutegeeza butegeeza nti abantu baafuna obulamu obupya era obutaggwaawo, naye nti baasonyiyibwa n'obwewagguze eri Katonda. Ekikolimo ky'ekibi ky'amenyebwa.

Kye tulina okukola kwe kukkiriza nti Yesu y'oyo eyakomererwa ku musalaba, n'afa, n'aziikibwa, n'akka emagombe mu bafu era ku lunaku olw'okusatu n'azuukira mu bafu. Ono ye mulokozi w'ensi era kabaka w'eggulu, era osaana omulonde afuuke kabaka w'obulamu bwo. Abamukkiriza balokoka era ne bafuna obulamu obuggya. Ate bwe yasindika Mwoyo Omutukuvu ono atuwa amaanyi ne tusobola okutambula mu bulamu obwatutonderwa. Era nga buno bwe bulaga Katonda atuukiridde. Bwe twesiga Yesu tuva mu bulamu buli obukadde obw'okufa ne tuzaalibwa mu bulamu obuggya. Yesu agenda kukomawo nate era ekiriddirira obwakabaka bwe obutuukiridde buliteekebwawo. Abo abamwesiga bagenda kubeera mu bwakabaka bunu emirembe n'emirembe. N'olwekyo tuteekeddwa okugabana okwagala kwa Katonda n'ensi olwo bona basobole okumanya essuubi lye eritaggwaawo.

EKIKOMERERAYO: EKYOKULABIRAKO EKY'EDDAKIKA KKUMI OKWOGERA ERI BAVUBUKA KU BIGAMBO BY'ENJIRI

EKISOOKA : TOLIWO NG'AKABENJE BWE KAGWAWO

Bangi balowooza nti .mu nsi uno baliwo mu bukyamu. Nti baliwo kubanga eggulu lyatondebwawo. Era waayitawo obuwumbi bw'emyaka abantu bano ne bajja. Naye ekyo tekikola makulu era tekinyonnyola mu bujuvu ngeri bulamu gye bulina kubeerawo.

Bayibuli etugamba nti Katonda talina ntandikwa era nti ensi yagitonda ng'ayagala okugabira ebyo bye yatonda okwagala kwe yalina

N'olwekyo toliiwo mu mbeera ya kabenje, Katonda akwagala era yakutonda alina ekigendererwa.

EEY'OKUBIRI : OLI MUKYAMU NNYO

Ekiriwo kiri nti abantu bwe balemwa okumanya nti Katonda yabatonda era nti abaagala nnyo baba bakyamu nnyo ku nsonga ekwata ku bulamu! Okumanya nti Katonda mulamu ng'ekigendererwa kye bwe kiri, era ne tuba naye mu mukwano, ne tuba mu nkolagana n'oyo atwagala, ow'ekisa, omusaasizi, omugumiikiriza era ajjudde amagezi. Bayibuli Katonda emwogerako nga Kitaffe atuukiridde mu byonna, era ayagaliza abaana be, ggwe n'ange bagabane ku birungi bye.

Obutamanya Katonda kiringa kudduka mu kisaawe ekizannyirwamu empaka z'ensi yonna era nga zino ziri ku mutendera gwa kamalirizo, naye nga mu kisaawe kino temuliimu goolo mwe bateeba. Awo kiba kitegeeza nti teri anaawangula kikopo.

EKY'OKUSATU : OSOBOLA OKUMANYA OBULAMU OBUJJUDE

Ekikulu mu kubeera abakyamu mu nsonga za Katonda, tetukoma mu kufiirwa kwokka bulamu obusingayo obulungi bw'aba atuwadde, naye ate tubeera tujeemedde kabaka w'eggulu era eyalitonda. Bayibuli etugamba nti bwe tujeemera ebintu ebirungi Katonda by'aba atuwadde, ebibi biba bijja kutujjira.. Kino kiba kiva ku kuba nti twetwala nti tumanyi okutambula obulungi mu nsi eno okusinga Katonda eyagitonda. Bayibuli kino ekiyita kibi naye nnyinza n'okukyogerako nga okweyagaliza okuli mu bantu. Tulondayo okutambula mu ngeri yaffe okusinga okutambula mu ngeri za Katonda Tugamba bwe tuti, "Katonda nkusinga okumanya, mmanyi bingi nnyo era sikwetaaga" Bw'oba oyagala okutegeera nti abantu bali mu bukyamu ku nsonga ezikwata ku Katonda teekako Tivvi oba Leediyo oba soma empapulaa z'amawulire olabe ebiri mu nsi. Ebyo ebiguddewo biraga bantu basazeewo butatambula nga Katonda bw'alagira ne batambula mu ngeri ezaabwe ng'abantu.

Okujeemera Katonda kumuteesezzaawo olukomera olutwawula naye. Bw'ojeemera Katonda akuwa obulamu oba osigadde kufa.

Naye Katonda tatwagaliza kufa. Bayibuli etugamba nti yasindika Yesu ku nsi mu mbeera ey'obuntu, atambulire mu bulamu obutuukiridde naffe bwe tulina okukoppa. Bw'ojeemera Katonda wabaawo ekibonerezo nga bw'olaba bwe bakuwa ekibonerezo ng'omenye amateeka g'essomero

Yesu yafiira ku musalaba atwale ekibi ffe kye tw'asalawo okutwala nga tujeemera Katonda. Bwatyo yatwala ekibonerezo kyaffe nga kiri

eky'andikuweereddwa olw'okumenya amateeka
g'essomero

Ennaku ssatu nga ziyiseewo yazuukira
kubanga ye Katonda okufa tekumusobola.
Kino kitegeeza nti bwe twenenyeka Katonda
olw'okumujeemera ne twesiga Yesu, tusobola
okuddamu ne tubeera balamu era ne tufuna
obulamu obujjudde.

EKY'OKUSATU : ANI ALI MU MASEKKATI G'OBULAMU BWO

Ani yali alabye firimu gye bayita 'big bang
theory' (ensi okutondebwa yagenda ekutukamu
bibajjo). Mu firimu eno omuzannyi ayitibwa
Sheldon alina entebe kwatuula mu kigaali, era
eno teri mulala akkirizibwa kugituulamu. Ago
gayitibwa masekakati w'atuula. Bwe tutyo
tukola amalala ne tugaana Katonda okutuula
ku ntebe eyo Sheldon kw'atuula nga gano ge
masekkati g'obulamu bwaffe ne tw'ewaana
nti tusobola bulungi okugeetuliramu. Naye
Katonda afaayo okututegeeza nti yatutonda
era nti atwagala nnyo n'olwekyo y'ateekeddwa
okutuula ku ntebe eyo ey'amasekkati g'obulamu
bwaffe.

N'olwekyo bangi ku ffe tetumanyi kya kukola mu
bulamu. Tugezaako okubonaabona n'obuzito,
okweyonoona, okwegayaggula, okulya
n'okunywa ebikyamu. Tuweddemu essuubi
era tetumanyi nti tulina ekirungi kye tuyinza
okugabana. Ekidiridde kufuna kkabiriro erikosa
obulamu bwaffe.

Katonda atugamba nti, "Muli bakyamu.
Mukomeewo gyendi. Mwenenye
olw'okunjeemera. Nja kubasonyiwa. Munesige
nja kubalaga obulamu obujjudde., obutuufu, era
temuliraba kufa."

Toliwo mu mbeera ya kabanje akaagwawo,
Katonda akwagala nnyo. Naye Katonda tagenda
kukuwaliriza kumwagala kino olina kukusalawo
wekka. Komawo eri Katonda ojja kufuna
obulamu bwennyini

EKIKOMERERAYO: KANTU KAMU KAMU AKATALEKEKA

Wano ngenda kukuleetera ekiwandiiko ekiri mu bufunze nga kiraga ekintu kimu kimu eky'awandiikibwa ababuulizi b'enjiri abakugu nga bakulaga ensobi gye bagwamu olw'obutakola ekintu ekimu ekyabajjira mu mbeera gye beesangamu nga batandise okubuulira enjiri. Kino kisobola bulungi okukozesebwa ng'ekintu ekizzaamu ebbugumu eri akabondo nga kikubaganyiziddwako ebirowoozo, era omuntu sekinnoomu asobola bulungi okweyongera okukisoma ne kimuzzaamu amaanyi ng'omubuulizi w'enjiri eyeeyongera mu maaso n'okuyiga omulimu guno..

ANDREW PALAU

EKIBIINA LUIS PALAU ASSOCIATION

'TAMBULA OLW'OKUKKIRIZA SI LWA KULABA.'

2 CORINTHIANS 5:7

Kitange eyali omubuulizi w'enjiri Luis Palau y'addingananga nnyo ebighambo ebyo. Era nkuba akafaananyi nga muwulira abyogera. Obwagazi bwe yalaganga nga abyogera, obumaliririvu mu kubyogera, era n'okukkiriza nga kuviira ddala ku ntobo y'omutima gwe mu kubyogera, okwo osseeko obuwulize bwe eri Yesu bukulaga bulazi olugendo lwe olw'okukkiriza we yalutandikira okutuuka we yalukomya.

Ku kitange oyo kwe nakoppa engeri y'okuba n'essanyu eriva mu kuggweera mu kukkiriza Yesu. Si kumukkiriza mu ngeri gye yakolangamu obuweereza bwe kyokka, naye n'okumukkiriza obulamu bwe bwonna bwe yeeyisangamu obwalinga eky'okulabirako eri abalala. Luno lwe lugendo lw'okubeera omugoberezi wa Kristo. Olina okubeera omuwulize eri Kristo mu buli mbeera yonna k'ebeere nzibu etya. Nejjusa nti ssinga ekintu kino nnakitegeererawo. Mu butuufu ky'antwalira emyaka 27 okukitegeera.

Obulamu obw'ekika ekyo kitange mw'atambulidde okuva nga yakatandika okubuulira enjiri ku nguudo mu bitundu ebiwerako mu ggwanga lya Argentina, okutuusa

kati ng'ali mu ddwaliro ali mu kujjanjabibwa obulwadde bwa kkansa w'omu mawuggwe, nga kati butuuse ku mutendera ogwokuna. Buli lunaku olukya ayongera kulweyambisa okw'eyongera okuyiga okwesiga Katonda era n'okumuuliriza ebbanga lyonna.

Kitange oyo alina ekitontome kye yayagalanga ennyo nga kyawandiikibwa C.T. Studd era nga ky'ali kisoma bwe kiti

"Obulamu bwa mulundi gumu Ekiseera kituuka ne buggwaawo Naye ekyo ekikolebwa ku lwa Yesu Tekiggwaawo."

Ekitontome kino kitange buli lwe yakintontomeranga, kyannyongera okujjukiranga ebibuuzo Katonda by'alitubuuza ng'obulamu bwaffe ku nsi buweddedwo.

"Kiki kye wakola nga nkuwadde obusobozi obukikola era bameka be waleeta gyendi nsobole okubalokola?"

Kintu kizibu okuyiga n'okuddamu. Oteekeddwa okwesiba ennyo ku bintu ebirina obulamu obutaggwaawo era okubuulira enjiri olina okukusoosoowaza ennyo mu byonna by'oba okola. Si kintu kyangu nnyo kutambuliramu, naye ng'ekyamazima kiri nti kye kintu ekisingayo kye tulina okukola mu bulamu bwaffe. Abakkolinso 2:5 weeyongera mu maaso okutulambika ensonga eno.

- Kubanga okwagala kwa Kristo kutuwaliriza,
- nga tulwooza bwe tuti ng'omu yabafiirira
- bonna, bonna kyeabaava bafa; Naye yafiirira
- bonna, abalamu balemenga okubeera
- abalamu nate ku bwabwe bokka, wabula ku
- bw'oyo eyabafiirira n'azuukira.

2 ABAKKOLINSO 5:14-15

Laba bwe kiri ekirungi ennyo okubalibwa mu abo ababuulira enjiri eri abawuliriza bonna nga Katonda bw'abeera atusobozesezza.

Tuteekeddwa okwewaayo ennyo okubuulira enjiri obutakoowa nga tuwangula emyoyo mingi egyabula era nga tufuba nnyo nga bwe tusobola okulaba nti ekkanisa essa kimu mu nsi yonna.

Kikulu nnyo okuba nga tuli balamu. Era kikulu nnyo okubeera nga Katonda akyatuwadde omukisa okubuulira enjiri ng'okutongozebwa kwabwe bwe kuli, wadde nga ekintu kino si kyangu. Okuggyako nga tukkirizza okuwuliriza Katonda era n'okumwesiga buli lunaku tetugenda kufuna bulamu bulungi.

ROY CROWNE

EKIBIINA KYAKULIRA KIYITIBWA, HOPE TOGETHER

BYONNA BIVA KU KISA KYA KATONDA .

Pawulo alina ebigambo ebikulu ennyo bye yagamba abantu be Kkolinsu. Ye akkiriza nti Katonda ye yali amukyusizza okumuggya mu mbeera embi gye yali atambuliramu okumufuula omutume. Enjawulo wakati w'okubeera ng'otambulira mu mbeera embi n'okufuuka omutume eva ku kisa kya Katonda.:

- Naye olwékisa kya Katonda bwe ndi bwe
- ndi: nékisa kye ekyali gye ndi tekjali kya
- bwereere naye nnakola emirimu mingi
- okusinga bonna; naye si nze, wabula ekisa
- kya Katonda ekyali nange"

1 ABAKKOLINSO 15:9-10

Nejjusa nti ssinga nnafuna omukisa ne wabeerayo eyangamba nga nnakatandika obubuulizi bw'enjiri, nti ebintu bino okubikola si maanyi gange naye kiba kisa kya Katonda. Ekisumuluzo ky'okutegeera nti Katonda gyali era n'okumanya okuyitibwa kwe, 'kiri mu kuzesa bulungi kigambo, 'weebale.' Emirundi mingi ababuulizi b'enjiri bagenda ne balwooza nti bye bakoze babikoze olw'okuba nti balina ttalanta ez'enjawulo mu kubuulira enjiri oba obusobozi. Ssinga nnafuna omukisa ne wabeerawo eyangamba nti kiba kisa kya Katonda na kusalawo kumpa mikisa mu kukola ekintu ekyo nandyesiimye nnyo. Era bwatyo bw'asalawo okutweyambisa okuyita abalala bagende gy'ali kiba kisa kye. Era buli lw'obeeranga ng'olaba talanta yo ng'ekola omulimu gwa Katonda obulungi tegeera nti kino kisa kya Katonda.

Tukola nnyo ensobi obutafaayo ku ebyo Katonda by'aba atukozesezza okutuuka ku ebyo bye tuba tukoze ku lw'obulungi bw'omulimu gwa Katonda.. Ssinga nnakimanyirawo! Tewali ky'etaagisa kumala biseera nga tuvuganya, oba nga tusalira abalala emisango n'okubanenya era n'okudda awo ne tulwooza nti ebikoleddwa tuba tubikoze kubanga tuli ba maanyi.

Ababuulizi b'enjiri bonna ne ndabyeko abalungi, era n'obuweereza bwonna obwegombesa bwe ndabyeko ekibusobozesezza okugenda obulungi mu maaso kibadde kisa kya Katonda. Pawulo yakola nnyo okusinga abo bonna, naye ate naye atulaga nti okukola kwe okwo era n'okulafubana kw'atuukirira lwa kisa kya Katonda. Kikulu nnyo okutegeera nti kiba kisa kya Katonda era n'okwagala kwe okutagerwa nti kwe kutuyamba okutuwa amaanyi ag'enjawulo okutambuza talanta zaffe mu kubuulira enjiri. Okutambulira mu kisa ekyo, Katonda kye yakozesa okuwa talanta zaffe amaanyi kiba kitegeeza nti tuteekeddwa okumwebazanga buli kiseera. Kino kituyamba okutambulira mu bukkakkamu era n'obuwombeefu nga twongera okussa ekitiibwa mu mirimu gya Katonda.

Nga era amazima gonna bwe gabeera, ssinga ekintu kino nnakitegeererawo nga nnakatandika okubuulira enjiri. Bwe ntyo nnina okukitambuliramu mu biseera bino nga ndi ku mulimu gw'okubuulira enjiri.

KATONDA AKOZESA ABANAFU OKUBAFUULA AB'AMAANYI.

Ekintu kye mpulira nti nnali nnina okukitegeera nga nnakatandika okubuulira enjiri kiri nti ekyo kye ntuala nti kitono nnyo, era nga tekiyianza na kubeerako kye kiyamba kuzimba mulimu gwa Katonda, ate kisobola bulungi okukola kasita nkiwaayo eri Katonda. Era obumanyirivu bwange mu kubuulira enjiri bunsobozesezza okukinoonya ne mu byawandiikibwa. Okugeza mu ky'amagero Yesu kye yakola eky'okuliisa abantu 5000 ekisangibwa mu Yokaana essuula 6. Abantu bano baali basajja bokka ng'abakazi n'abaana abato tebabaliddwa, era bw'otyo bw'ogattako abakazi n'abaana abato oyinza okwesanga ng'abantu bano baali wakati wa 11,000 ne 15,000. Bano baali bantu abaali balumwa enjala kubanga ebiseera by'okulya ekyemisana byali bituuse.

Omyugirizwa Andereya yagenda eri Yesu n'amugamba nti , "waliwo wano omulenzi alina emigaati etaano egya sayiri, n'ebyennyanja bibiri, naye bino binaagasa ki abenkanidde awo obungi?" (Yokaana 6:9) Andereya ye talaba ngeri ki kintu kino ky'ayita ekitono gye kisobola kuyamba. Naye wadde kyali bwe kityo yalaba omugaso gw'okukireeta eri Yesu. Amanyi nti wadde kino kitono nnyo eri abantu, naye eri Yesu kabaka asobola okukifuula ekinene. Yesu asobola bonna okubaliisa ne bakkuta ate ne wasigalawo n'ebifisse. Wadde nga Andereya yali anyoomye obugaati bya sayiri omulenzi bwe yalina, nga era bangi mu ffe bwe tukola naye Yesu abukozesa ne bukola ekyamagero eky'amaanyi.

Bwe kityo bwe kiri eri ababuulizi b'enjiri ebiro bino. Ekitono ennyo ekyo kye tulina Katonda akizimbulukusa ne kifuuka ekinene era ne kikola

bulungi omulimu gwe. Ekikulu okutegeera mu nsonga eno kiri nti Yesu bw'abeera ku ludda lwaffe teri kirema ne bwe kibeera kitono kitya.

N'olwekyo ne bwe tubeeranga tetulina kye tunaawaayo, oba ne bwe tubeera n'endowooza egamba nti kye tunaawaayo kigenda kunyoombeba, kiba kirungi ne tukireeta eri Yesu nga bwe yaddirira obugaati bwa sayiri obutaano n'ebyennyanja ebibiri omulenzi bye yali yeetegekedde ng'ekyemisana ekikye n'abifuula eby'okuliibwa abantu bonna, bwatyo bw'asobolera ddala okufuula omulimu gwaffe omutono ogw'okubuulira enjiri ne gufuuka omunene. Asobolera ddala okukyusa obulamumu bw'abantu ng'akozesa ebintu bye tuba tulowooza nti bitono.

Kiba kibi nnyo okudda awo ne tw'egeraageranya ku balala. Eriyo abo abanyumya ebintu eby'amaanyi ennyo, okugeza nti babuulira enjiri mu ggaali y'omukka eyali etisse abasaabaze abaali abangi. Oba nti babuulira enjiri mu kisaawe ky'omupiira ekyali kikubyeke abantu. Bino bireetera ababuulizi b'enjiri abalala okutya nti tebasobola kutuuka ku mutindo ogwo. Tuli bajulirwa ba Katonda ab'omulimu gwe eri ensi yonna. Tetuli bantu bakungaanya ngero zikwata ku firimu zaazanyibwa mu bibanda.

Tulina okujaguza olw'okukyusa embeera kwe tukoze buli lunaku. Era buli muntu yonna gy'abeera alinayo ekyo ky'ayita ekitono ky'asobolera ddala okuleeta eri Yesu, era kino Yesu n'akizimbulukusa ne ky'eyongera okuleeta abalala eri Katonda. Leeta ekyo kyonna ky'olina Yesu aky'eyambise okukola omulimu mu balala. Ssinga ekintu kino nnakitegererawo, ky'andibadde kirungi.

SITUKA ERA YONGERA OKUTAMBULA.

Emyaka 28 egiyise nnawuliriza George Verwer ng'ayogera era ng'akubiriza abavubuka okuyingira mu kubuulira enjiri. Namuwuliririza bu;lungi era bwe ntyo ne nfuuka omubuulizi w'enjiri, era okuva ku olwo myaka 28 ng'omulimu guno nkyagakola n'obuvumu bungu. Kino kye kintu ekimu omuntu oyo kye yangamba era kye ntambuliddemu ennyo era nga kinnyambye nnyo.

Verwer mu kitabo kye Revolution of Love (okwagala okw'enkyukakyuka sinziggu) yawandiika bwati

- Nkusomooza obeere muddusi wa mbiro
- zi mubunabyalo eza Katonda mu mulimu
- guno ogw'okubuulira enjiri. Era ne bwe
- bakutomera n'ogwa ng'odduka embiro
- ezo, gwe situka awo wansi w'oba ogudde
- oddemu buto okudduka. Bw'ogwa oba
- bw'owulira ng'otendewereddwa gwe fuba
- kudduka! Ggwe kasita owulira ng'emikono
- gye giri ku ttaka yimuka buyimusi oddemu
- odduke! Era ojja kukizuula oluvannyuma
- lw'ekiseera eky'emyaka asatu oba
- okusukkawo okuva kati, nga nze bwe
- nnakizuula nti nkyadduka mbiro za Katonda
- zi mubunabyalo. Weewaawo nkoye oba
- nnina obuvune n'ebiwundu, naye nkyadduka
- ku lw'okutuukiriza omulimu gwa Yesu.
- Tugende mu maaso n'okufuba nga tukola
- omulimu gwa Katonda

Neenyumiririza mu nkola eno ey'okutendeka ababuulizi b'enjiri mu bubondo. Nay o eja kuweza emyaka 30 n'okusukkawo nga

George Verwer bwe yalagula. N'olwekyo kye tuteekwa okukola kwe kw'ongera okubuulira n'okwagazisa abavubuka abakyali abato ab'emirembe gino, enkola eno ey'okutendeka ababuulizi b'enjiri mu bubondo. Enkola eno ejjudde ebisomooza era si nkola nnyangu n'akamu, naye tulina kugikola nga bwe tudduka tugwa ng'owembiro ziri zi mubunabyalo gwe tulabye. Mu myaka 30 egijja mu maaso enkola eno egenda kubeerawo nga ya maanyi era ng'etambulira ku mulamwa gwe gumu gwa kwongera kubunyisa njiri. Eky'ebuzibwa kiri nti ggwe ng'omuntu olibeera okyali ku mulamwa ogwo? Kibuzo kikulu nnyo.

Pawulo yagamba bwati

- Si kugamba nti mmaze okuweebwa oba nti
- mmaze okutuukirizibwa: naye ngoberera era
- ndyoke nkikwate ekyo kye yankwatira Kristo
- Yesu... Nduubirira okutuuka awakanirwa
- awali empeera ey'okuyita kwa Katonda
- okwa waggulu mu Kristo Yesu."

ABAFIRIPI 3;12,14

BUULIRA KU BAYIBULI

Mmaze emyaka 31 nga mbuulira enjiri era n'amawulire amalungi agakwata ku Kristo. Ssinga nnali nsobola okudda obuto amagezi ge nnandiwadde abakyali abato gandibadde ga kubuulira njiri ku Bayibuli. Era nnandibagambye nti amaanyi g'okubuulira ebigambo bya Katonda mu buvumu obungi n'okwekkirizaamu olina okukola ebintu bino wammanga

Soma Bayibuli buli lunaku. Beera n'okufaayo mu kutambulira mu byawandiikibwa ebitukuvu. Ne bwe kibeera kigambo kitono kitya ky'oba osomye mu Bayibuli ku lunaku olumu kisobolera ddala okukuwa amaanyi ag'enjawulo. Kikwongerako okukula mu bigambo by'omwoyo. Era jjukira nti Bayibuli ogisoma nayo ekusoma, ng'ekubuulira awo w'oba okyamyey, era w'oteekeddwa okukyusa, kikwongere okuba omulongoofu.

Wuliriza ababuulirizi b'enjiri ababa n'obubaka obulungi: Bano babeera ng'emmere ennungi omuntu gyalya n'akkuta. Bakukkusa omwoyo, omubiri era n'ebirowoozo byo. Tebakoma ku ekyo kyokka, wabula bakyusa n'embeera gye wanditambuddemu, era n'eyo gy'olina okulowoozaamu mu bulamu obwa bulijjo. Beera muwombeefu era omuntu asomeseka bw'oba owuliriza ekigambo kya Katonda

Soma nnyo Bayibuli: Soma ebitabo eby'enjawulo mu Bayibuli, abantu Bayibuli b'eyogerako mu bitabo ebyo, bye baakola eby'enjawulo era n'empisa zaabwe.. Bisome buli lunaku, buli kiseera, era kino kijja kukwongera okutegeera ennyo Bayibuli eyo ate nga bw'onaagitegeera ejja kufuuka ekitundu ku bulamu bwo.

Kwata mu mutwe ennyiriri ez'amakulu, essuula oba kabakasinge ekitabo kyonna: kino mu kusooka kiyinza okukukaluubirira, naye nga Mwoyo Mutukuvu ng'akukwatiddeko osobolera ddala bulungi okukikola. Bw'obeera n'obusobozi bw'okujuliza ekiri awantu wonna mu Bayibuli, ng'obadde obuulira enjiri kikufuula omuntu alina amaanyi ennyo mu bigambo by'omwoyo, era ebigambo by'oba obuulira bifuuka eby'amaanyi ennyo eri abo ababa babiuliriza.

Lowooza nnyo ku byawandiikibwa: Olunaku lwonna ebirowoozo bye bibeere ku ebyo by'oba osomye mu byawandiikibwa. Birowoozeeko nnyo era tobiggwako mulaka. . Ne bw'obeera ng'oli mu lugendo otambula oba ng'oli mu buliri bwo ogalamiddeko, lowooza nnyo ku ekyo kye wasomye mu Bayibuli era osabe Mwoyo Mutukuvu ayongere okukibikkulira emmeeme yo.

Sabira by'osomye mu Bayibuli: oyinza okukwata Zabbuli oba essaala yonna ey'abatume n'obyeyambisa okusaba ennyo Katonda. Teri kintu kya maanyi nga kuddira kitundu kiri mu bayibuli n'okiwonga eri Katonda mu ssaala. Jjukira nti osaba oyita mu kigambo kye, bwatyo naye akuwa amaanyi ag'enjawulo ne weeyongera okumukkiriza.

Amaanyi g'okukyusa obulamu bw'abantu gali mu kigambo kya Katonda. Ekyo ky'oba obuulira si so birowoozo byo byoyita eby'amaanyi. Weewale eby'okwewunda kw'ensi ebijja ne biggwaawo. Toyonoona mikisa gy'oba ofunye egy'okubuulira enjiri ate ggwe n'obuuliramu bibyo. Buulira kigambo kya Katonda, kubanga kino tekiggwaawo ate nga kirina n'amaanyi agakyusa abantu.

EBIBUZO EBIKULUNGAMYA MU KUWA EMBALIRIRA



'onkebere ai Mukama, omanyе
omutima gwange. Onkeme,
omanye ebirowoozo byange'
(Zabbuli 139:23)

"kale musembezeganyenga mwekka..." (Abaruumi 15:7), "Kale mw'atuliragenenga ebibi byammwe mwekka na mwekka..." (Yakobo 5:16, "kale musanyuseganyenga era muzimbaganenga, buli muntu munne, era nga bwe mukola" (Abasaseroniika 1: 5;11)

'Kale mmwe mubeerenga abatuukirivu, nga kitammwe ali mu ggulu bw'ali omutuukirivu.' (Matayo 5:48)

Okwolesebwa kwange okw'obulamu bwange bwe busaana okubeera kulabika kutya?	Enkolagana yange n'abo be mpeereza, ab'oluganda n'emikwano nnungi nnyo?
Okwolesebwa kwange okw'emirimu gy'empeereza kulabika kutya?	Bwe nnumwa enjala, bwe mba nsunguwadde, oba nga mpuubadde ebintu ebyo mbikwata bulungi?
Nnyumirwa ebyo bye nkola	Ndowooza ebintu ebibi?
Mpulira nga nsanyusibwa Katonda mu ebyo bye nkola?	Mpumula ekimala?
Ebbugumu lyennina ku mulimu lyenkana ki?	Manyi okukwata obulungi ekintu biseera?
Ntambulira mu kusemberera okusaana eri Yesu?	Obudde bwange obw'eddembe mbumalira mu bintu bizimba?
Obudde bwe mpa okusaba bumala?	Nsobola okugabanya obulungi obudde bwange eri emirimu gy'ekkanisa ate era n'egyawaka?
Obudde bwe mpa okusoma Bayibuli bumala?	Nnina enkolagana nnungi n'abantu abatali bagoberezi ba Yesu?
Ndaba obubonero obulaga amaanyi ga Katonda mu bulamu bwange era n'obwo obw'okubulira kwange enjiri?	Ntwala obudde ku bintu ebikwata ku bwenzi n'obukaba?
Yesu gyendi y'oyo yennyini?	Ebintu kuba na buggya, nsaalwa, kugeya, butali bwesigwa oluusi mbeera nabyo?
Ndi mwangu okusomesebwa ne ntegeera?	Mmanyi okukwata obulungi ssente?
Nfaayo okubeera nti nnyamba abalala	Mpaayo bulungi omugabo gwa ssente eri gye ky'etaagisa ?
Olwaleero bye nsomye mu Bayibuli mbitegedde era ne bimpa obulamu obupya?	Nsalawo obutakwatirwa balala buggya?
Ndi mwesiga?	Nnina ekitiibwa buli we mpitira?
Nkuuma ebisuubizo byange?	Nnimba oluusi?
Ntambulira mu mateeka agalagirwa okubeera omulamu?	Sitya kugezaako?
Obuvunaanyizibwa ku mirimu mu bantu bange mu buweereza mbukutte bulungi era obulamu tebuzitoowereddwa?	Nkola entegeka ezisoboka era ne nnwana okuzituukiriza?
Obulamu bwange buli mu mbeera ki?	Sitya kuwaayo budde nga saddaaka okukola ekintu?
Ndya ebijamba obulamu?	Ntambulira mu maanyi ga Mwoyo Mutukuvu?
Neebaka ng'amateeka bwe galagira?	Sisonyiwa bansobya?
Ebirowoozo byange bibeera mu kulowooza bintu bizimba?	Ngezaako okunoonya emirembe eri abo abatabangufu?
Nfaayo nnyo balwadde, abeesobola, era n'abanyigirizibwa?	
Emikwano gyange gifaanana gitya?	

**ENJIRI.
TEERINA KIRALA
EKIGYEFAANYIRIZA.**



ADVANCEGROUPS.ORG